



Dr Desmond Ford

Yesu yekka

Kyafunzibwa n'okugonzebwa ne Ritchie Way

YESU YEKKA

Desmond Ford

Ph.D., M.S.U.
Ph.D., Manchester

Kyafunzibwa Richie Way

Obwanannyini: Desmond Ford ©2014

Ekitabo kino tukilinako obwannanyini obwenkomeredde, nolwensonga eyo tekikirizibwa okukopa, okwokesa okusicaninga oba okukissa mu ngeri yonna eyakalimagezi wadde okukisindika mungeri yonna n'enkola ya tekinologiya yenna. Okujjako nga ofunye olukusa okuva ku nnanyini. Yadde nga obwananyini bulambikkidwa bulungi, nanyini kitabo yakwasa obuvunaanyizibwa ku kitabo kino ekitongole Good News Unlimited Ltd ekisangibwa ku address

Unit 7/55 York Road, Penrith NSW 2750, Australia

Akatabo kano kasangika mu terekero ly'ebitabo ly'egwanga Australia.

Ettuluba lye bitabo: Eddini/Obukristaayo/Okukula muby'omwoyo

Ebifananyi byakubibwa: Darren Baker – Bare Graphics

Kyakyusibwa mu Luganda: D. Nsubuga, J. Abaho & D. Kayumba

Ekifananyi ku ddiba: Darren Baker: Bare Graphics Entegeka yakyo munda: Gillian Ford

Kyatekatekebwa: Linda Ruth Brooks Publishing

Ekitabo kino kifunika okuyita mu

www.amazon.com abatunzi b'ebitabo, oba okwandikira:


Good News Unlimited

PO Box 973

Penrith NSW 2751Australia

email: admin@goodnewsunlimited.org.au

Ekitabo kino, kirabo okuva ewa Desmond Ford ne Good News Unlimited era kiwebwa abasomi okuganyulwamu nokukiwa abantu abalala mu mwoyo ogw'obuvunanyizibwa Kristo bweyatluwa bwewyagamba nti, "Buli ayagala aije". Buli musomi w'akatabo kano ayitibwa okwegatta kuffe okusasanya mawulire amalungi agenjiri.



Desmond Ford awandiise ebitabo bingi ku Kristo. Ekitongole kye ekya Good News Unlimited kikuba ebitabo, emiko mu mawulire era n'obutabo. Era ku mutimbagano gw'ebiyuma bikalimagezi oija kusangako bingi ebijja okukuyamba mu kusinza.
www.goodnewsunlimited.org.au

“Ne bayimusa amaaso gaabwe ne batalaba muntu mulala wabula Yesu yekka.”

Mat 17:8

EBIRIMU

1: KATONDA OMUNTU	1
2: ENSI YA YESU: EKIFO, ABANTU, N'EBISEERA.....	4
3: OKUVA KU KUBATIZIBWA OKUTUUKA KU SABBITI YA YESU EYASEMBAYO	7
4: YESU AYINGIRA MU YERUSAALEMI N'OBWUWANGUZI	15
5: ENJIRI YA YESU ERI ABAYONAANI.....	17
6: ENDABA YA YESU KU DDINI EMBI	20
7: OBUNNABBI BWA YESU KU NNAKKU Z'ENKOMERERO	23
8: YESU ANAAZA ABAYIGIRIZWA BE EBIGERE	27
9: EMMEEZA YAA MUKAMA WAFFE.....	28
10: TEMWERALIIKIRIRANGA	30
11: YESU OMUZABBIBU OGW'AMAZIMA	32
12: OBUBAKA BWA YESU OBWASEMBAYO.....	34
13: ESSALA YA YESU ENVANNYUMA.....	36
14: YESU MU GESUSEMAANI	37
15: YESU MU KAGULI	43
16: YESU NE KAYAAFA.....	45
17: KRISTO NE PIRAATO.....	47
18: YESU OBA BALABA?	49
19: YESU KU MUSAALABA.....	52
20: EBIGAMBO BYA YESU OMUSANVU KU MUSAALABA.....	55
21: BAANI ABAALIWO?	60
22: BYE TUYIGA OKUVA KU MUSAALABA.....	62
23: EKIWUMMULO KYA YESU	66
24: ENTAANA YA YESU ENJEREERE	67
25: YESU MU GGALIRAAYA	69

1

KATONDA OMUNTU

Omuntu akyasingiddeyo ddala obwatikirivu mu byafaayo by'ensi yonna ye Yesu Kristo. Olwaleero abantu ekitundu kimu kya kusatmu nsi bakakasa, bakkiriza era n'okusinza omusajja eyakomekereza omulembe omukadde, ate n'atandika omulembe omuggyga. Omusajja ono Yesu, yagatta ebyasa byombi BC and AD.

Tetusaanye kuwubisibwa kuteeka Yesu mu tuluba ly'abatandisi b'amaddiini abaali babaddeko abakulembeze, kubanga bano baawukanira ddala ku Mukama waffe; banjawulo nga ettuntu bwe lyawukana ku matumbi budde. Quran okuva ku ntandikwa okutuuka ku nkomerero teriimu linnya Muhammad. Nonya mu biwandiiko by'ababudhisit ebyedda ennyo, erinnya lya Budha tojja kuliraba. Naye somako mu ndagaano empya eya Bayibuli olyoke olabe erinnya Yesu bwe limaamidde kumpi ku buli lupapula ate nga simulundi gumu gwokka naye egiverako.

Omuyivu omu W. Griffitu Thomas agamba nti, "Obukulistaayo ye ddiini yokka esibukira ddala mu mutandiisi waayo".

Oija kukizuula nti Kristo yekka ye muntu eyali abadde ku nsi eno ne yeeyita Katonda, ate n'asigala ng'alina ekitiibwa n'okukkirizibwa abantu b'ekiseera kye ate naffe leero. Ettutumu lye lyasingira ddala wala abo abaamusooka ate n'abaddawo.

Socrates yayigiriza emyaka anna (40), Plato n'asomeseza emyaka anna (40), ne Aristotle naye n'asomeseza emyaka anna (40), naye okukola kwabwe bona ne bwokugatta kubeera kutono nnyo ku bukulu n'etutumu lya Yesu; omuntu eyasomeseza emyaka esatu n'ekitundu gyokka.

Teri muyigiriza mulala yenna yali alangiridde nti ebigambo bye biribeerera ennaku zonna okujjako Yesu;— "Eggulu n'ensi biriggwaawo naye ebigambo byange tebiriggwerawo ddala" (Mataayo 24:35). Obukakafu bw'ensonga eno bweyongera kubeera obuggyga era nga buzimba n'okuyimusa emyoyo, era bifuuliddwa amateeka agafuga ensi nga ate bivuddemu emisingi gy'amakanisa so nga tebidiba wadde okukaddiwa.

Yesu yayogera n'ebigambo ebirala bingi ebiraga nti yali amanyi ebiribeerawo wadde ng'amaze okuddayo mu ggulu.

Tewali mukulembeze mulala eyali akikoze, weetegereze bino —Nze musana gwensi angoberera taatamburirenga mu kizikiza naye anaabanga n'omusana gw'obulamu (Yokaana8:12). Singa kino kyayogerwa omuntu mulala atali Kristo, twandigambye nti yaali aloota era kyandibadde kizibu nnyo okukakasa kino oluvanyuma lw'ebysa nga amakumi abiri. Omusajja ono yekka ow'e Ggaliraaya mwe mufubutuka emingga gy'ebigambo ebiwonya amawanga ete okwetoolorera obulamu bwensi.

Okunoonyereza kukizudde nti kumpi mu buli kanyomero ka bulamu eri omwana w'omuntu, okugeza:- muby'okuyimba, mu bifaananyi ebisiige, mu by'ennimi, mu byafaayo, mu bibiina eby'obwannakyewa n'ebirala byetutamenye wano, emirandira n'emiramwa gyabyo mingi gisibuka mu Kristo Yesu. Wano we yagambira yennyini nti, "Nange bwe ndiwanikibwa ku nsi ndiwalulira gyendi bona" (Yok 12:32). Kino kitulaga nti omulamwa omukulu mu bukulistaayo gwali gujja kubeera muntu so si ndowooza, era ng'omuntu oyo si mulala wabula omubazzi w'eGgaliraaya. Emirundi egisinga mu bitongole ne mu madiini mu nsi eno, babeera n'emisingi gy'enzikiriza so si muntu, nanye mu bakulistaayo ensonga enkulu eri emu yokka - Yesu Kristo.

Abasajja abazira era abamaanyi nga ba Socrates, Dawudi, Plato wamu ne Musa bakuleetera okuwa Katonda ekitiibwa naye ate okukola kwabwe tekutuuka ku maanyi wamu n'obukulu bwa Yesu Kristo. Lowooza ku kigambo kya Yesu kye yagamba nti ajja kutondawo n'ekkanisa eteriggwaawo wadde nga yali ya kuyita mu bizibu (Mat 16:18, 13:34: 37-4 ne 47: 50). Yesu y'omu ono era bwe yali asindika abasajja be okubuulira enjiri mu nsi yonna, yali mukakafu era nga mumativu nti enjiri eno ejja kukyusa bangi okubazza eri obulokozi (Mat 28:19-20 ne Bik 1:8). Teri muntu mulala yaliakoze obunnabbi obuwavu bwe butyo ate ne bubeera bw'amazima okujjako Yesu Kristo.

Lowooza ku musajja omunazaalesi ono eyali omwavu era abantu gwe bataateekako omwoyo eyagamba nti:

1. Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne kunsi (Mat 28:18).
2. Nti yalina obuyinza ku maanyi g'obutonde (Mak 4:39-41).
3. Nti bamalayika ab'omuggulu bona babe (Mat 16:27).
4. Nti abantu basaanidde okumwagala okusinga obulamu bawbwe wamu n'amaka gaabwe (Mat 10:37-3, Luk 14:26).
5. Nti ye mulokozi w'ensi yonna (Luk 19:10).
6. Nti yali asobola n'okusonyiwa ebibi (Mat 9:10).
7. Nti yeyali agenda okubeera omulamuzi asembayo (Mat 25:31-46).
8. Nti ye yabeerawo dda nga Ibulayimu tannazaalibwa (Yok 8:58).

Yesu tumulaba nga ne mu ssaawa esembayo yasigala yeevisa nga Kabaka ow'emirembe gyonna, yali asuubiza abo bona abamukkiriza okwesiima mu lusuku lwa Katonda era ng'akyasabira abalabe be. Bweyali annyonnyola ku buweereza bwe ku nsi kuno yagamba nti, "Mukama yanfukako amafuta okubuulira abaavu ebiligambo ebirungi era n'okulangirira emirembe abasibe bateebwe, okuzibula abazibe b'amaaso era n'okusumulula abo bona abanyigirizibwa (Luk 4:18). Ogwo gwe gwali omulimu gwe, era waliwo n'ebyalo ebiramba nga okuyitamu obuyisi temuli kusinda wadde omulwadde olw'okuba Yesu yali ayise mu bitundu ebyo bona n'abawonya.

Okwagala wamu n'ekisa byeyolekera nnyo mu buwereza bwe, abaavu n'abanyoomebwa bamutuukiriranga, olwo bo abaana abato ate kyasukka bususi, teyali mukambwe, ataaboggokera ku muntu yenna, abanafu n'abalemereddwa teyabasaliranga misango. Bulijo yayogeranga mazima gokka, ate mu kwagala

yakyayira ddala obunnanfuusi, obutakkiriza wamu n'obukyamu. Yalowoozanga nnyo ku balala, era ng'asobola okwefiiriza essanyu lye olwa mikwano gye; buli muntu yenna yali nga wa muwendo gyali (steps to Christ olup. 11-12).

Kristo ye 'Muntu' yekka eyali yakonwako bannabbi abalala mu Bayibuli.

1. Ayitibwa Adamu ow'okubiri (Bar 5:14, 2Kol 15:45).
2. Yakobo yaloota amadaala amawanvu agatuuka mu ggulu - Lub 28:12, era ne Yesu yagamba nti, Ye, lwe lutindo olugatta omuntu ne Katonda we (Yok 1:51).
3. Baganda ba Yusufu baamutunda mu buddu e Misiri naye Katonda yamukozaesa ate okubeera omulokozi waabwe - Lub 45:5, era ne Yesu yalibwamu olukwe n'akomererwa kyokka Katonda yamuyimusa okulokola olulyo lw'omuntu.
4. Musa bwe yali atwala abaana ba Isirayiri okubajjayo mu Misiri yabagamba nti, omulokozi aliyimuka alifaanana nga ye. Era kino Musa kye yakola kifaananira ddala ne Yesu kye yakola okujako ekkanisa ye ekibi n'omusango oguzikiriza.
5. Ekigambo ky'olwebbulaniya Yoswa, kitegeeza Yesu mu Lugereeki oba oluyonaani. Nga Yoswa bwe yawangula abalabe ba Yisirayiri n'abawa Kanani, ne Yesu bwatyo bwe yawangula abalabe be bona n'atuwa obusika bw'obwakabaka obw'omuggulu. Samusoni eyazikiriza abalabe be abangi mu kufa kwe okusinga mu bulamu, afaanana ne Yesu eyawangula okuwangula okunene ennyo olw'okufa kwe ku musaalaba bwe yatugulira ffe obulokozi.
6. Kabaka Dawudi naye yali kisiikirize kya Yesu kubang ne mu Kos 3:5, Yesu ayitibwa Dawudi, ate era kyali kyawandiikibwa dda nti Yesu alituula ku ntebe ya Dawudi (Yisaaya 9:7).
7. Ne Sulemaani Kabaka, okuzimba yeekalu ya Mukama kyali kisiikirize kya Yesu eyazimba yeekalu entukuvu ey'omwoyo nga ye kkanisa ye: ggwe nange.
8. Yona okubeera mu lubuto lwa lukwata ennaku 3 kyali kisiikirize kya Yesu okumala mu ttaka ennaku ssatu (Mat 12:40).
9. Nga kabona omukulu bwe yayingiranga mu kifo ekisinga obutukuvu omulundi gumu buli mwaka okutangirira ebibi by'abantu, ne Yesu bwatyo okuyita mu musaayi gwe yatuweerayo saddaka emu yokka olw'ekibi ky'ensi yonna (Bebulaniya 7 okutuuka ku 10).

Mu ssuula za Yokaana ezisooka, Yesu ayogera ku bisiikirize ebyali byamusongako mu ndagaano enkadde nga muno mulimu amadaala Yakobo ge yaloota, yeekaalu entukuvu, omusota ogw'ekikomo, amazzi agaava mu lwazi mu ddungu, emmaanu, era n'empagi ey'omuliro mu ddungu n'ebirala bingi nnyo.

2

ENSI YA YESU: EKIFO, ABANTU, N'EBISEERA

Palestina esangibwa mu luwannanda olugatta ekiwonvu ky'omugga Tiguli ne Fulaati, ku kiwonvu ekirala eky'omugga Kiyira. Palestina eno y'ensi eri wakati wa zi semazinga essatu okuli Afrika, Bulaaya, ne Asiya. Ensalo za Yisirayiri kwaliko eddungu, ensozi za Yoludaani, ekiwonvu kya Yoludaani mu buvanjuba olwo osseeko eddungu eddene mu maserengeta, ate mu bukika kkono nga waliyo eriyanja Mediterranean, n'enzozi ze Lebanooni. Ensi ewezaako kilomita 225 obuwantu, ate kilomita 40 obugazi, ensulo, enzizi, emigga ssaako ennyanja n'agayanja byaleetera nnyo ensi eno okubeera engimu mu biseera bya Yesu. Mwalingamu emitit njo, ebibala nga barley, engaano, emitit n'emizeyituuni, wamu n'enkomamawanga.

Ebika by'emiddo ebisoba mu 3,000 wamu n'ebimera ebirala bisangibwa mu Palestina. Olw'embeera y'obudde embi ettaka ery'oluyinja n'olunnyo ebimera ebimu bigenze bifa, naye ng'ate mu bitundu by'enzozi ebiseera by'enkuba bwe bitandiika olwo obulamu ne bulyoka budda buto mu bimera. Mu biseera eby'edda empologoma, envubu, wamu n'eddubu ze zimu ku nsolo ezaali ennyingi mu palestina era olwaleero ebika by'ensolo nga 113, ebika by'ebinyonyi 348, ebyekululira mu mazzi 90, wamu n'ebika by'ebinyanja nga 40 bisangibwa mu nsi eno.

Yerusalem esangibwa ku katuunnumba akeetooloddwa ensozi era ebiseera ebimu Yerusaalemi kiyitibwa ekibuga ekyakubibwa ku nsozi omusanvu. Obulungi bwakyo bwogerwako mu byawandikibwa era buli agendayo agamba nti ayambuka Yerusaalemi. Kye kimu ku bibuga ebiri ku katunnumba akali waggulu ddala, kizze kizindibwa n'okumenyebwawo okusinga ebibuga ebirala byonna era olw'amafunfugu gano amangi kyova olaba nga buli lwe bakizzaawo kyongera kutumbuliira, ekibuga miita nga nnya n'ekitundu wansi olw'okuba nti kizze kimenyebwa nga ate bwe bazimba.

Ekyalo Nazaaleesi, Yesu gye yakulira kye kimu ku bifo ebisinga obulungi wansi w'enjuba. Kisangibwa mu nsozi ennyimpimpi mu mambuka ga megido, okumpi n'ennyanja y'eGaliraaya n'oluwannanda Iw'ennyanja ey'awakati, era wano waliwo olugendo lwa saawa musanvu, ate okuva e Tiberiyo okutuuka ku nnyanja y'egaliraaya mu saawa ttaano.

Abantu Bo Mu Palestina

Oluvanyuma Iw'ekitabo kya Malaki ekisembaayo mu ndagaano enkadde waayitirawo ddala emyaka (400) bina nga Matayo tannawandiikibwa ow'endagaano empya. Era mu kiseera ekkyo ebintu bingi byakyuka nnyo mu Palestina. Olulimu

Iw'ekiyudaaya olwali olukulu lwakyuka, ennono n'empisa, endowooza, wamu n'ebiwayi by'enzikiriza bingi byali bitondebwawo. Eby'obufuzi byakyuka nnyo, era emabegako ng'okuwangangukusibwa kw'e Babulooni tekunnabaawo, bakabona abakulu be baafuganga eggwanga, kyokka Abaluumi bwe baawamba ebintu byonna nebabikyusa. Bwebatyo ne bateekawo musajja waabwe Kerode era Palestina n'egabanyizibwamu amasaza amatonotono.

Olukiiko lw'abakabona olukulu lu Sanhedrin lwalekebwawo nga naye lwa byoya bya nswa. Yekaalu nesigalawo ku lw'emikolo gyeddini n'okusinza era ne zi sinagooga entonotono eyo mu byalo nazo zakkirizibwa okuweereza. Bakabona baali bangi ddala era nga bassibwamu nnyo ekitibwa. Abantu abasing obungi baali tebamanyi kusoma na kuwandiika luyudaaya naye nga ba 'Labbi' bo bamanyi, era ekigambo "labbi" kitegeesa musomesa. Ekimu ku biwayi bya bannaddinni bano ekikulu kyali kya abafalisaayo, are bano baakwatanga nnyo amateeka ga Katonda era nga ba mwoyo gwa ggwanga nnyo, nga balowooza nti eggulu libakooneramu nnyo nabwe kityo baanyomanga nnyo abantu abalala nti, bakafiri.

Waliwo n'obulombolombo obulala bungi abafalisaayo bwe baakwatanga obutaawandiikibwa mu Bayibuli. N'abawandiisi abasing obungi baali bafalisaayo era nga emirundi mingi babinika abantu emigugu gy'eddini emizito. Nga toyogera ku sabbiiti n'otofuna buzibu mu basajja bano, kyokka bakitawe bambi balindiriranga omulokozi naye ebyembi bwe yajja tebaamumanya. Ku luuyi luli olulala ate waaliyo ekiwayi ky'abasaddukaayo, bano ate nabo baali bakambwe ddala nga tebakkiririza mu kuzuukira, baali bagagga ekimala okusinga ku bafalisaayo era nga bo empisa n'ennonobakwata za kiyonaani.

Ebyembi Yesu agenda okuzaalibwa yasanga abantu be yaaliasuubidde okunywerera ku byawandiikibwa ne bannabbi abatukuvu nga baabivaako dda nga bali mu kukuza bulombolombo bwabwe, era luno lwe lusozi Yesu lwe yalwanyisa ennyo okumenya abantu basobole okulaba obulokozi.

Ebiseera

Omutume Pawulo atugamba nti okutukirira kw'ebiro bwe kwatuuka Yesu n'ajja mu nsi (Bag 4:4), ate ne Makko naye atugamba nti ebigambo bya Yesu eby'okulamusa ensi yagamba nti, "Obudde batuuse" (1:15). Waliwo obukakafu obulagira ddala nti mu byasa bingi ebyakulembera nga Yesu tannazaalibwa abalanzi n'abayivu bangi baayogeranga ku kujja kwa Kabaka omukulu eyali ow'okutandiika omulembe omugya, era ebimu ku biwandiiko ebyakazuulibwa byali bya musajja omulooma Plato ebyedda ennyo nga n'obukulistaayo tebunnajja. Yagamba nti, walibaawo omufuzi era Kabaka ow'enjawulo ennyo era omulungi ennyo nti naye, taliyalgalwa. N'omuwandiisi omulala Virgil naye yayogera ku mwana alizaalibwa ow'enjawulo, era Plato mu bigambo bye yayogera ne ku kufa kwa Masiya ku musaalaba yategeza nti, alikolimirwa, ali kubibwa n'okubonyaabonyezebwa; nti naye oluvannyuma lw'ebyo byonna ekibi kiriba kiwanguddwamu amannya.

Ekiseera Masiya mwe yazaalirwa kyali kya kugagga, ensi yonna eya Palestina yali eyonoonese, ng'obwenzi n'obugwenyufu bingi era ng'abantu tebakyalina ssuubi lyonna. Abantu obukadde nkaaga (60) baali bakozesebwa ng'abaddu mu bwakabaka bwa Luumi. Osaana okimanye awali okukozesebwa ng'omuddu obulamu bw'abantu tebulibwa ng'ekikulu, tewabeera kukwatirwa kisa oyo abonaabona, era nga okwetuga n'okwetta bya mwero nnyo, obufumbo n'amaka nga tonyumya, eddini nga ebeera ya kumimwa nabwe kityo ensi ddala yali yeetaaga omulokozi.

Ebantu bingi ebya kulembra n'okwanguyaako okuja kwa Masiya omulundi ogwasooka omwo nga mwe mwali: okusaasaana kw'Abayudaaya wamu n'ebyawandiikibwa byabwe ebitukuvu mu mawanga amangi, olulimi oluyonaani olwali lukozesebwa abantu bonna mu nnaku ezo, ate n'abantu benmyini okwongera okuyaayaana okumanya ebikwata ku bulamu bwabwe obw'omwoyo. Obunnabbi obuva mu Daneri 9:24-27 nabwo yali nsulo nnene nnyo mu kuzzamu abantu amaanyi wamu n'essuubi nga bwe balindirira oyo eyali yasuubizibwa kubanga kyakakasibwa nti oluvanyuma lwemyaka 500 (bitaano) abayudaaya nga bakommyewo mu Yerusaalemi okuva e Babulooni mu busibe, omununuzi eyasuubizibwa alizaalibwa.

3

OKUVA KU KUBATIZIBWA OKUTUUKA KU SABBITI YA YESU EYASEMBAYO

Okuzaalibwa n'okubatizibwa

Nga bwe kyali eggologosa, era bwe kyali ne ku luli nti awo mu kiraalo ky'ente we waagalamizibwa omwana omuwere, ateesobola ali obukunya, eyayagalwa ennyo songa ate n'okukyayibwa yakyayibwa bangi; Omwana wa Katonda ataalina kibi wadde omusango. Yadde eggulu lyalaga obuwagizi n'okusanyuka nga likozesa emmunityenye eyakulembera abagezigezi, tekyalobera Kabaka Kerode kuyiya magezi ga kutugumbula mulokozi. Bwekityo ne ku musaalaba era eggulu lyakiraga lwatu nti Yesu tabadde wa bulijo mu kusikirizibwa kw'enjuba okwaliwo, kyokka bo abakomerezi baagenda mu maaso n'ogwabwe. Mu Besirekemu abagezigezi baaleeta ebyakaloosa, ate era ebyakaloosa bye bimu byatwalibwa okusiiga omulambo gwa Yesu. Na bwe kityo ennaku za Yesu ezaasookera ddala zituwa ekikakafu ku kufa kwe yali agenda okusisinkana.

Okubatizibwa kwe

Mu kubatizibwa kwa Yesu kyali kiraga lwatu nti atandise obuweereza bwe obw'omwoyo obwali obwokumala emyaka 3 ½, omwegatira emyaka egy'obutategeerwa, egy'ettutumu, ate era emyaka egy'okuwakanyizibwa. Ng'amaze okubatizibwa Omwoyo yamutwala mu ddungu okukemebwa setaani (Mak 1:12-13) era oluvanyuma lwa sabbitti mukaaga ezokusiiiba omulabe yajja gyali n'ekinywa ky'ebigezo. Mu bigezo setaani bye yaleeta temwali bugezo buno obwa wansi, ngamba obw'omubiri nga okwenda, wabula yaleetera ddala biri ebinene nga, "fula amayinja gano emigaati", naye olw'okuba Yesu ebiseera byonna teyakolanga kintu kyonna olw'okwesanyusa n'okwekkusa, yakomba ku erima so nga ate kyandibadde kyangu nnyo amayinja okugafuulamu eby'okulya.

Okusinziira ku Yokaana omwaka gwa Yesu ogwasooka yagumala mu Yuda eyo gye yalondera abayigirizwabe, gye yatongoreza yekaalu era gye yasisinkanira Nikoodemu.

Ekitabo kya Yokaana

Ekitabo ekikyasingidde ddala okuba eky'omwoyo ekyali kiwandiikkidwa ye Yokaana enjiri. Wadde ng'ebitabo bya Matayo, Makko, ne Lukka byawandikirwa bayudaaya saako abaluumi n'abayonaani, yo enjiri ya Yokaana yawandiikkirwa kkanisa. Yokaana yakozesa yekaalu yabayudaaya, wamu n'ekyoto okuweerwayo saddaaka, ekitamu ekinaabirwamu emikono n'ebigere, emmeeza ey'emigaati

egy'okulaga, ekikindo ky'ettabaaza omusanvu, ek'yoterezo ky'obubaane ne essanduuko ey'endagaano omwaberanga amakeka ekumi, n'ekibikako ekya zaabu ku entebe ey'okusaasira; bino abyogera atulaga enteekateeka y'obulokozi nga bwe yajja etambula.

Yokaana atandika ekitabo kye nga atulaga Yokaana omubatiza ng'alangirira nti, "Ono ye mwana gw'endiga ogwa Katonda aggyawo ebibi byensi" (Yok 1:29).

Bwatuuka ku kinaabirwamu eky'ekikomo atugamba nti tewali ayinza kujja oba kuyingira bwakabaka bwa Katonda okujjako ngazaaliddwa amazzi n'omusaayi (Yok 3:5). Bwaba ayogera ku migaati egyokulaga ateekawo ebigambo bya Yesu nti, "Nze mmere ennamu" (Yok 6:35), ate addako okutulaga nti, Yesu ye ttabaaza , "Nze musana gw'ensi" (Yok 8:12), ng'omukka gw'obubaane bwe gwayambukanga mu ggulu, naffe leero bwe tusaba mu linya lya Yesu essaala zaffe zituukira ddala ewa Katonda (Kub 8:3-4). Yesu era atugamba nti, "Nabuli kye munaasabanga mu linnya lyange ekyo naakikolanga....'.

Mu ssuula eye 18 ne 19 ez'enjiri ya Yokaana atulaga Yesu nga bwali saddaaka yaffe ey'okutangirira, olw'omusaayi gwe ogwayika ku lwabangi. Ekintu ekirala ekikulu bye byamagero omusanvu bye yakola nga tannawanikibwa ku musaalaba ebiragira ddala amaanyi ga Yesu agakyusa omuntu. Mu byamagero bino, tulaba nga Yesu akyusa omuntu okuva mu nnaku n'afuna essanyu; okuva mu ndwadde n'afuna obulamu; okuva mu bukoozimbu n'afuna amaanyi; okuva mu njala n'okubulwa n'afuna ebintu; okuva mu kweraliikirira omuntu n'afuna ku mirembe; n'ava mu kizikiza n'adda mu musana; ate okuva mu kufa n'afuna obulamu obuggyga. Mu byamagero bino tulaba okyusibwa mu muntu yenna abeera akkirizza Mukama waffe.

Mu byamagero bino omusanvu tulabiramu amaanyi ga Yesu agamenya buli mbeera yonna eba erumbye omwana w'omuntu. Ye Katonda ssebintu (yalisa abantu 5,000 nga tobaze bakazi na baana); ye Katonda w'ebiseera eyawonya omusajja eyali akaazimbye (ebesesuda); ye Katonda afuga obutonde (yakkakkanya omuyaga); ye Katonda w'obulamu n'okufa (yazuukiza Lazaalo). Ebyamagero bino awamu n'ebirala bingi biraga nti Yesu yawaniridde ebintu byonna mu nsi eno. Olwaleero kitukakatako okukkiriza nti ekigambo kya Yesu kikozi wadde nga taliwo mu buntu. Ku mbaga e kaana teyakwata na ku nsuwa za mazzi naye amazzi gaafuuka omwenge, yayogera kigambo nga ali e Kana omulenzi e Kaperunawumu n'awona; ekigambo ekoy kye kimu kyayitayo omufu mu ntaana n'atambula. Ekigambo ekoy n'olwaleero w'ekiri okumaliriza omulimu gw'okulokola mu bulamu bw'abakkiriza wadde abo abasingayo obunafu: ggwe mu koowoole.

Omuvandiisi omu James Stalker ye agamba nti, "Ebyamagero bya Yesu mu Yokaana bubonero ddala obukakasa ebintu ebikulu eby'omunda". Bwe yawonya abazibe b'amaaso kaali kabenero akategeeza nti asobola okumalawo obuzibe bwamaaso ag'omwoyo. Bwe yazuukiza abafudde kaali kabenero okutulaga nti abafu bona ab'omwoyo abafuula balamu. Bwe yawonya abagenge kyali kitegeeza nti yekka y'amalawo ekigenge ky'ekibi. Bwe yalisaa enkumuliitu y'abantu ku bugaati

obutaano, yali atulaga nti, ye gwe mugaati gw'obulamu ogwali gugenda okumenyebwa olwebibi by'ensi. Bwe yakkakkanya omuyaga yali ategeeza nti asobola okuleeta emirembe eri buli muntu alina ebizibu.

Bangi banyoma ebyamagero ebyakolembwa emyaka enkumi bili egyiyisewo ngabagamba nti oyo pokopoko. Naye omuwandisi C. S. Lewis aliko ebigambo ebikulu byayogera ku bino. Togenda kusanga mu ejniri engero za wakaiyma ne wango, gamba nga ensolo ezafuka abantu, oba emit iegyogera nga abantu, oba amato agafuka bakatonda n'ebirala ng'ebyo. Ebyamagero ebrisangaibwa mu byawandikwa bya Katonda byebywo ebisubirwa okuberawo singa Katonda aba akyalidde ensi yaffe eno. Buli kimu kw'ebyo umukono gwa Katonda gulabikiramu.

Ebyamagero bino kimu mubyafayo bya Yesu mu nsi eno era tekisoboka kubyawula kubyafayo ebyo nga tosanyizaho ebyafayo byonna. Tulabira ddala okusa ekimu wakati w'ebiyamagero ebyakolembwa n'ebyo ebyava mubyakolembwa ku bantu bo mukieera ekyo. Okugeza, ekyamagero ky'okuzukira kwa Yesu okuva mu bafu kwakyusa abengaanda ze era kwazimbulukussa, nekuzamu amanyi abayigirizwa be okutwala amawulire amalungi eri ensi yona gyebali babanyi.

Mu 1Kol 15:46 Pawulo atugamba nti, "Naye eky'omwoyo tekisooka, wabula eky'omubili; oluvannyuma kya mwoyo". Omuntu waffe eyasooka siwamwoyo era bwe tubeera tunaafuuka abaana ba Katonda, asooka kututondamu ensigo eyobulamu obutaggwawo. Bwe kiba nti Nikodemus munnaddini omukulu, ow'ekitiibwa era ataalina kyakunenyezebwu mu mateeka kubanga yali mufalisaayo yawulira ennyonta ey'okulokoka, naye ate ggwe nange muganda wange?

Wetegereze, mu ssuula ya Yokaana eyokusatu Yesu ayogera na tuyudaaya, ate mu y'okuna ayogera na munnagwanga. Mu y'okusatu ayogera n'omusajja owe'kitiibwa, ate mu yokuna ayogera na mwenzi era malaaya. Mu ssuula ey'okusatu Nikodemus agambibwa bwateekeddwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri, ate mu ssuula eyokuna omukazi omwenzi aweebwa buweebwa kirabo. Wano tuyigawo kimu nti, Nikodemus ye yali yeyumiriza nnyo mu butuukirivu bwe kyokka nga ye omukazi munaku anyoomebwu era asosolwa. Nikodemus yeyanoonya Yesu, ate wali tulaba nga Yesu yanoonya omukyala. Oli no omuyudaaya yajja kiro, ate Yesu ensisinkano ye n'omukazi yali ya lwatu mu ttuntu.

Mu ssuula y'emu eno tulaba ebyafayo by'ekyamagero kyokuwonyezebwu kwa mutabani w'omukungu omu. Nga amaze okwogera ne Yesu omukungu mumative nti Yesu amaze okuwonya omwana we era teyayanguyiriza kudayo ewaka. Wano tuyigawo nti tusaana okuteegera obwetaavu bwaffe, ekyokubiri: tubutwale eri Yesu, eky'okusatu: tukkirize nti alina engeri nnyingi mwayinza okukolera ku bizibu byaffe, eky'okuna: ebrisigadde tubirekere Mukama akole okwagala kwe. Naye kino eky'okuna emirundi egisinga kye kizibu eri ffe abaana b'abantu. Bwonosoma enjiri ya Yokaana mu ssuula zino enya ezisooka ojja kuzuula bingi ebikwata ku buweereza bwa Yesu obwalimu obutategeerebwu bulungi wamu n'okuwakanyizibwa.

Omwaka ogw'ettutumu

Yesu yatandulula ku bigere ne yeyongerayo mu mambuka mu nsi ye Ggaliraaya, eno yo ebintu tebyali bizibu nnyo kubanga n'ekitebbe ky'abasaddukaayo ne bannaddini abalala yali akirese Yerusalem. Guno gwe mwaka mwe yalondera abatume be wamu n'okubayigiriza engeri zonna ez'okutwalamu omulimu ye ng'agenze mu ggulu. Mu mwaka guno, Yesu yaddayoko ku butaka bwewaabwe kyoka ne bamungoola; eno gye yagambira nti, Nabbi taba na kitibwa mu nsi y'ewaabwe. Naye ebiseera ebyeddako Yesu yeyongera okuyigiriza wamu n'okukola eby'amagero era abantu nkumu na nkumu ne batandiika okumwettanira.

Yesu bwayita abavubi bano okuva mu buvubi bweby'enyanja yali atuyigiriza okwetegeka okubuulira enjiri eri abantu. Ng'omuvubi bwayinza okutega n'atakwasaayo naffe bwe tutyo mu kkanisa ya Yesu eno mulimu ebizibu bingi wamu nokulemwa. Kirungi okugerageranya Enjiri ya Yokana ne Luka ku byafayo ebyeby'enjanja. Ebyafayo byetusanga mu Luka 5, kifananyi ky'omulimu gw'Ekanisa gyetulabako n'amaso; mukulemwa n'obuzibu bwesanga. Tulaba nti yadde nga Yesu yali agabye omukisa, ebimu ku by'enyanja byatoloka olwobutimba obwali bukutuse. Naye ate mubayfayo ebidirira, nga biraga omulimu gw'ekanisa eyamazima enkusike, n'obulokozi obujuvu n'oubukumi eri abo abakunganyizidwa mu katimba ak'Enjiri.

Ebisera ebisinga, abavubi ba Kristo bakola nnyo emisana n'ekiro naye nebatakwasayo kantu kwona. Mu byamagero byetulaba munyiriri ezo zombi, embera yakyuka olwo lwoka nga Yesu awade ebiragiro. Ye yekka gwetwetaga. Ekyamagero ekyatandisa obuwereza bw'abayigirizwa, tugambilwa nti balagirwa okusula ubutimba mu buziba wansi mu nyanja, naye ate ngabakomekereza obuwereza bwabwe ne Yesu baragirwa okusula ubutimba bwabwe ku ddyo ye ryato. Omuwendo gw'ebyenyanja ebyakwatibwa olwasoka, tegumanyidwa, naye omugate gw'ebyenyanja 153 gwakawtibwa Yesu nga amaze okuzukira mu bafu. Nga bakolera wamu ne mukama wafe, abayigirizwa baleta amakungura eri obwakabaka bwa Katonda.

Omukoozimbu w'e kaperenawumu mu (Mat 9) wamu n'oli ku kidiba kye Besesuda (Yok 5) bitujukiza nti, mu nsi muno tewali muntu ayinza kutambula bulungi awatali Yesu. Wadde ng'ebyawandiikibwa biraga nti oba olyawo abasajja bano be baali beereetera obuzibu bwabwe naye ekoy tekyalobera Yesu kubakomako. Wetegereze nti mu Luka 5:20, Yesu asooka kubasonyiwa ebibi byabwe. Omulamuzi we ensi yonna yalina obuyinza okusonywa ebibi, ate omulamuzi ono alina okusasira n'ekisa eri noyo asingira okuba omuyi.

Yesu bwamala okwawula abatume be, ababulira obubaka obugwanidde abawule - okubuulira kwe okw'oku lusozi. Kuno kwekululira kwa Yesu okukyasingidde ddala obuwantu mu byawandiikibwa. Kikulu okumnya nti nga anatera okwogera ebyo wagulu, ngayakatandika obuwereza bwe yasoka kulagira oba okuyigiriza obwetaavu bw'okwenenya (Matayo 4:17) ara yagenda mu maso nga anyonyola okwenenya kyekyi, era bikyi ebiva mu kwenenya.

Okuyigiriza kwa Yesu kugaziya ku bulamu bw'obukulistaayo obusanidde, ara nga ebiambo bya Yesu biretera oyo awuliriza okugamba nti, "Nze nga ndi muritu munakku! Ani alindokola okuva mu mubiri ogw'okufa kuno?". Tekywunyisa nti okyigiriza kuno ku lusozi kwadirirwa nokuwonya omugenge, kubanga tewali muntu nomu ngabadde wamazima atayinza kweraba nga omugnge eyetaga okuwonyezebwa ng'amaze ukosoma ebiambo bya Yesu ku lusozi.

Matayo ebitundu 5-8 bitutegeza ebiambo ebikulu ebya mukama wafe Ate ebitundu ebidirira bitutegeza emirimu emikulu egyamukama waffe. Oba olyawo wakati mu mwaka gw'obwatirivu bwe, Mukama wafffe ayolesa obuyinza bwe ku butonde byona neri badayimoni. Yesu asirisa omuyaga ogwali gukunta mu mitima gy'abayigirizwa be oluvanyuma alagira omuyaga ogwali gutambangula enyanja okudda mu nteko, nazzako ukukakanya abo abali batawanyizibwa setani.

Ebyamagero ebirabika nga basomoka enyanja ye Ggaliraya (Matayo 8) bya byafayo ate era bya ngero mu by'omwoyo. Mu buli bulamu, kibuyaga enyenya era eyonana bingi, era kibuyaga eyo etuyyugumya. Tumanyi bulungi bino ebidirira (1) Obulamu buno sibutebenkevu (2) buli muntu atukibwako (3) byetukola byona bivamu ebibala. Nolw'ekyo ebizibu n'okulumwa tebyewalikika. Emirundi egisinga turwanagana ne kibuyaga nga abali kulwafe fekka, netwerabira nti waliwo oyo asobola okutuyamba. Singa tumukowoola, ali awo okutuddamu mu ngeri ey'ekywunyo! Laba amaanyi g'ekigambo kya Yesu. Ensi n'egulu byatondebwa na kigambo kye, ba dayimon bagobebwa, enyanja yazibwa mu nteko, ekigambo kye kyazukiza abafu. Ekigamboo kye kirina amaanyi, bwetukyekwata, bwetukyesiga, bwetukigondera, amanyi ago gajakutukolera ebikulu era gateke embera yonna eba ekaatuse okujiza mu nteko.

Kibuyaga ow'okuya, okubusabusa n'okugalangatana akuntira munda mu bulamu bwaffe asingira ddala okubwatuka okulabikira amaaso. Tunyenyezebwa nnyo munda mu bulamu bwaffe okusinga ebyo abantu byebalaba. Naye era mubino byonna, ekigamboa kya Yesu nti, "Kubanga Katonda teyatua ffe omwoyo ogw'okuya, wabula ogw'amaanyi era ogw'okwagala era ogw'okwegenderezanga (2 Timoseewo 1:7), "Okukkiriza kuva mu kuwulira, n'okuwulira mu kigambo kya Kristo"(Abaruumi 10:17).

Bulijo, ekyo kyona ekitwala ebirowoozo byaffe kitufuula abasibe bakyo. Biki byetusinga okutekako ebiroowozo byaffe: - ebyo ebitutiisa oba okwagala kwa Katonda n'ekisa kye? Kebera mu Abafiripi 4:6-8. Ekyawandikibwa kino kyidinganemu emirundi. Kyikwate bukus. Era obulamu bwo bubeera mu kyo. "Temweraliikiriranga kigambo kyonna kyonna; naye mu kigambo kyonna mu kusabanga n'okwegayiriranga awamu n'okwebazanga, bye mwagala bitegezebwenga eri Katonda". Mazima kisoboka munsi eno ejjudde emitawana, "Okusanyukiranga mu mukama waffe ennaku zonna"? (Abafiripi 4:4).

Mu mwaka gwe ogw'ettutumu, Yesu yatwala abyigirizwa be okubulira enjiri emirundi esaatu. Era kisoboka okuba nti ku buli kyamagero ekyogrwako, wakolebwa bingi okusinga ebyo ebyawandikibwako. Okuddako emabega mu Yerusalem, e

Yudia omusajja eyali yazalibwa nga muzibe w'amaaso yamanya nessanyu lingi ani Kristo kyeyali. Okusoka ayogera ku Yesu nga 'omuntu'. Oluvanyuma amuyita 'Nabbi'. Oluvunyuma Iwabyona, amukiriza nga 'Mukama' era n'okumusinza (laba Yokana 9).

Mukiseera ky'embaga ey'okuyitako (pasika), Kristo yali mu Yeusalemi era wano tumuraba nga awonya omusajja eyali amaze emayaka 38 nga mulwadde (Laba Yokana 5). Omusajja ono yali kifaananyi kya Yisirayiri eyedda, olw'obutakiiriza yayengerere mu ddungu okumara emyaka 38 nga terina manyi yadde ekiitibwa. Omusajja ono yawonyezebwa ku Sabbitti, era kino kyaleteera Yesu obuzibu.

Kyewunyisa nnyo okusoma ku bungi bw'emirundi ku ntalo za Ssabbiiti mu mwaka gw'tuttumu rya Yesu. Kristo teyakiriza buwangwa obwafuula Ssabbiit okubera enkulu okusinga abantu, era kino kyaleteera abantu ababulijjo essanyu, naye ate bo abkulembeze kyabaletaera okweyongera okubera n'obugenderevu obutugumbuzi. Yayigiriza nti, "Ssabbiiti yabaawo ku lwa muntu, so omuntu si ku lwa ssahbiiti": era eri abo abawonyezebwa yabawa ekiwumlo kya Ssabbiit. Yategeza nga ye bwewali Mukama wa ssabbiiti, era bwatyo olunaku lwa Ssabbiiti yalutiikira obulamu obuja, naffe natuwa enaku 52 buli mwaka nga ekifananyi kya adeni eyedda.

Mukama waffe yaza bujja Ssabbiiti n'obufumbo bwewasongera olunwe abantu eri Adeni. Yali amanyi bulungi nti eby'obuwangwa bw'Ekiyudaya bwalina enkomerero, naye ekkinyuzi mu ebyo ebyatandikira mu lusuku Edeni (Ssabbiiti n'obufumbo) kyali kyakuberawo emirembe gyonna. Tulaba nga Yesu ateka obuwereza bwe n'obulamu bwe mu matigga nga akola ebyamagero bingi ku lunaku olutukuvu (ebyamagero musanvu) okulaga nti okukuma Ssabbiiti okw'amazima kuleta emikisa, so sikulumwa. Yesu talinayo ngigiriza nemu eyali egenda okuvawo gyeyalwanirira. Era Yesu musirifu ku ngeri yonna eyokugondera amaateka gw'obuwangwa bw'edini y'Ekiyudaya. Era Yesu agamba omukyala Omusamaliya nti, "Ekiseera kijja ensinza y'Ekiyudaya okuvirawo ddala" (Yokana 4:21). Naye gyo emisingi egisangibwa mu maateka ekuumi gyakusigalawo emirembe gyona (Matayo 24:20 ne Luuka 23:56).

Omwaka og'okuwakaanyizibwa

Mukiseera ekyo, abalabe ba Yesu beyongera amaanyi nadadala abakulembeze nga banyenyezedwa olw'obututumufu bwa Yesu. Kyali kyangu okulowoza nti Galiraya yonna yali yakugohera Yesu, naye endowooza z'Abanagaliraya zeyoleka nga zaluyinja dddala, era obututumufu bwa Yesu bwagenda bukendera kumpi okuzikira, bangi nebamulwanyisa era n'obutamukiriza. Kristo natandika okubera nga moombozze mu biffo ebyewala ennyo nga omunamawanga. Namungi w'abantu eyamugobereranga, kakati nga basigadde ba ku lubatu.

Naye mukiseera kino, ebyamagero byeyongera okubera eby'kyewuunyo, nga okulisa abntu enkumi taano. Luno no lwali lugero kukusasanya enjiri ya Kristo. Kristo yafuna ebyokulya okuva eri Katonda, naye nabiwa abatume be okubiwa

abantu era abantu nabo nebagabanira wamu.

Wetegereza engeri Yesu gyasomozamu abutume be mu kiseera ekyo. Yatandika asomoza Filipo okuwa abantu eby'okulya ng'ate talina kantu kwona, era Filipo nayatula nti yali talaba ngeri yonna yakulisamu abantu bano. Andereya naye yali talaba ngeri yakulisamu namungi w'abantu ku bugati n'ebwenhyanja obwaliwo. Naye, omulenzi omuto eyali yeretedde eky'okulya yatunulira Yesu.

Nga kikulu okuba nti Yesu mu bitono ebyaliiwo yasobola okuliisa namungi wabantu ono (obugati butaano n'obwenyanja bubiri), yaliisa bangi era ebyokulya byasigalawo bingi. Bweyaliisa enkumi nnya, waliwo obugati 7 n'obwenyanja butono, kyoka yalisabatono, era wasigalawo ebibbo 7 eby'obutundutundu ng'abamaze okulya. Kiki kyeyali ayinza okukola n'akatundu obutndu? Ekyokyiga tukisanga mu 1 Abakkolinso 1:26–31. Katonda alonda ebinifu, abanyoomebw, abisirusiru okukola ebitasoboka. Tulina essubi.

Okuddako ebbali

Wano tulaba nga Yesu aleka ekibiina kya bantu okusobola okutekeeka omutima gwe n'ebirowoozo olw'omusalaba, era wano takyebunguluddwa nkuyanja y'abantu. Naye aba alyawo obubaka nebujja ng'ebula emyezi ebiri akomererwe nti, 'gwoyagala mulwadde' (Yokaana 11:3). Abakkiriza nabo balwala era n'okulumwa balumwa. Bwekyali ku Yobu, Kezekiya era n'omubbi eyeneneza ku musaalaba. Mu kiseera ng'ekyo, okwagala kwa Yesu gyetuli kubaawo nga kussukiridde.

Ekyewuunyisa kumulundi guno, Yesu yamala ennaku bbiri nga tanaba kugenda okuwonya owomukwano gwe eyali alwadde.

Nga kigumya nnyo eri obukadde nobukadde bw'abantu abalumizibwa, bwebakimanya nti kikulu nnyo Yesu okukuzukiza okusinga okukuwonya obulwadde. Ekyo nno Lazaalo ne bannyina kyeakkiriza era baddamu amaanyi okwolekera ebizibu byonna mu maaso kubanga Yesu yalwawo okubajuna mu kizibu kyebalimu.

Ssabbiiti eyasembayo

Eno ye Ssabbiiti esinga okubeera ey'omugaso mu bya faayo by'ensi kubanga ekomekkereza olugendo lwa Yesu nga afa era nga azuukira. Obubaka obukulu obwa wiiki eno bwebuno nti, Katonda abonabona ye mutima gw'obukrisitayo. Abakuristaryo bokka, bebasinza Katonda eyali atusidwako ebiwundu kulwaffe aboononyi. Ssabbiiti eno yatandika kawungeezi ka (satade) Saturday ku mukolo mu maka ga Simooni okwali okujaguza olw'ouzuukira kwa Lazaalo. Enaku z'ekiyudaya zatandikanga kawungeezi, era kumulundi guno, kali kawungeezi k'ekiyudaya, kubanga oluvanyuma lw'ekitundu kyino Yokana talina kyawandika kubuwereza bwa Yesu eri Abayudaya abatakiiriza, okujjako ebigambo by'omusango. Ebigambo ebigumya yabyogera eri abgoberezi be. Tekyikola njawuulo oba addamu bibuzo, oba agera ngeero oba ekintu kyonna kyakola ekitali kyabulijjo olw'okuyingiriza,

omulamwa gwegumu: olunaku lw'omusango lujja!

Waliwo embagga bili mu wiiki eno esembayo: emu yali ewa Simooni, omukazi omwenzi eyenanya, Maliyamu weyajjira nasiga mukama we akalosa mumaso ga mwanyina Lazaalo n'abayigirizwa ekuumi n'ababiri; embaga eyokubiri yali yeyokuyitako nga Yesu agenda okulibwamu olukwe.

Nga kyewunyisa era ngakisinidde nti wiiki enkulu bweti etandika n'ekyikolwa eky'ebuziba! Omwononyi, era ku muwendo omunene ayasa ecupa y'amafuta agakaloosa akomuwendo omungi okusiiga omulokozi we. Ecupa eyayasibwa kifananyi kya mibili gwa Yesu ogwali gugenda okumenyebwamenyebwa kumusalaba — ekirabo ekyomuwendo ekisinga byonna eri omuntu. Nga akawowo k'amafuta gano agakaloosa bwe kabuna enju yonna, kaaali kabonero akalaga okwagala kwa Katonda okwali kugenda okusaanikira ensi yonna olw'okufa kwa Yesu Kristo ku musaalaba.

Ekitundu kino ekijjude ebitibwa ebyawebwa Yesu. Bisomoleza ddala ebyo byetulaba mu bitundu ebyemabega wetulaba nga abanadini batessa okutta Yesu. Naye ekitundu kya Yokana 12 kitulaga bulungi ebitibwa Maliyamu byeyagonomolera Yesu, okwo ssako okwaninirizibwa wakati mu ssanyu Yesu ngayingira eYerusalem nga yebagadde omwana gw'endogoyi, n'Abayonani abajja okumusisinkana, edobozi Iya Katonda okuva mu ggulu, n'abamu kubakulembeze abamuwa ekitibwa.

Ekikolwa eky'obutegwanyiza ekya Maliyamu ono kitulaga nti wadde oyinza okukola obulungi bwonna mu kuweereza Mukama kyokka era wajja kuvaayo ba Yuda abatajja kusiima nga balowooza nti ebintu wandibadde obikola nga bo bwe babyagala, olwamagoba gaabwe bo ng'abantu n'okweyagaliza. Yuda yawulikika ng'agamba nti, lwaki amafuta ago tegatundidwa okuyamba abaavu. Silwakuba nti yali nga ddala afayo ku baavu, yali mubbi. Naye yadde Yesu yayagalanga Yuda, yawagira ekikolwa kya Maliyamu era kino kiraga nti kyeyakola, yali ntekateka ya Katonda abatume gyebali tebategera (Yokana 12:17).

4

YESU AYINGIRA MU YERUSAALEMI N'OB UWANGUZI

Olunaku olwaddirira, enkuyanja y'abantu abaali baze okujaguza embaga ey'okuyitako, baafuna amawulire nti Yesu yali aija mu Yerusaalemi, bwe batyo ne batema amatabi g'emiti n'enkindu nebamlinda mu kkubo okumwaniriza, era olwamulaba ne batandika okwogerera waggulu nti, "Ozaana aweereddwa omukisa aija mu linnya lya Mukama...." Yok 12:12.

Mu kujja kwe Yesu teyajja nga bulijjo we bamumanyiiridde ku bigere naye wabula ku luno yajja yeebagadde omwanagw'endogoyi so nno ng'abantu abamu baali balowooza nti anajjira ku mbalaasi ey'entalo okusobola okuwamba n'okukuba abaruumi abaali babajoonyesa. Ye yajjira ku mwana gwa ndogoyi nga omulangira ow'emirembe. Kino yakikola mubugenderevu okusika abantu olwokuba ekieera kye ekyokufa kyali kituuse.

Entiko y'olunaku olwo etuka mukiseera Yesu bwatuukira kukulongosa Yeekalu – mu kufumuula abayudaaya abanyazi era ababbi mu Yekaalu so si bannamawanga nga bwe baali bamanyiddwa nti be babi, olwo bakabona bona ne balyoka beejuumuula (Mat 21:15).

Emyaka nga (1000) lukumi egiali gyakayita ne Dawudi kabaka yayingirako mu Yerusaalemi wakati mu mizira n'enduulu bwe bityo omukyala we eyali mu nnyumba bwe yallingiriza mu ddirisa amaaso yagakuba ku bba ng'akuukumula amazina era nga n'engoye zimusansagadde ku mubiri. Dawudi bwe yakomawo mu nnyumba omukazi n'amugombesa nti mma!, "Walabikidde ddala ng'obusajja bwa kuno obukadde obutalina magezi nga weyambulidde mu maaso g'abazaana bo! Naye Dawudi yamuddamu nti nabadde njaguliza mu maaso ga Mukama Katonda eyanfuula kabaka mu Bantu be! Naye nabwekityo, abazaana boyogeddeko abo balinzisaamu ekitiibwa". Obuzibu wano we bwava era Mikaali mu ka Dawudi teyafuna ku ssanyu lya mwana. (2Sam 6:20-32)

Ensonga Iwaki tuleese ekyafaayo kino ekikadde oba ekyedda ennyo Iwakuba nti amangu ddala ng'abayudaaya baakamala okukayukira Yesu olw'okufumuula abantu mu yeekaalu, yagenda bulambalamba n'akolimira omuti omutiini akabonero akalaga Yisirayiri nti, "Okuva olwaleero toddangamu okubala ekibala kyonna" (Mat 21:15-19), era okuva olwo kati emyeka 2000 eyali omugole wa Yesu – Yisirayiri, mugumba mu by'omwoyo. Bino byonna nga byali byalangibwa okuva mu nsonga za Dawudi ne mukazi we Mikaali .

Ebyafayo bino ebyedda nga byamakuulu era nga bitubulirira! Kirungi era ky'magezi obutasukiriza mu byonna – mu bintu byonna ng'ogyeko okuwa Katonda

ekifo kye mu bulamu bwaffe. Omuntu teyetaga butasukiriza bwab'atoloka okuva mu nyumba ekutte omuliiro, oba okudduka okuva mu lyato erigenda okusanawo. Obulamu bwabulikinomu buwaniridwa kukaguwa ak'ekisa kya Katonda, era tusobola okukutula akaguwa ako bwetuwayo obulmu bwafe eri ebintu ngatuzimula omuronzi wabyona era omulokozi waffe. Katonda atuyambe tusobole okulaba ekyo ekituletera emirembe.

Lukka annyonnyola nti, Yesu yakaaba amaziga bwe yatunuulira ekibuga Yerusalem ekyali kyetegese okumutta n'agamba nti, "Singa obadde omanyi ebigambo ebiyinza okuleeta emirembe ku lunaku luno, naye bambi bikwekeddwaa amaasogo; naye olunaku lujja abalabe bo lwe balikuzingiza ne bakkuzimbako olukomera buli ludda, balikusuula ku ttaka, balikutta ggwe n'abaana bo abali munda mu bisenge byo, era tewalisigala jjinja eritasuulibwa, kubanga tewamanya biro bya kukyalibwa kwo (Luk 19:41-44).

Oluvannyuma lw'emyaka anna (40) amagye ga Luumi gaazinda Yerusaalemi ne gakizikiriza, Yekaalu neesuulibwa ku ttaka era nkummi na nkumi abattibwa, abalala ne batundibwa mu buddu.

Enjiri yasooka kubuulirwa eri abayudaaya era bwebatyo bo basooka n'okusalirwa omusango. Kuno ne kujja nga kulabula eri ffe ffena abatali Bayudaaya nti, naffe enjiri ey'ekisa nga bwe yatuubuulirwa omusango gwaffe guli kumpi.

Yesu yayolesa omutima gwa Katonda n'ekinyusi ekiri mu njiri nga kwe kwagala eri abo ababula. Yesu yakaba amaziga ffe tusobola okulaba ku ssanyu ly'eggulu. Omubiri gwe ne gufumitibwa nga yeetikka omusaalaba ffe tusobole okuwona ekibi. Ye Katonda yekka eyali akaabyeko, ye Katonda eyafumitibwa era ey'ewaayo nga saddaaka ku lw'abantu be.

Ng'ayingidde mu kibuga, Yesu yasooka kuyingira mu mutima gw'ekibuga — yeekaalu. Yakolera ddala nga omulamuzi ku ntadikwa ne kunkomerero y'obuwerezabwe. "Yesu nayingira mu yeekaalu ya Katonda nagobera ebweru bonna abaali batundira mu yeekaalu, navunika embaawo ez'abaali bawaanyisa effeeza, n'entebebe ez'abaali batunda amayiba, nabagamba nti "Kyawandiikibwa nti ennyumba yange eneeyitbwanga nnyumba ya kusabirangamu..." (Mat 12:12-13).

Eddiini ennungi kye kintu ekisingayo obulungi mu nsi, kyokka ate eddiini embi kye kintu ekisingayo obubi mu nsi. Eby'embii eddiini embi yesinga obunene n'obungi mu "duniya" muno, kyova olaba nti ng'omuntu okusula mu galagi bwotafuu ka mmotoka n'okusaba ennyo ggwe nga to gwa saaviisa (service) buli kadde tekikufuula mukulistaayo murungi era omutuufu. Omukulistaayo omutuufu y'oyo alina Katonda ku ntobo y'omutima gwe. Era buli lwe wabeerawo ekintu kyonna ekyekuluntaza okusinga Kristo mu ddiini oba ekkanisa, eyo ebeera nfu.

5

ENJIRI YA YESU ERI ABAYONAANI

Abakulembeze b'abayudaaya bano muli ng'ekiniga kibasokaasoka, baanoonya engeri gye bayinza okukoonaganyamu Yesu n'abantu ba bulijo era asobola okufuna obuzibu ne gavument y'abaluumi eyali abafuga mu kiseera ekkyo, kyebaava bamusoya ekibuuozo nti, "Kirungi abantu okuwa dinaali alabeko, n'alyoka ababuuza nti, "Ekifaananyi n'obuwandiike ebiriko byani? "Ne baddamu nti bya Kayisaali". Awo naye n'abagamba nti "Ebya kayisaali bya kayisaali n'ebya Katonda mubiwe Katonda" (Luk 20:20).

Kristo kye yanyweza tetukigatululanga yadde okukitaganjulanga, tetusaanidde butatukiriza buvunaanyizibwa bwaffe eri gavumenti nti olwokuba obakulistayo, ate mu ngeri eyo era tetuteekeddwa kulinyirira ebintu bya Katonda olwa gavumenti.

Oluvanyuma lw'olunaku lulamba nga Yesu annyonyola abasajjabano, naye yabakyukira, n'ababuuza nti Masiya mumulowoozako mutya? Mulowooza mwana w'ani? (Mat 22:42).

Ekibuzo kino kyandibade kidamu ebibuzo byonna singa kyali kyadibwamu bulungi.

Ne bamuddamu nti, "wa Dawudi", Naye naddamu n'ababuuza nti, "Dawudi bwaba ayita masiya nti Mukama we", ate abeera atya omwana we? Ekkyo kyabalema okuddamu era okuviiira ddala ku olwo tewali yayanganga kumubuuza, kubanga kyandibadde kya bwewussa okuzunza omuntu ng'ate buli kaseera y'akuwangula.

Olunaku olumu ekibuzo kya Yeus ekisoko kirituddira nti: "Kristo andowoozaako ki?".

Enjiri Ya Yesu Eri Abayonaani

Ku ntandikwa y'obulamu bwa Yesu mu nsi muno abagezigezi okuva ebuvanjuba bajja okumulaba, nate ng'ebula mbale asiibule ensi eno abasajja abagezi bajja okumulaba nga bava ebugwanjuba bajja okumulaba. Kristo yabalambululira obulokozi bwonna, era n'abagamba nti, "Ekiseera kituuse omwana w'omuntu okugulumizibwa. Ddala ddala mbagamba nti Empeke y'enjaano bw'etegwa mu ttaka nefu, ebeerera awo yokka; naye bw'efa, ebala emmere nnyingi. Ayagala obulamu bwe bumubula; naye akyawa obulamu bwe mu nsi eno alibusigaza okutuuka ku bulamu obutaggwaawo. Omuntu bw'ampeereza, angobererenga; nange gye ndi, eyo omuweereza wange naye gy'anaabanga: omuntu bw'ampeereza, Kitange alimussaamu ekitiibwa" (Yok 12:23-26).

Okufa eri ffe liba kubo okutuuka mu bulamu. Kino tukirabira ku bwesedde bw'ensigo zetusigga nti tewasobola kubaawo makungula okujjako ng'ensigo ze wasimba zimaze kufa ne zivunda.

Nolw'ekyo ekibuzo nti, "Tusanidde kuberawo tutya" — ekyayagalwa ennyo abagereke okumala ebyasa bingi, Yesu akidamu bulungi. Okufananako abagereke, naffe twagala nnyo amatikiira, naye ate okukomererwa kwekusokera byona. Katonda tatusaba kukomerera kintu kyona ekirina omugaso gyetuli. Waliwo ebintru bingi byetwagala ennyo naye nga byabulabe gye eri obulamu bwaffe. Ebiseera ebisinga abantu twagala kuyingira mu kintu ekiwedde ne twerabira nti okutuuka awo we tukirabira kyayita mu kulumwa na saddaaka.

Enkola y'omusaalaba yokka y'esobola okulungamya emitima, endowooza wamu n'ebiruubirirwa byaffe. Singa tufaanana nga Kristo ne tukiriza okwefiiriza amasanyu gaffe n'okwerowoozako ne tutandika okufaayo ku bannaffe tujja kuba tutandise okubeera obulamu bwenyini Yesu bwa twagaliza.

Mu kiseera ekyo Yesu kwekulangirira nti, "Kaakano ensi eno esalirwa omusango, kaakano omulangira w'ensi eno anaagoberwa ebweru, nange bwe ndiwanikibwa, ndiwalulira gyendi bona" (Yok 12:31-32).

Ekyewunyisa ekikyasingidde ddala obukulu kyekino nti, mu kifo ky'ensi eno embi okusasulira ebibi byayo labayo ate Omwana wa Katonda atalina musango bwewyanikibwa ku musaabala. Ensi eno kyaligigwanidde okubonerezebwolw'okugyemera ekyo eky'amazima, ekitufu, n'ekisa, naye Kristo yewaayo ku lwaffe ffena abaamuteekamu obwesige ne bamukkiriza.

Kiyinzika kitya Yesu okwogera ku lunaku olw'omusango mukiseera ky'ekaluvaliyo? Ensonga eri nti, ku musaalaba, Yesu weyasalirwa ogw'okufa okwali okwaffe, ekyo kitegeeza nti abo bona abamuteekamu obwesige tebalisalirwa era tebalija mu musango kubanga ogwabwe gwaggweera ku musaalaba ate nga Katonda tayinza kusasuza muntu kintu mirundi ebiri.

Walwo amajja ag'emirundi ebiri: Okujja kwa Yesu okwasooka yajja kufuuka saddaaka olw'ebibi byaffe(1Tim 1:15, ate mu kw'okubiri agenda kujja kunona abo be yalokola (Beb 9:28).

Nga bwewali okujja okw'emirundi ebiri, era waliwo okusala omusango kwa mirundi ebiri. Mu kujja kwe okwasooka Yesu yasalirwa omusango olwa mikwano gye, ate mu kujja omulundi ogw'okubiri abo bona abaagaana saddaaka ye olw'ebibi byabwe gugenda kubasalirwa era bazikirizibwe. Nga Kristo bwe yakutulwa ku Katonda ne ku bulamu nga ali ku musaalaba (Mat 27:43), n'abajeemu bona bwe bagenda bwe batyo okukutulwa ku bulamu obutaggwaho nga Yesu akommyewo 2Bases 1:7-9). Ababi tebalibeerayo na mukisa mulala gwa kuzuukira kubanga ekibi kyabwe kiri munda mu bo. Yesu bwe yali atufiirira ekibi kyaffe kyamuli kungulu, so si munda. Olwokuba nti ekibi kyaffe tekyayinza **kwonona** butonde bwe (yasigala n'empisa ze ez'eggulu) Katonda yamuzukiza okuva mu bafu. Okujjako nga tutandise okugeraageranya enzigya za Yesu zino ebbiri mu bulamu bwaffe, tetusobola kwetekateeka bulungi okumusisinkana. Okulowoza ku kujja kwa Yesu omulundi og'okubiri nga omulamuzi waffe nga tetumumanyi nga omulokozi waffe, kiba kyabulabe eri obulamu bwaffe obwaleero.

Mu Enjiri ya Yokaana 12:31–33 Yesu bweyali nga alagura ku kufa kwe e kaluvaliyo, yateka ebintu bibiri ebitangavu wagulu wakinakyo. Agamba nti, “Kaakano ensi eno esalirwa omusango – Kalivaliyo”. E Kalivaliyo Yesu gyeyali agenda okuwanikibwa wakati w’ensi n’egulu, yali mulamuzi w’olulyo lw’omuntu nga ayawulamu abantu mu biwayi bibiri byokka — abalokole nabo abokubula — nga bwekyali eri abatujju babiri abakomererwa wamu ne Yesu. Enjiri ya Yokana etuyigiriza nti ekiseera kyaffe, olunaku lwowuliriddeko amawuulire amalungi aga saadaka ya Yesu eri ebibi byaffe Iwe lunaku lwo olw’omusango. Abo abawulira era nebakiriza okufa kwa Yesu olw’ebibi byabwe bejeeerezebwa amangu ddala. Naye abo bona abawulira nebagana okufa kwa Yesu olw’ebibi byabwe amangu ddala basalirwa omusango. Bayibuli etutegeza nti, buli lw’ogaana enjiri ey’amazima obeera wesimidde ntaana ate buli lwogikkiriza obeera weeyerulidde ekkubo n’omulyango gw’eggulu (Yok 3:18). Omusango guno gvatandikira e Kaluvaliyo era gwakukomekerezebwa nga Yesu akomyewo omulundi ogw’okubiri.

6

ENDABA YA YESU KU DDINI EMBI

Olwaleero ka twogere ku kwogera kwa Yesu okwomulwatu. Mu Mat 5 Yesu yatandika obuwereza bwe ng'annyonyola ku mikisa omunaana ate mu Mat 23 afundikira n'okunenya kwa mirundi munaana. Wano mu Matayo 23 essira aliteeka ku bintu eddini embi bye zitera okukola era saagala weerabire — eddini zonna ezisinga mbi! Okujjako ng'eddini yange enfula okuba nga Kristo, omusonyiyi, omuwombefu era omugumikiriza, ow'a mazima, eddini eyo teba ya Bayibuli. Bwoba oyagala okumanya oba eddini gyewenyumirizamu yeyleggulu oba ggeyeena soma Matayo 23.

Eddini embi bulijo z'ezo ezifuga abantu n'okubefuuza. Yesu kye yava az'ogerako nti abakulu baazo batikka abantu emigugu emizito bo gye batasobola kunyenza wadde n'akagalo (23:4). Mungeri endala, Yesu agamba nti bwoba olina okuiiriza okutufu, eddini oba enzikiriza entuufu tebeera na bizitowa.

Eddini yonna eyitirizza okukuliriza ebiragiro n'obukwakkulizo ebeera ya kifalisaayo. Eddiini eyamazima ewa abantu ebiwawaatiro so si buzito ku bibagabega byabwe. Eba eringa ebyoya ku kinyonyi oba amanga ku lyaato. Omutima gw'eddini ey'amazima kwe kusonyiwa, okwagala wamu n'okusaasira, amagezi n'obuyinza bwa kitaffe owomuggulu okutulokola n'okutayamba. Eddini ey'amazima yesigamye ku kukiiriza, esuubi n'okwagala(1Kol 13:13).

Yesu agenda amenya kinnakimu ku bikolwa by'eddiini enfu era nga ekisookera ddala ge malala g'abannaddini agabatuusa n'okwuwamba obuyinza bwa Yesu (1-12). Amalala gano gabaviirako okutandiika okuyigiriza ebintu ebtali mu Bayibuli. Naye ekiseera kijja ebikyamu bino byonna lwe birikuulibwa n'emirandira(Mat 15:13).

Ekyokubiri, mu kifo ky'okuggulirawo abantu omulyango gw'e ggulu baggalawo buggazi ate nga nabo tebaggala kuyingira.

Ekyokusaatu, batambula okwetooloola ensi yonna nga banoonya omuntu era bwe bamufuna bamufuula mwana wa gyeena nga bo (23:15). Waliwo amadiini mangi agafuba ennyo okukyusa abantu bagoberere endowooza z'eddini, kyokka bbwo obukulistaayo, omulamwa guli gumu gwa kufuula bantu bagoberezi ba Kristo. Tewali bulokozi buyinza kuva mu nzikiriza z'amaddini, okujjako okukiriza Yesu yekka. Omulimu gw'ekkanisa sikwewangulira bagoberezi wabula okubasonga ku Yesu yekka.

Ekyokuna, Yesu alabula ku ngeri y'okulayira. Abafalisayo bayigirizanga nti ebiseera ebimu kikirizibwa okulimba. Kino no Yesu yakisimbira ekuuli era n'akisimbako amannya nti, ebigambo byammwe bibeere nga weewaawo oba si weewaawo ebiseera byonna (23:16-22).

Eky'okutaano, agamba abanaddini abasa amaanyi gabwe mu bintu ebitono ennyo

ate mu binene ne batafaayo. Abannaddiini bano be basaale abazibe b'amaaso abasengejja ensiri ate ne bamira engamiya. Bawaayo ekitundu ky'ekkumi ne ku buntu obutono ennyo nga emiddo gyomunnimiro nga kumin, ddodo, ne aneta kyokka ne balekayo ebigambo ebikulu eby'obutalyazaamanyanga, obwenkanya, ekisa n'amazima (23-24). Akabonero akakulu ak'eddiini embi kwe kukuliriza obuntu obutono ne balekayo era ne beerabira ensonga enkulu nga okukkiriza, okusuubira, wamu n'okwagala.

Mu nsongea ey'omukaaga Yesu alabula ku ddini ezobulimba eziteeka ennyo amaanyi ku ndabika y'okungulu ate emitima egiri munda ne gisigala nga micaafu egikutte ekko. Eddini ezobulimba nsaale nnyo mu kweeraga mu bantu nti balungi nnyo naye nga eky'amazima beerowoozaako bokka wamu n'okubeera abaluvu. Yesu kye yava agamba nti ekibya kisaana kisooke kunaazibwa munda olwo ne kungulu kulyoke kulongooke (25-26).

Ensonga ey'omusantu, Yesu atugamba nti eddini enfu okufaananko namalalo gebawunda kungulu ate nga munda mujude ekivundu n'envunyu, nabo kungulu kirabika nnungi nnyo ziyamba abantu, ziyimba bulungi nnyo, zirina obugagga naye nga munda muli zaggwayo dda n'ekibi ekyazisenkenya. Era ye bwazikebera alaba abantu abarimu bona mirambo egitambula.(v 27-28)

Mu kulabula kwa Yesu, atulaga bannaddiini abazimba ebijukizo ku malaalo "mbu" gabatuukirivu abaafa oba abattibwa edda nga bwe bawoza nti singa be baaliwo mu biseera ebyo, tebandisse banabbi abo abalinga batumiddwa Katonda. Bajjajaabwe battanga bannabbi ba Mukama olw'okuba bayogeranga kubikyamu bye baalinga bakola nga Yesu naye wano bwalumba enkola y'abafalisaayo. Abannanfunsi bano era be bamu baamugolokokerako ne bamukomerera ku musaalaba (29-35).

Mu lunyiriri lwa 36 Yesu alangirira omusango eri eggwanga lya Yisirayiri mu budde obwo era terwalwa mu AD 70 eggye lya Luumi lyazinda Yerusalem bangi ne battibwa ate abalala ne batwalibwa mu buddu.

Nga tumaliriza, Yesu yakwatirwa Yerusalem ennaku era n'agamba nti, "Yerusalem? yerusalem, ggwe atta bannabbi abatumibwa gyoli, emirundi emeka gye nnayagala okukungaanya abantu bo ng'enkonko bwewambatira obwana bwayo naye ne mutayagala. Kaakano nno enyumba yamwe ebalekeddwa kifulukwa era temulindabako n'akatono okutuusa lwe mulyogera nti, "Aweereddwa omukisa oyo ajj mu linnya lya mukama (37-39).

Bino si bya kusaaga kubanga emirundi mingi Yesu yagezaako okulokola abayudaya naye ne bagaana. Ye Katonda owegonjebwa, omutwaza mpola era omwetowaze. Kyamazima nti ebigambo bya Yesu bino byebikyasingira ddala obuwomu eri eddini envundu. Ammazima kitugwanide okuslairwa omusango, naye yadde guli gutyo, tetusobola kumulesa kwagala kwe gyetuli. Bulijo waliwo okwagala okunene mu muntima ogumu eri ffe – omutima gwa Katonda. Mwetegefu okutudukiirira bwetuba nga tumwetaga.

Nga kiffananyi kirungi Yesu kyatuwa ku nkomerero ye suula 23 eya Matayo.

Tulaba nga mama w'obukoko bwalaba akabi ayita obwana bwayo nebuyingira wansi w'ebiwawatiro bye nebufuna obukumi. Omulabe akikintanira mu banga, naye tayinza kubukwatako. Bubikidwa ebiwawatiro bya nyina. Buli mu mirembe emijjuvu, era butebenkevu. Kyamukisa eri ffe okubera nga bbwo, era tusobola okubela nga bbwo singa tubera nga tulina ekifananyi kya Katonda ekitufu.

OBUNNABBI BWA YESU KU NNAKKU

Z'ENKOMERERO

Obubaka bwa Yesu obw'obunabbi yabuweera ku lusozi olw'emizeyituuni olw'olekera Yerusalem, lab Mat 24 ne 25; Luk 21 ne Mak 13. Yesu yalagula ku byali bigenda okutuuka ku Yerusalem mu biseera ebimpi ddala era kino kyatukirira mu AD 70 so nga ate era yazingiramu n'enkomerero yensi yonna ku kujja kwe omulundi ogwokubiiri. Mububaka bwe, Yesu akubiriza abantu okweteekateeka nga batukuvu mu kifo kyokwogera obwogezi ku butukuvu bbo bwe batali. Waliwo oluseregende Iw'ebintu Yesu byayogerako ebigenda okubaawo mu nsi nga okuyiganyizibwa kwabakiriza, okutabukatabuka kw'embeera zabantu, musisi ow'amanyi, okubuliira kw'enjiri mu nsi yonna, eddiini ez'obulimba, ebibonyobonyo ebyenjawulo wamu n'okujja kw'omulabe wa Kristo ebyo byonna nga bye bijja okukulembere olunaku lwa Yesu olwenkomerero.

Okwogera kwa Yesu kuno kugabanyizibwa ebitundu bisatu: Embeera ekulembera obuvuyo, obuvuyo bwenyini, okujja kwa Yesu nga anonnae abalonde be. Okutandika kwa kavuyo, emitawana n'okulumwa bijja kutegeererwa ku ky'omuzizo ekizikiriza ekyoyerwako mu Matayo 24:15.

Bwetukwataganya ebyo Yesu byeyayitamu nokulabula kwe, nogatako ubunnabbi obusangibwa mu 2 Abassesalonika 2, okubikulirwa ne mu byawandikibwa ebirala, awo kiba kisoboka okulaba obulungi ebyo ebijja mu maaso gyetulaga. Ebidirira wansi tebigenderede kukontana nekyo kyetuze tusimbako essira nti, ekingererwa ky'obunnabbi kya bya mwoyo so si bya bwongo oba eby'obuyivu, era ebigambo by'obunnabbi bitegerekke bulungi nga bimaze okutukirira.

Okusokera ddala, wajjakubawo okwezza obujja mu ddini ey'amazima n'eddini ez'obulimba. Omuggundu gw'eddiini ez'amazima n'ezobulimba guja kubeera gwa maanyi mu nsi yonna. Okufaanankoko n'obwakabaka bwa Luumi "obwakafuwaaza" ensi mu kyasa ekyasooka. Nabino bijja kubeera biseera bya bunkenke mu mawanga gonna, empisa ez'obuntubulamu wonna zija kufeeba era ensi ejja kutabanguka, olukalu, enyanja wamu n'obwengula byonna bijja kutabanguka; olwo buli muntu ng'omutima gumuli ku mutwe!

Ebikuuno nga bino bijja kuvuirako abantu okukulakulana mu by'omwoyo. Ekirungi n'ekibi byombi bijjakwanguyiriza okwengere olwembera y'ensi. Enjiri ya Yesu ng'erangilirwa mu buli nsi, ejjakukuma mu abantu babulijo okukiiriza Yesu era ejjakuyimusa okuwakanyizibwa okw'amaanyi okuva mu bakulembeze b'amaddini. Ekinyegenyege ekyaliwo (matabi) nga Yesu ayingira e Yerusalem mu buwanguzi kijjakudibwamu nate.

Ku ludda lw'eddini ez'bulimba, eddini zino zижжакулабика nga zimammidde ensi yona. Kijjakuba nga bwekyali mu byasa ebyasoka ebyobukulistayo eddini za setani bwezalwana bwenzingirire zileme okuzikirira olw'Enjiri ya Yesu eyazinyenyeza ddala nga erumba obulimba bwazo.

Abo abatali banywevu bulungi mu mazima gebyawandikibwa bajja kuseerera bagende mu ekyo kyebaliba besaliddewo. Abalala, ababaddde nga bayala mu by'omwoyo baliwlira eddobozi ly'omusumba ow'amazima bawambatire Enjiri. Bajakutegeza abalala ekyo kyebawebwa.

Okusinzira ku byafayo by'ekanisa, abantu obukadde mukaga bali bamaze okukiiriza Ejiri ya Yesu mukiseera Yokaana weyafira, er a ebyawandikibwa bilagula nti enkumulito y'abantu mu ngeri emu bajjakwewayo eri ekisa kya Katonda mu sawa envanyuma ey'ekisa. Ensi yona ejjakumulisibwa n'ekitibwa kya Katonda nga abantu be bakayakana mu maaso bajjakutegeza ensi yona ekyo Yesu kyeyabakolera.

Okufaanankako ne mubiseera bya Yesu, ebiwayi by'enzikiriza ezitali zimu bijja kwegatta olwo bagezeeko okuteekawo eddini emu mu nsi yonna, ng'ekigenderwa kwekumalawo obutasakimu kensi. Bano bagenda kweyambisa omukono ogwamanyi ogwa gavumenti okussa munkola ebirubirwa.

Enkola ya setani egjakufugaza abasinga obungi kwabo abatula ku nsi. Olw'buyaye bwa setani, bangi balirimbibwa ngatebalaba bukyamu olwaokuba nti kunguru kiriba kirabika nti amateka ga Katonda gasibwamu ekitibwa. Naye, nga Kerode eyakola ebintu ebirungi bingi naye natta Yokaana omubatiza, bwekityo bwekiriba munsi eyomumaso. Naye, ekyomusizo ekizikiriza — okwegata kw'eddini ne gavumenti — bajjakulumba abatono era abanyomebwa abakuma amaateka ga Katonda nebasigala nga besiga Yesu.

Olw'emitima emikakanyavu, ensi yakuwebwayo eri okukyamya n'obulimba obwekitalo, omulabe nga yefananya ne Yesu n'okudda kwe mubifo ebyenjawulo ku nsi (2 Abasesalonika 2:1-12). Mu kiseera ekyo, abantu ba Katonda abatufu balirabikira kubwetegefu bwabwe okufa ku lwa Yesu. Balitekbwako akabonero akomwoyo omutukuvu olw'obulamu obutagwawo.

Ekiseera eky'okunakuwaliramu eri abo abesiga Yesu kyakufuka kiseera eky'okunakuwala eri ensi yonna awo nga obusungu bwa Katonda obutali butabule butandika butandisi okuyika ku nsi. Ensi yakwawulwamu ebiwayi bibiri byoka. Ekiwanyi ekisinga obunene kiribikula enfanana ya mukama wakyo - setani. Okufaanankako nga setani, nabo baliba batemu ddala era nga balimba bazibu. Ekiwayi ekitono nakyo kyakubikula enfafana ya Yesu. Nga basabira ababayiganya.

Ensi yonna yakulaba ekirungi n'ekibi nga byengedde era nga bituse ku makungula. Olwo newalabika akabonero k'Omwana w'omuntu mu bire, amawanga negalyoka gakuba ebiwoobe mu kulumwa n'okukikitana olwokumulaba, naye abagobeze ba Yesu abaliba basasana, baliba musnayu eryekitalo kubanga esawa ey'okununulibwa kwabe eriba etuuse.

Kisaana kijjukirwe nti, okubuulira Enjiri mu nsi yonna ke kabonero kwoka akalaga

okudda kwa Yesu amangu (Mat 24:14). Ekirala ekikulu be bantu okuggwamu empisa n'okwekola obusolo mukiseera kyogaba ekiisa ekisembayo (Mat 24:28).

Obunnabbi buno butuwa akabonero k'omulabe wa Kristo; eky'omuzizo ekizikiriza, n'akabonero ko kudda kwa Yesu, akabonero k'omwaana w'Omuntu mu ggulu (Matayo 24:15 ne 30). Eky'omuzizo ekizikiriza' kigambo ekinyonyola omulabe wa Kristo, nga kwe kwegatta kwa gavumenti wamu n'eddinni. Mu ngeri endala kitegeesa obuyinza obuwakanya Kadonda, nga businzibwa abatakiiriza, era obuyiganya no kuzikiriza.

Obwegassi bwa gavumenti wamu n'eddinni mu nakku ezisembayo byakutekawo ekyomuzizo ekizikiriza abantu ba Katonda. Kyandiba nti waliwo ekyomuzizo kino mu ssabbiti ya Yesu eyasembayo? Yee, kyaliwo. Kyatukirizibwa mu Yuda, omuli w'olukwe eyeyambiza abanaddini n'abebyobufuzi abaluumi okukwata Yesu.

Yadde nga byakubeera bityo, okubuna kw'enjiri kwasuubizibwa era Yesu aliwamu n'abalonde be enaku zonna (Matayo 24:14, 22, 31). Mw'ebyo byetusanga mu suula eya 25 Matayo, byeyongera kuwa suubi eri abatukukuvu era nga nokulabula kotadde eri abo abeyita abakulisitayo naye nga tebalina Yesu mu bulamu bwabwe. Olunyiriri lwa 35 olwa Matayo 24 lunwyeza ebyalagulwa nti, tebirirema kutukirira. Olwo Iwoka lumala okuggumiza nti Kristo ye Massiya era nti Enjiri yamazima.

Matayo 25

Ojja kujukira nti obubaka bwa Yesu ku lusozi lw'emizeyituni mu Mat 25 ekinyusi kyabwo bye bigambo ebikulu ebigamba nti, "Muttunule" ne "mweteeketeke". Olunaku lw'omusngo lulikumpi ate tewali ayinza okulwepena.

Mu suula 24:45-51 waliwo ekibuzzo ekikulu nti, "Aliwa oyo omuddu omwesigwa?" Ekibuzzo kino kiraga nti omuntu afanana ati tasangika. Mu kino Yesu yalengera mu naaku ez'akazigizigi ezali zingenda okujja, nga abasumba be kkanisa ensebengerevu nga boleesa empisa ezobukambwe nokwegwanyiza ebirabika mu lugero lwomuddu omubi.

Olugero olusembayo mu Mat 24 n'ekitundu ekisooka mu Mat 25 Yesu atulabula nti okudda kwe tekugenda kubeera ng'abantu bwe basuubira, naye kujja kulwisibwawo. Mu lugero lw'abawala ekkumi atulaga nti omugole (Yesu) tajja sawa kumi nabiri akawungezi, era ne ku sawa nnya ezekiro talabikako, yadde ng'ebula eddakika taano okuwera mu masekkati g'ekiro.

Abawaala bano bona baamulinda ne batuuka n'okwebaka nga tannalabikako, naye tebanenyezebwa olw'okwebaka. Okunenyezebwa kugenda eri abo abaali tebetegekedde okulwawo kwe. Buli muwaala akikiriwa netabaza ye, ate ettabaaza eyo okola bulungi ng'erinmu amafuta; akabonero k'Omwoyo gwa Katonda. Abasirusiru abataano balemwa okwetwalirayo ecupa y'amafuta nga berimba nti gebaalina gali gabamala. Naye omugole bweyalwawo okujja, gebalina negakalira. Okujjako abataano bokka abaasala amagezi ne bajja n'amafuta amalala mu macupa gaabwe; ettabaaza zabwe zangenda mumaso kwaka era be baasobola okulaba omugole era bali bannaabwe abatalina mafuta ne baviramu awo.

Kimu kyakubiri ky'abwala ekkumi – abakulisitayo – bakusubwa obulamu obutagwawo Kristo nga akomyewo kubanga tebalina Mowyo gwa Katonda(amatufa) mu bulamu bwabwe (ettabaaza). Eyo ye kkanisa Yesu gyagenda okusanga mu nsi munoo! Kimu kyakubiri ky'ekkanisa kyakubula. Gwe oli mu kibinja ki?

Olugero lwa talanta (Mat 25:14-30) lulaga nti omuwendo gwa talanta Katonda zagabira abantu zawukana. Buli muntu aweebwa zize, kyokka Katonda takuvunaana lwa talanta mmeka zeyakuwa, wabula zo zeyakuwa ozikosezza otya? Waliwo abo abagezako okugulumiza Yesu bwalidda era bafuba okuzikozesa n'okuzigaziya. Ate waliwo abalala abelowozako bokka era nebatakola kintu kyonna okukozesa nokugaziya talanta zaabwe. Abalinga abo tebalina ekifo mu bwakabaka bwa Katonda.

Ate mu lunyiriri lwa (31-46) olunaku lw'enyini olwa Mukama waffe ng'akomawo kunsi eno wamu ne bamalayika be, tewali bigambo bituufu munimi ez'abantu biyinza kunnyonnyola olunaku olwo, lunaku lwa bwewunyyo, lunaku lwakitalo.

Mu lugero lw'endiga n'embuzi, Yesu ayigiriza nti ku lunaku olusembayo kabaka alivunaana omuntu ku ngeri ki gye yayisangamu abo abanaku era abeetaga. Ku lunaku olwo aligamba nti, 'Nga bwe mwakola omu ku abo baganda bange abasinga obuto, mwakikola nze" (Mat 25:40).

Ekingenderwa ky'olugero olw'omusngo nga essuula ya Matayo 24 efundikirwa, be bakalumbaze b'ekanisa. Naye olugero olw'okubiri n'olw'okusatu lukwata ku buli sekinomu mu kkanisa. Yesu nga akomyewo ku nsi, togyakuvunanibwa okusinzira ku njigiriza wabula ku kufananako oba obutafananako ne Yesu mu kwagala ne mu gonjebwa.

Olugero lw'endigga ne mbuzi kye kiseera kyokka we tulaba nga Yesu yeyita Kabaka. Tunulira olukonko olunene olusangibwa mu bigambo ebikulu bibiri ebya Kabaka: 'Mujje we ndi' – 'Muve we ndi'. Ekintu ekikuulu kye kino, Yesu wamuyisa otya? Abavu ba Yesu wabayisa otya?

YESU ANAAZA ABAYIGIRIZWA BE EBIGERE

Mu Yokaana 12 tulaba nga ebigure bya Yesu bisigibwa amafuta aga kalosa era nga binaazibwa amaziga. Mu ssuula 13 Yesu anaaza abayigirizwa be ebigure. Esuula eno etandika nga Yesu alaga obugazi bw'okwagala kwe eri abayigirizwa be.

Wadde nga Yesu yali amanyi nti abasajja be baali bagenda kumwabulira mu ssaawa ntono nnyo, ye teyabavaamu, yava buvi ku mmeeza, ne ye yambula omunagiro, ne yesiba ekimyu n'afuka amazzi mukibya olwo n'atandika okubanaaza ebigure, nabismuuza ekiremba kye yali yesibye.

Kino Yesu kye yakola lwali lugero lwa buweereza bwe bwennyini mu nsi eno mu kifaananyi. Yavaa mu ggulu ery'ekitiibwa, ne yeeyambulako ekitiibwa kye, ne yeezinga mu lulyo lwomuntu n'atwala obuzaliranwa bw'omuntu (humanity) era bwatyo n'avunnama wansi okutunaazazko ekibi.

Eri abo bona abagaana Kristo okunaaza ekibi kyabwe abagamba nti, " Okujjako nga okkirizza ne nkunaaza, ekitali ekyo tossa kimu nange" (Yok 13:8).

Mu kuweereza kuno, Yesu atuwa ekyokulabirako butya bwe tusaanye okuweereza bannaffe (Yok 13:15). Tetusaana kukolokota bannaffe, wabula twayitibwa kuyamba bannaffe basobola okukkiriza omusaayi gwa Yesu ogulokola era ogunaaza ekibi, ate nga gwa bwereere.

EMMEEZA YAA MUKAMA WAFFE

Ensi no mwe tuwangaalira ejjudde ekibi n'okufa. Ye abaffe kiki bakalimagezi ababadewo ku nsi kyebali bakoze okutuyamba okutegera oba okuwangula ekibi n'okufa? Socrates yasomeseza emyaka 40, Plato yasomeseza 50, Aristotle yasomeseza emyaka 40, gyonna awamu emyaka 130. Bwe weebuuza oba ani ku abo eyalli alaze omuntu engeri gyawonamu ekibi n'okufa, ddala tewali n'omu ku bbo. Labayo ate bwe zireeta Yesu ow'eNazaaleesi, ye n'asomeseza emyaka esatu n'ekitundu gyokka, kyokka n'amaliriza nga atulaze bulungi engeri ey'okuwonamu ekibi n'okufa. Era ye yenyini kyekyokudamu eri ekibi n'okufa.

Makko 14: 22-24 atutegeza nti, bwe baali balya, Yesu n'atoola omugaati n'agumenyamu era bwe yamala okwebaza nawa abayigirizwabe ng'agamba nti, "Mutoole guno gwe mubiri gwange." Ne ku kikompe bwatyo bweyamala okwebaza n'abawa nga agamba nti, "Guno gwe musaayi gwange ogw'ndagaano oguyiika olw'abangi".

Kino kirowoozeeko akaseera. Ono omunnakyalo omugaliraaya anaatera n'okuttibwa ng'omumenyi w'amateeka kyokka ali ku ndagaano ya Katonda gye yali yalagaana n'abantu be emyaka nga 1,500 n'okusoba, agisazaamu mbu atekowo endala empya! Kino kiraga nti teyali muntu buntu wabula Katonda yennyini, singa sibweyali abantu bandibade bewunya okwekuluntaza kwe. Naye tebakikola. Olwokuba ekkyo ye kyali, ebigambo bye tebyetaga bujjulizi, era tebiwakanyizika.

Ku mulundi omulala tumulaba nga ayita abantu bona bamutikke emigugu gyabwe gyonna (Mat 11:28). Ate mu Yokaana 15:5 agamba abasaja be nti tebaliiko kye bayinza kukola awatali ye. Singa ebigambo bino byayogrwa muntu owabulijjo, bandi musekeredde nnyo, naye si Kristo.

Ebimu ku bintu ebikkulu ebikwata ku kijjulo ky'emmeeza ya Mukama waffe birambulukufu bulungi. Yesu yennyini yalaba nga ye y'endinga ya y'okuyitako eyali ey'okuttibwa olw'ebibi by'ensi eri abo bona abanenyika mu musaayi gwe.

Waaliwo engeri nnyingi ez'okufa nga tewabadde kuyiwa musaayi, gamba nga okkutugibwa, n'okuweebwa obutwa, naye kyo ekya Yesu kyali kyetaaga kuyiwa musaayi okufaaniranira ddala n'omwana gw'endiga ogwattibwa okuva mu lusuku Adeni era n'ogwo ogwattibwa mu Misiri mu kiro eky'okuyitako. Ffenna olwa leero twegerezebwra era tutukuzibwa nga tuyita mu kukkiriza saddaako y'omusaayi gwa Yesu gwokka. Yesu atuwa obutukuvu buno bwa buwa nga ffe tumuwadde ebibi byaffe byokka (2kol 5:21). Obutukiirivu buno bwetuwebwa obuwa, tebutufula batukirivu, wabula tubalibwa bubalibwa nga abatukiridde. Yesu yasasula ebbanja ely'ebibi byaffe, era yafa ku lwaffe, ffe tusobole okuba abalamu.

Okugenda mu ggulu twetaga Katonda okutujjako omusango, netubalibwa nga

abatukiridde. Obutuukirivu bwa Kristo bwatuwa nga ekirabo bubeera kikuumi ku kikuumi. Obutuukirivu obw'okutukuzibwa obuva mu bikolwa byaffe ebirungi tebuwera kikuumi ku kikuumi mu bulamu buno.

Olwokuba nga twetaga obutukuvu 100 ku 100 tusobole okufuna eggulu, tulina kubeera nga tutuukiridde, kyova olaba nga buli muntu eyesigama ku bikolwa bye ebirungi oba obutuukirivu obukolerere oyo wakusubwa obulamu obutagwawo, kubanga obutuukirivu obwo tebuwera kikumi ku kikumi ate nga ye Katonda kyayagala era tukisanga mu Kristo mwokka olw'okukkiriza.

Yesu bwajja mu mitima gyaffe n'obutuukirivu bwe obujjude, atufuula batukuvu nga ye buli lunaku. Naye obutukuvu buno sibwebutulokola wabula kabonero akalaga nti twalokolebwa. Tetwetaga kuba balungi tulyoke tulokolebwe naye ate twetaga okulokolebwa tusobole okuba abalungi.

Emmeeza ya Mukama waffe etuyigiriza nti okukomererwa kwa Yesu tekaali kabenje wabula nti yali nkola ya Katonda era enteketeeka ye ey'obulokozi eri olulyo lw'omuntu. Omugaati ogwamenyebwa gwali gusonga ku mubiri gwa Kristo ogwamenyebwa ku musaalaba, ate envinnyo nga nayo esonga ku musaayi gw'omwana gw'endiga ogwali gugenda okuyiika ku musalaalaba. Bwe tukkiriza omugaati n'envinnyo, tubeera tukkirizza nti ddala saddaka ya Yesu yaweebwa yo ku lwaffe.

10

TEMWERALIICKIRIRANGA

Essuula za Yokaana 14-16 zirambika bulungi okuyigiriza kwa Yesu okwasembayo alyoke akomererwa. Abakulistayo bangi balaba nga Yokaana 14 ye ssuula esinga okuzzamu amaanyi n'essuubi mu Bayibuli yonna. Ebigambo bya Yesu mu suula eyo, byamanyi ddala, bifanana ekitibwa n'obutangavu bw'enjuba nga enetera okugwa, era nga yetoloddwa ebire ebiddugavu, ngayonna ebulirayo mu nzikiza.

Ekyewunyisa mu byewunyo, mu kifo kyokunakuwala n'okweraliickirira olw'ebyo ebyali bigenda okumutuukako ate Yesu yatandika kugumya basajja be olw'ebyo ebyali bibolekedde. Abagamba emirundi ebiri nti, "Emitima gyamwe tegyeraliickiriranga". Si kikuulu oba omuntu muyivu, mugaga oba nalulungi; obulamu mu nsi eno sibwangu. Emirundi ebiri ng'akalaatira basajja be nti baleme kweraliickirira. Ate ye C. Lewis agamba nti, ettundutundu ly'obulamu bwaffe ku nsi lijjudde ebiwonvu n'ebikko.

Ebikabya amaziga mu bulamu buno bijja tebiraze. Tetusobola kumanya bya nky, olabiraawo ng'ogudde mu buzibu. Kyetuva tusaana okwesiba ku kubuulirira kwa Yesu nti, "Emitima gyamwe tegyeraliickiriranga", kubanga tusaana tukimanye nti ali wamu naffe bulijo okutuyambanga mu mayengo ne mu bikankana.

Yesu wano atuwa ensonga musanvu lwaki tetusanidde okweraliickiriranga.

1. Katonda alina ekifo kyaffe mu ggulu, eyo Yesu gyeyagenda okuteekateeka (Yok 14:2).
2. Yesu akomawo okututwala ewa kitaffe (Yok 14:3).
3. Ekkubo erituuka ewa kitaffe liri mu Yesu mwokka. Tewali asobola okutaka ewakitafe nga tayise mu Yesu (Yok 14:6).
4. Abakkiriza balikola n'ebisinga ku bye yakola. Ekyokulabirako, Petero yakozesebwu okuzza abantu 3000 omulundi gumu ku pentekoote (Yok 14:12).
5. Yesu yatusubizza omubeezi omulala – Omwoyo omutukuvu Yok 14:16.
6. Omubeezi alibalungamya mu mazima gonna — Amazima agasibuka mu bulamu, mu kufa ne okuzukira kwa Yesu (Yok 14:25).
7. Kristo yatulekera emirembe eg'yenjawulo. Emirembe mbalekera; emirembe gyange ngibawa: si ng'ensi bw'ewa, nze bwe mbawa. Omutima gwammwe tegweraliickiriranga so tegutyanga (Yok 14:27).

Kristo lyekubo, ye mazima n'obulamu (14:6), yadde nga bangi balirokolebwa nga tebawulirangako linya lye. Mu ab'ebulaniya 11, murimu amanya 39 agabo abataliko kyebamanyi ku Yesu, naye baliba mu bwakabaka olw'kyo Yesu kyeyabakolera ku musaalaba. Omusaalaba gwokka y'ensonga lwaki omuntu yeena ayinza okulokolebwa. Ngabwolaba abantu bangi boota amasanyalaze nga tebamanyi wa gyegakolebwa, waliwo bangi abaganyulwa mu sadaka ya Yesu nga tebamanyi wa,

oba yawebwayo etya. Luliba lumu lwebalimanya ekyiwebwayo kya Yesu ku lwabwe.

Mu Yok 14:15-18 Yesu atusuubiza omubeezi omulala okubeeranga naffe emirembe gyonna. Mu kuyita mu mubeezi ono, Yesu ajja nabeera naffe leero (14:18). Omwoyo ono ayitibwa omwoyo wa Katonda era omwoyo wa Kristo (Baluumi 8:9).

Kiyinzika kitya okuba bwekiti? Kino kiri bwe kityo kubanga Katonda ali omu. Singa Yesu ye yasigala mu ggulu kitaffe n'ajja ku nsi okutufiirira, tetwadirabyewo njawulo yonna. Bwe tulaba ku Yesu tuba tulabye ku kitaffe (14:8-11). Mu ngeri emu bwetuba nga tulina Omwoyo Omutukuvu, tuba tulina Yesu. Yesu n'Omwoyo omutukuvu balinga bwolaba enjuyii biri ez'ekinusu. Yadde nga banjawulo ddala, tekisoboka kubera n'omu ngatewali mulala.

Ekyamateeka olw'okubiri bwaba ayogera ku Katonda, nga "omu", ekigambo ky'olwebbulaniya "echad" (emu), kye kimu ekyakozesebe mu (Luberyeberye 2:24) bwe yayogera ku Adamu ne Kaaawa nti ne bafuuka omubiri gumu. Yesu yasaba essala n'agamba nti, bona babeerenga bumu era nga ggwe kitange bwoli mu nze (Yok 17:21-22). Obumu buno obwogerwako si bwa miwendo wabula bwa ndowooza mu mwoyo (Yok 17:23).

Gerageranya Matayo 7:11 ne Lukke 11:13. Olunyiriri lumu lukwatagana ne lunalwo. Matayo agamba nti, 'Obanga mmwe ababi mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi ate kitammwe ali mu ggulu talisingawo nnyo kuwa birabo abo abamusaba? At era Lukka 11:13 agamba nti, "Kale mmwe ababai oba nga mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi ate kitammwe ali mu ggulu talisingawo nnyo okuwa omwoyo omutukuvu abo abamusaba"? Mu nnyiriri zino zombi tulaba nti okufuna omwoyo omutukuvu kye kimu n'okufuna ebirabo ebirungi okuva eri Katonda. Yesu yagamba abayigirizibwa be ku kijjulo ekyasembayo nti, yali agenda eri kitaffe okututegekera ebifo. Nga Yusufu bwe yagenda mu misiri okutegeka amawanika g'emmere olw'enjala eyali eyolekedde okusaanyaawo amaka ge, ne Yesu bwatyo yaddayo ko mu ggulu okutegekera abamutya bona.

YESU OMUZABBIBU OGW'AMAZIMA

Essuula ya Yokaana 14 emaliriza n'ebigambo bino: "Mugolokoke tuve wano". Kati byonna ebiddako mu ssuula essatu eziddirila byayogerwa bagenda mu lusuku e Gesusemaani. Mu kiro ekoy nga batambula era ng'omwezi gwa ggaboggabo, bangenda baalaba ebiyenzeyenze by'omuliiro mu nnimiro z'emizabibu awaali amattabi agaali gawanyuddwa ku miti nga gokkedwa.

Mu kaseera kano Yesu we yakyukira gye bali n'abagamba nti, "Nze muzabbibu ogw'amazima ne Kitange ye mulimi, buli ttabi eritabala mu nze alitemako, ate eryo eribala alisalira nelisobola okubala ebibala bingi. Mubeere mu nze nange mu mmwe. Tewali ttabi lisobola kubala bibala bwe litabeera ku muzabbibu, bwe kityo nammwe temusobola kubala bibala bwe mutabeera mu nze (Yok 15:1-4).

Amattabi agamu tegabalira ddala. Obuwakatirwa bwonna obwebembeka ku muzabbibu ne bugagaana okubala obulungi obwo omulimi abuwaawaagula, era bwe kityo na buli ttabi lyonna erigaana okubala nalyo alitemako. Na amattabi agettise ebibala nago getaga okusalirwa okwewala okumala ebiseera nga gettika ebiti n'ebikoola ebitalina mugaso.

Okusalira kuluma nnyo, naye ate kwetagisa bwoba onofuna amakungula amalungi. Buli Mukama Iwabeera awawaggula ku ggwe ebyo ebitasaana olw'obwakabaka bwa Katonda towaliranga. Abakulistayo abalungi – abo abajjude emirembe n'essanyu – bebo abewayo eri Katonda abawaanyuleko ebitetagisa era ebitagasa mu bulamu bwabwe.

Ku nkomerero y'esuula esembayo, tusoma ebigambo bya Yesu ng'ayita abassajja be okuva ku meeza batambulemu naye. Essula eno ekwata ku bulamu ubuzukiziddwa – obulamu bw'omukulistayo azukidde. Abo bonna aboolesa okukiiriza Kristo eyakomererwa mu kulya ku mugati n'okunwya ku nvinyo, olwaleero batambulira mu manyi agw'Omwoyo wa Kristo. Era babala ebibala bingi. Omukulistayo ow'amazima tayinza butabala bibala. Ate omukulistayo tayinza kubala bibala ebkikulu okusinga okwagala.

Yesu yakozesa nnyo ekigambo "Mubeere". Obulamu bw'omukulistaayo yenna buteekwa okubeera mu Kristo. Kitugwanira okubeera mu Kristo nga ye muzabbibu gwaffe ogw'amazima. Nga ettabi bwe likala obukazi nga liggiddwa ku muzabbibu, naffe bwe tutyo buli lwe tuva ku Mukama waffe tukala mu mwoyo. Ate ekifo kyoka ekirinidde amatabi amaffu, muliiro. Amattabi agatabala gaba tegayina mugaso.

Kikuulu nnyo okumanya obwetavu bwaffe kubanga ekoy kituyamba okusigala mu Yesu. Naye bwetweloozako nga abasniddie ekimala, abagezi ekimala, era abaamanyi – amangu ago tubeera tugudde mu katyabagga: akokwekutula ku muzabibu.

Omuti gw'omuyembe tegwetaga kukola nnyo gulyoke gubale emiyembe emingi, n'omuzabbibu bwe gutyo, okubala kwaggo kwekola kwokka nga Mukama bwe yategeka, naffe bwe tutyo buli lwe tubeera mu Mukama tujja kubala ebibala mu ntuuko zaabyo ebirungi. Lwaki Mukama waffe agamba nti bwe tutabala bibala tujja kusulibwa mu muliro? Ensonga eri emu nti ekyatondesa omuyembe kubala bibala, kale buli lwe gulemererwa okukola ekyo, eba teri kirala kya kugukolera wabula okuguggyawo basobole okuuzzaawo omulala ogugasa. Buli lwe tutabala bibala birungi eby'okwagala tuba tetukyalina mugaso mu bwa kabaka bwa Katonda. Emitima gyaffe bwegiba giyimiridde bulungi, obulamu bwaffe nabwo bubera buyimiride bulungi.

Emiruudi giwerera ddala munaana (8) nga Yesu addingana ekigambo kwagala mu nnyiriri (9-13). Bulijjo Yesu tatuyita kwetikka ebyo ebitasoboka ova okubala ebibala ebitasoboka, kyova olaba nga omusaalaba gwa Yesu gwa lubaawo sso ssi kyuma. Ensulo y'okwagala kwe kumanya nti naffe twagalibwa. Tewali muntu yenna ayinza kwagala munne okutuusa lwakimanya nti naye yennyini Kristo amwagala ate buli lwe tubeera mu Kristo tweyongera okumufaanana era bwe kityo tuleeta abantu gyali okuyita mu kwagala.

Mu lunyiriri 7 Mukama waffe agamba nti, "Bwe mubeera mu nze n'ebigambo byange ne bibeera mu mmwe, musabenga buli kyonna kyonna era kinaabakolerwanga." Luno oluunyiriri tusaana tulutegeere mu ngeri ya kubalamu bibala eri Mukama waffe. Bwoba wegomba ekibala eky'okwagala, nosaba Kantonda mu bwetavu bwakyo, olikiwebwa. Muli bwoba oyagala ekibala eky'okulokola emyoyo okudda eri Yesu kisabe era kinaakuweebwa; kwagala kwe nti, ggwe obale ekibala ekyo. Mu ssuula 15 Yesu asimba essira kuu biragiro ebitaano ebyakomererayo: (1) Mujje, (2) Muyige, (3) Mukkirize, (4) Mungoberere, (5) Musigale mu nze. Omukristaayo agondera ebiragiro bino y'oyo omukristaayo ajja okusobola okubala ebibala eby'obwakabaka bwa Katonda.

12

OBUBAKA BWA YESU OBWASEMBAYO

Obubaka bwa Yesu obwasembayo eri abayigirizwa bwali bwa kubazzamu maanyi mu mulimu ogwalabika nga ogutaasoboke - okutwala amawulire amalungi aga Yesu eyafa ate n'azuukira eri ensi. Omulimu guno gwali gwakukolebwa gutya Yesu w'ataali?

Yesu yatandika okubagamba nti, kisanidde Ye okugenda olwo nno omwoyo omutukuvu alyoke aije aijuze ekifo kye. Olwokuba Yesu wano yali ayambadde omubiri gw'obuntu, kyamukukugiranga okutuuka mu bifo byonna mu kisera kye kimu. Naye ate ekkyo omwoyo omutukuvu ye yali ajjakukisobola kubanga ye takugirwa mubiri anti akolera munda kubanga mwoyo.

Yesu bwe yali akyali ne abayigirizwa be tebaatyanga mulabe yenna. Okubeerawo kwe kwabakoleranga ng'engabo. Naye ate kati baalina kussa obwesige bwabwe mu kubeerawo kw'Omwoyo omutukuvu atalabibwa na maaso.

Mukama waffe yabagamba nti, Omwoyo bwaliija aliraga abantu nti ekibi kyabwe ekikulu nkwe kugaana Yesu Kristo mu bulamu bwabwe, ekkyo ky'ekibi kya "saakiriregi" (tekisoniyibwa), omwoyo ono era aija kukakasa ensi nti obutukuvu kirabo kya Katonda, ate era nti waliwo okusala omusango. Ekibi, obutukuvu, n'omusango bye bintu ebikulu ebikola obulamu bw'omuntu. Ekibi n'obutukuvu bulijo bigasimbagana era ekivaamu – musango. Olwareero gwe musango eri jjo awayita. Nga akatuli akatoo ennyo ku lyato bwekasobola okubbiza eryato, bwekityo ne ekibi ekitono kisobola okuzikiriza omuntu.

Mukama waffe bwe yayogera ku kibi yali ateggeza ekibi kimu kyokka ekiri mu ffe ekisinga ebibi byonna - era maama w'ebibi, nga kino ye muntu okugaana okwagala kwa Katonda okuleetebwa saddaaka ya Yesu Kristo eri ffe abonoonyi. Buli lwe tugaana ekkyo Katonda kyeyawa olulyo lw'omuntu, tubeera tuseredde nnyo okutuka obuzaliranwa bw'omuntu webuyinza okutuka.

Okugana Kristo, tubeera tukubye amabega emikoono jje ekijjudde ebirabo semalabo, emaikono emyetegeffu okutugonomolerako emikisa gyetwetaga okusobola okubeera mu ddembe n'essanyu mulamu buno ubuzibzu.

Olunyiriri 18 lutugamba nti, Omwoyo ono alituregeza obulwadde bw'olulyo lw'omuntu - Ekibi , n'eddagala lyokka eriwonya, nga bwe butuukirivu. Eddagala lino Yesu agaba lya bwereere. Naye nga lifunibwa kuva mu mikono emifumite egya Yesu eyazukira. Ffenna abaali twafuuka ababi olw'ekibi kya Adamu, tufuulibwa abatukuvu olw'obuwulize bwa Kristo (Bar 5:18-19). Mukama ateeka obuwulize bwe ubutukiridde ku buli amukiriza. Nga bwe tutalina kye twakola okufuna ekibi kya Adamu n'obutukuvu bwe butyo nabwo tufuna bwa bwereere nga ekirabo.

Oluvanyuma lw'ekibi n'obutukirivu, ekiddako musango (Yok 16:8-11). Bwe

twesiba ku kibi, tugyakusalirwa gwakufa, kubanga empeera y'ekibi kwe kufa (Bar 6:23). Naye ate bwe tukiriza ekirabo kya Katonda nga bwe butuukirivu obujjuvu obwa Yesu Kristo, tuijakuwebwa obulamu obutaggwawo (Bar 6:23b). Kubanga Yesu yasalirwa era n'akomererwa olw'ebibi byaffe, ffenna abamukkiriza tetujja kuzzibwa mu musango, kubanga tebaliiko musango abali mu Kristo Yesu (Bar 8:1).

Olunaku lwo olw'okusalirwa omusango bulijo lujja gyoli ng'osisinkanye Kristo, olwo nogasimbagana n'okusalawo okukkiriza oba okugana sadaka ye ku lulwo. Okugana okusalawo kuba kugana Yesu, oyo atali wamu ne Yesu aba mulabe we. Oyo yena amukkiriza aba alina obulamu obutaggwawo, abeera avudde mu kuffa ng'atuuse mu bulamu (Yok 5:24).

Osobolera ddala okulondawo n'okusalawo omusango gwo bwe gunaabeera leero era kati. Bayibuli egamba nti, buli muntu yenna agaana omwana talina bulamu era obusungu bwa Katonda bubeera ku ye (Yok 3:36).

ESSALA YA YESU ENVANNYUMA

Mu Yokaana 17 tufuna essaala ya Yesu gye yasaba nga muli alabira ddala omusaalaba gumuseemberedde. Ekyewunyisa mu bino byonna, omusaalaba yagutunnulira ng'ekifo we yali aija okugulumizibwa, era ne kitaffe we yali agenda okuweerwa ekitiibwa ate yo ensi yonna efunemu obulokozi.

Mu ssaala eno, Yesu yeetegeka okubeera saddaaka ng'ate mu ngeri y'emu y'agenda okweberera kabona ate era nga yennyini gwe mwana gw'endiga ogw'ekiweebwayo. Abayigirizwa be tabasabira kubeera na bugagga, na bintu bingi, wadde okufuna ebitiibwa mu nsi, naye abasabira okubeera obumu. "Bagondera ekigambo kyo", nagamba kitawe (V.6). Abasajja bano abanafu era ababi laba bwe baayambazibwa obutukuvu bwa Yesu yennyini. Ne ku ffe bwe kiri bwekityo.

Katonda buli Iwatutunulako atulabira ddala nga twambaziddwa ekyambalo ky'obutuukirivu bwa Yesu. Kristo agenda mu maaso n'okusaba nti kitaffe akuume n'okulabirira abo bona abatadde okukkiriza kwabwe mu ye. Tetusobola kwekuma, naye omukono gwa Mukama ogw'amaanyi kubibegabega byaffe gwa sseruganda atwagala ennyo.

Emirundi mungi mu ssaala eno, Yesu annyikiza ekigambo ky'obumu mu baana be (V 11, 22-23). Naye wano kisana kijjukirwe nti "obumu" si kufaanagana. Obumu tekitegeeza nti tulina okukkiriziganya ne banaffe mu buli kintu. Wabula kitegeza nti tulina okuyiga obutakkiriziganya nga tetukyawaganye. Wayinza okubawo enjawulo mu njigiriza n'obulombolombo mu bakulistaayo, naye olwokuba nti ffena twalokolebwa lwa ssaddaaka ya Yesu, tuli ba luganda mu Mukama waffe; ne kitaffe omu, mu Gulu.

Amakkanisa mangi gateeka obukwakulizo ku bagoberezi baagwo okukwatiranga ddala ebyo abakulembeze bye bagamba. Ekanisa nga zino zifaanana ne fakitole (factory) ekola engatto anti zonna efulumya za kika kimu. Endowooza zisobola okubeera enkyamu, naye okwagala tekusobola kubeera kukyamu, nolw'ekyo tusaana twawule enjawulo wakati w'obumu mu ndowooza ne obumu bw'omutima. Obumu bw'omutima, Yesu kye yatusabira.

Yesu ng'amaliriza essala ye, agamba nti, "Kitange omutukuvu... nkumanyisizza mu bbo, era njakweyongera okukumanyisa, okwagaala kwo kwolina gyendi kusobole okubeera mu bbo, era nange nsobole okubeera mu bbo. Kawagala kwa Mukama waffe okulaba eggulu nga lyolesebwa ku nsi, okuyita mu bigambo wamu n'ebikolwa by'abagoberezi ba Yesu.

14

YESU MU GESUSEMAANI

Kabaka omukulu mu nnaku ennyingi ava mu Yerusaalemi. Asomoka akagga kidulooni wamu ne mikwano gye, n'amaziga mu maaso, batandika okulinnyalinnya olusozi lw'emizeyituuni. Emabega we aleka ensi ye kubanga mukaseera kano emwefuulidde. Omu ku basajja be y'ennyini y'amuliddemu olukwe, era ali mu kibuga.

Ebyafayo bino byennyini tubisoma ne mu 2Samwiri 15-18. Bikwata ku Kabaka Dawudi nga mutabani we Abusaalamu amwefulidde era amugoba ku bwakabaka . Oluvannyuma lw'emyaka 1000 kati muzzukulu wa Dawudi Kabaka Yesu musajja we Yuda Isukaliyoti amulyamu olukwe, Yesu aleka Yerussalemi ne basajja be basomoka akagga ke kamu kiddulooni boolekera olusozi lw'emizeyituuni okufuuna obubudamu.

Nga batuuse mu Gesusemaani, Yesu alondako Petero, Yakobo nagenda nabo, naye Yatandika okunyikala era mu nnaku ennyingi n'okuunyolwa okw'ekitalo Yesu abagamba nti, "Emmeeme yange eriko ennaku nnyingi zijunde kunzita, mubeere wano mutunnule" (Mak 14:33-34).

Olowooza lwaki omusajja ono yali yeeraliikiridde nnyo? Okuddamu kuli nti yali yewaddeyo okwetikka ekibi ky'ensi yonna, asasule omutango, era nga kino kyali kimwawukanya ku bumu bwe ne Katonda emirembe gyonna. Bayibuli etugamba nti "Katonda yamufula ekibi ku lwafe wadde ye yali talina kibi" (2Abakol 5:21).

Tewabangawo kusalawo kukulu, tewagenda kubawo kulala, okusinga okusalwo okwakolebwa mu lusuka Gesusemani. Mu Gesusemani, Yesu yakakasa okusalawo kwe atwale ikifo kyaffe atufirire tusobole okubeera abalamu emirembe gyonna. Yewayo agende ku musaalaba, affe okufa okwokubiri mu kifo kyaffe – okuffa okwali okujjuvu, awatali ssubi lyona. Mazima tekyewunyisa okulaba obuzibu mu kusalawo okwakolebwa mukama waffe e Gesusemani. Esawa eyo yaali nzibu nnyo; tennyonyoleka.

Katonda akyawa ekibi olw'obulabe bwakyo eri abantu, amaka, amawanga, era yensonga lwaki yatema empenda ezokukisanyawo. Naye ekibi tekisangibwa wabweru w'abantu. Tosobola kusanga kilo bili ez'ekibi oba lita nnya ez'obwononefu. Ekibi bwebukyamu, obulabe obusangibwa mu mitima gy'abantu; bwebujemu eri amateeka ga Katonda, era bino birabikira mu butemu, obwenzi, obubbi, obulimba n'ebirala bingi.

Olwokubanga ekibi kisangibwa mu bantu mwoka, Katonda ayinza kukizikiririza mu bantu mwokka. Engeri ziri bili zoka okukola kino. Asobola ye okwessako ebibi byaffe byona nazikirira mukifo kyaffe, oba ffe okutuzikiriza. Olwokuba ye Katonda ajjudde okwagala eri ffe, yasalawo okuzikirira mukifo kyaffe. Yagenda ku musaalaba

asasule ebanja lyona ku Iw'ebibi byaffe. Yayolesa okwagala gye tuli : kubanga bwe twali nga tukyalina ebibi Kristo n'atufiirira (Abaruumi 5 :8).

abantu abamu, eky'ennaku, baagala nnyo ekibi kyabwe ; era ne bagaana okukiwa Yesu asobole okusasula omutango gwabwe. Naye ku nkomerero, bajjakwesasulira omutango gw'ekibi. Yesu akusasulire Geyeena oba ggwe wesasulire. Tewali ngeri ndala yonna.

Bwetunazikirizibwa ku nkomerero, kijjakuba kivudde ku kukuba mabega ekirabo kya Katonda ekyobuwa mu Yesu ; ensonga eneba nti twayagalannya ekibi kyaffe okusinga okwagala Yesu. Ekibi ekisinga byonna kwekugana Yesu eyanganga okuffa okwokubiri nga kwekwawukana ne Katonda emirembe gyona ku lwaffe.

Mu Gesusemaani, Yesu we yasalirawo okutuleka tufe nga twesasulire ekibi kyaffe oba okutunnyulula mu nnyanga mwe twali tugudde. Kyova olaba ng'essaawa y'okusalawo eno yali nkambwe nnyo gyali n'atuuka n'okutonya omusaayi (Luka 22:41-44).

Buli lwe tubeera mu kulumwa Katonda atusuubira okumutukirira mu kusaba nga Yesu bwe yakola. Wali mu lusuku, Yesu yatukirira Katonda nga akozesza erinya Abayudaya lyebali batayinza kukozesa nga bogera ne Kabaka w'ensi yonna - Abba, ekitegeza nti 'taata'(Makko 14 :36). Katonda waffe ye Katonda ow'okwagala era kimuluma buli lwatulaba mu nnaku n'amaziga, atumanyi nti twakolebwa mu nfuufu n'olwekyo ayagala nnyo tumukyukirenga mu mbeera zonna ze tuyitamu. Nga omuzadde bwasasira abana be, ne Katonda bwatyo eri bona abamuwa ekitibwa. Tetusobola kufuna mirembe okutusa nga tutegedde nti Katonda ye 'Taata'.

Mu Matayo 26:39, tusoma nti 'Bwe ye yeyongerako mu maaso katono nagwa nga yeevuunise nasaba'. Naffe ne bwe tubeera mu buzibu ka bubeere butya tusaana tujjukire nti yafuna n'obusinga ku bwaffe. Wadde tuli mu bulumi obuzibu, tetwerabiranga nti ye yatuuka kubususse. Ebigere bye byalinyirira amaggwa gwona agatwekuluntazako. Bayibuli bwiegamba nti, Yeus 'yalina ennaku nnyingi, ngegenda kumutta'(Matayo 26 :38), tujjukirenga nti yalinga amanyi nti agenda okunywa ku kikompe eky'okwawukana ne Katonda emirembe gyonna.

Kino kye kyama ekinyonyola ebyama by'obulamu byona. Bwetutegera obulumi bwa Katonda-Muntu, tubeera tufunye ekisumuluzo ky'obulokozi bwaffe. Bwetumala okumanya ensonga y'ekizikiza kya Yesu, enzikiza yaffe egobebwa obutadda.

Yadde nga Gesusemani ne Kaluvaliyo bikola ekintu ekikyasinga okubera ekibi mu nsi yonna (Omuntu ng'atta omutonzi we), naye ate era bino byombi bikola ekintu ekikyasinga okuba ekirungi mu nsi yonna (Omuttonzi nga awayo obulamu bwe ku bw'omuntu tusobole okuba abalamu emirembe gyonna mu nsi umutali kibi).

Gesusemani ne Kaluvaliyo bitugamba nti, okulumwa tekitegeza nti tuli ffeka. Okukaba kwa Yesu ku musaalaba, 'Katonda wange, Katonda wange kiki ekikundesezza?' kituwa obuvumu nti, tusobola okuwulira nga tulekedwa so nga ate sibwekiri. Yesu bwewayafa, yatwala okulekebwa kwaffe kwona okwa Kantonda, ekitegeza nti, olwaleero Katonda yasigaza kwagala kwokka gye tuli.

Bwe weetegereza obulungi ebibonerezo byonna ebyaweebwa Adamu mu lusuka Adeni, byonna byatwalibwa Yesu. Adamu yagambibwa nti mu ntuyoo ze mwanajjanga ekyokulya, era nti amaggwa n'amtovu ensi by'eneemuzaaliranga. Wano mu Gesusemaani Yesu atuuyana omusaayi, ate amangu ddala nga tannakomererwa, engule ey'amaggwa yamuteekebwa ku mutwe.

Adamu bweyagwa, yayambulwako ekitiibwa ky'Omukama. Ne Yesu ku musaalaba baamukomera ali bukunya ddala, va ku bino eby'ebifaananyi byaffe okumusiba obukete. Adamu bwe yayonoona yagobebwa mu maaso ga Mukama. Ate Yesu bwe yatwala omusango gwaffe yagaanibwa Katonda.

Bwe tuddayo mu lisukku twalese Yesu asaba era agamba nti "Ayi Kitange oba nga kiyinzika ekikompe kino kinveeko. Naye si nga nze bwe njagala wabula nga ggwe bwoyagala (v.39). Ekikompe ekijjudde kazambi w'ekibi kyeensi yonna kyali kimuwereddwa okunywa era nga n'omukisa gumuweereddwa okukinywa ova okukigaana. Singa yakigaana olwo nno eyatwalula ffe eba esiridde, buli omu kuffe yali wakunwya obutwa bwe. Naye oluvannyuma laba bwasaba nti "Kitange, bwe kiba nga tekiyinzika kikompe kino okunzigibwako leka okwagala kwo kukolebwe (Mat 26:42). Yesu yalondako okunywa ekikompe kyaffe ku lwaffe.

Okulumwa e Gesusemani kwatekateka Yesu okugumira omusaalaba. Gesusemani kyali kifo kyakusalawo ; Kaluvaliyo kyali kifo kya kikolwa. Yesu ne Yuda bakola okusalawo kwabwe mu nimo. Yesu yasalawo ku lwaffe, Yuda yalondako kuba omulabe wa Yesu. Olulyo lw'omuntu lwasulibwa mu kibi mu nimo, nate okusalawo okununula omuntu kwakolebwa mu nimo.

Yesu bwe yali akyagenda mu maaso n'okusaba, amagye ga Ruumi ne gamugwako wamu n'abakumi ba yekaalu nga bazze okumukwata (Yok 18:2-3). Baali bakulembeddwamu Yuda omwana w'okubula (Yok 17:12). Bwe bamuseemberera Yesu ababuuza nti "Munoonya ani?" Ko bo nti, 'Yesu omunazaleesi'. Bwabaddamu nti "Nze nzuuno", batalantuka ne badda emabega ne bagwa wansi. Mu kino Yesu yayagala kubalaga nti yali alina amaanyi n'obuyinza ne ku balabe be era nti kyonna kye banaamutuusaako ajjakuba amaze kubakkiriza okukimukola.

Omusajja eyakulembera ekikoosi kino yali Yuda omu kku basajja ba Yesu. Yuda omuyigirizwa eyalina talanta, yeali omuwanika wabwe. Naye ebyembi nti omululu gwensimbi gwali gwamusuuka ne zeyaterekeringa ekibina yazibbangamu n'aziry. Yuda yali teyewerayo ddala eri Yesu (Yok 12:3-7) (Mak 14:6-10).

Ekikolwa kya Yuda, olukwe lwe okutta Yesu wamu n'omululu gw'eb'y'enfuna byonna bitutwala ku kigezo ekinene ekyolekedde omubiri gwa Kristo ensangi zino okufaananko ne Yisirayiri mu biseera bya Yesu. Yisirayiri yali nga egabanyiziddwamu ebiwaayi mu by'obukulembeze n'abagoberezi, ensi bwetyo bwetgenda okufanana mu bisera ebyomumaso nga obukulembeze bwe ddini bwa bulabe eri abagoberezi ba Kristo. Omubiri gwa Kristo gujja kuba gweyawuddemu ebibinja, akavuyo mu makkanisa wonna mu nsi, obutali bwesigwa mu by'ensimbi wamu n'okusiiwuuka empiisa mu bakkiriza n'ebirala bingi. Wajjakubeerawo abalya

mu bannanwe olukwe. Eyalondebwa, nga Yuda, "mutabani wa w'okubula" (Yokana 17:12; 2 Abassesalonika 2:3) wakulyamu abakiriza olukwe. Nga Abayudaaya bwebakolagana n'abaruumi, ekanisa n'ebi'obufuzi bakukolagana okusanyawo abagoberezi ba Yesu (Okubikurirwa 13:15).

Mukwano gwo okukulyamu olukwe tekilowozekaka. Naye okulibwamu olukwe nga onywegerwa mukwano gwo! Okunywegera kabenoro ka muntu akukiririzamu era akwagala. Bwekijja okuba ku nkomerero yabyona, awakanya Yesu (anti-Christ) ngayefula agoberere abagoberezi ba Yesu naye nga ayagala kubasanyawo.

Ebitukwatako ffe nga abantu byebisinga olwensonga nyingi, gamba nga ebizibu, okugezesewa saako nokuyyiibwayo, byonna biraga kunnyolwa kwaffe. Okusalawo kwa Yuda kwanditujukizza nti Yesu tumuliddemu olukwe emirundi mingi nga ate ebiseera ebisinga tumulyamu olukwe lwa binusu bya feeza ebitasukka makumi asatu gwokka.

Osanga singa ebibi byaffe tubiwa erinya etuufu, tusobola okubivaako.

"Kiki kyokola, Yuda?" "Nzize kukulyamu lukwe Mukama wange".

"Kiki kyokola Julie?" "Nimba, Mukama wange".

"Yakobo kiki kyokola? Nziba, Mukama wange".

"Maako okola ki? Nyenda, Mukama wange"

Singa tubeera b'amazima ku bibi byaffe twandibade tulaba mu Yuda nti tuli babinnyo, era nti tuliana amanyi agokujemera Katonda. Aamanyi gano gayitibwa ddembe. Katonda yatutonda okubeera n'eddeme naye mu ngeri ey'obuvunanyizibwa. Abantu abalina eddembe basobola okukola ebirungi oba ebibi.

Naye Katonda waffe mu kisa kye, tawaliriza muntu yenna, okugeza: omuvubuka oli omugagga bwe yagaana okumugoberera, Yesu teyamukaka (Mak 10:17-23). Yagenda munyikavu, naye ekkyo tekyalohera Yesu kumuleka. Kino nno kitisa! Era kitegeza nti nina okwegendereza neme okukozesa obubi eddembe lyange.

Tunulira abajaasi abagwa wansi olwa Yesu okulangirira obwakatonda bwe. Balina kyebayiga mwekyo? Nedda! Era tebalina kyebayigira ku kyamagero ky'okuwonya okutu kwa Malchus (Luuka 22:49-51). Bagenda mu maaso n'amazambi gabwe. Kyekimu gwe nange—emirundi mingi. Tulibamuzibe, obutayawuula bwaffe ku bintu ebikulu n'ebyo ebya bullijo kyewunyisa!

Tusoma nti, abasajja bano basiba emikono gya Kristo. Gwuno, naffe gutusinga olwekyo. Obulamu bwebuba butubulankanya obutamala kaseera na Kristo, nga ffe ffenyini tetulina budde bw'abaana baffe nga tusuubira okubataasa, tubera tumusiba emikono. Okujjako nga tuwaangalira mu kwagala, tubeera tuli nga abajaasi abamusiba emikono.

Nga Yesu amaze okukwatibwa yatwalibwa ewa Kabona asinga obukulu okusoyebwa kajjogijjogi w'ebibuuozo. Aabayigirizwa bonna baali bamazeemu dda omusu anti nga batidde nti nabo bayinza okubakwata. Petero ne Yokaana oluvanyuma baddamu olungubanguba ne bajja nga basooba mpola okutuusa lwe baayingira mu luggya lwa Kabona.

Petero ayingira mu lujja olwali olugazi ennyo. Waliwo obunnyogovu mu kiro ekyo, olwo Petero nasembera okumbi n'ekyoto ayote omuliro. Omuwara eyali ku buwereza awayingirirwa yamwetegereza era namulumiriza okubeera musajja wa Yesu.

Sitani mukujukuju. Atulumba mu ngeri etali ya bulijo. Singa Petero yali yatwaliddwa ewa Kayafa olw'okukiriza Yesu, yandibade yakiriza okufa okusinga okwegana Yesu. Naye mu kiseera kino, yakangibwa omuwala umuto. Yalinga ensoweera ekubuzako eddembe, era Petero kyeyakola kwekugezako amusirise nga yewakana Yesu. Naye no, ako kali katego Setani keyakozesa okwawukanya Petero ko Yesu.

Petero yemungulula awo navaawo nadda awalala, kyokka era akawala ne kamulemerako nti ye omu ku bo era ne yegaana ogw'okubiri. Abaleevi abaali mu kujaguza olw'okufunza Yesu; ne balyoka bamugamba nti weegaanira bwereere ffe twakulabye dda, anti n'enjogera yoefaanana n'eya Yesu. Petero bwalaba bamulemeddeko olwo n'atandiika n'okulayira nga bwe yeeganira ddala.

Aba akyalayira enkoko n'ekookolima omulundi ogw'okubiri awo Petero najjukira ebiambo bya Yesu nti, 'Enkoko eneeba tennakookolima emirundi ebiri onooba onneegaanyi emirundi esatu. Amangu ago Yesu yakyuka n'atunuulira Petero. Entunula ye teyali ntunula yabusungu, wabula yali ntunula eyekusonyiwa. Petero bwatyo yadduka n'afuluma ebweru n'akaaba amaziga (Makko 14:66-72). Yajjukira ebiambo bya Yesu nti, bwomalanga okukyuka onywezanga baganda bo. Ekikolwa kya Petero eky'okwegaana Yesu kitukwatako nnyo kubanga naffe emirundi mingi twegaana Yesu mu bikolwa, mu bigambo, ku mirimu, ne ku misomo gyaffe.

Bino sibyafayo abagoberezi ba Kristu byegetandikirawo. Mulimu amazima. Mubyabaawo bwonna bitono ebyawandiikibwa mu njiri eyemirundi ena nga kino kyekimu ku byo. Petero okwegaana Yesu kyarina kuba kikulu nnyo okwogerwako Yokana ng'ate akimanyi nti abawandiisi b'enjiri abalala abasatu baali bakiwandiiseko. Buli kawayiro mu kino kewunyisa era enyiriri entono zisobola okubeera n'amakulu ag'ebuziba.

Lwaki Peter yetolola nagoberera Yesu mu nyumba ya kabona owokuntikko? Yakikola olw'okwemanaya. Yali yewaanye gyebuvuddeko nti abayigirizwa abalala bandivamu Yesu wabula nti ye tasobola (Mark 14:29-31). Yanditunudde atya ku balala singa yaduka?

Ebyafayo bino byaffe, kubanga gwe nange tuli ba Petero. Kawefube wa Yesu ali ku kigezo kakati nga bweyali mu nyumba ya kabona owokuntikko. Kino ssi kye kintu kyogamba nti kiri mu byayita. Kino kya leero! Kawefube wa Yeesu ali mu kusomozzebwa nga era tusobola okumwegana nga Petero bweyakola. Tusobola okwefula nti tetuli bagoberezi ba Yesu, wabula tujukire nti buli kibi kyekubisamu emirundi egiwera.

Olujegere olugumu terusinga bunwyevu enyingo zalwo. Nga akatuli kamu kasobola okuvaako emmeeri yonna okubbira, bwekityo ekibi kimu kisobola

okusanyawo omwononyi. Awantu wokka awali emirembe kwe kubera ku ludda lwa Yesu. Ebyafaayo bitugamba nti mu myaaka egyaddako, Petero bweyali nga abulira ku makya enkoko n'ekokolima, eby'okubulira yabivaangako. Bweyaddangamu oluvanyuma, yabanga mukakamu nnyo nga nabamuwliriza bamugoberera mu mbeera eyo.

Yesu yadiramu Petero n'amukozesa okubulirira enjili eyamawulire amalungi agokufa kwa Yesu. Ono yafuuka omubulizi w'enjiri kasiggu era nga Mukama we, naye yatibwa olw'okukiriza kwe.

Waliwo obuli bw'enkwe bubiri ubw'obulabe ku bwakabaka bw'omugulu. Obusooka ye muntu eyefuula omugoberezi wa Kristo naye nga tali. Obwokubiri bwebwokwefuula atali mugoberezi wa Kristo nga ate oli. Yuda agwa ku kika ekisooka, ate nga Petero agwa mu ky'okubiri. Yuda yateekateka okulya mu Yesu olukwe naye Petero yaserera buserezi. Yuda yali teywaddeyo eri Yesu naye Petero ye yali amaliridde.

Petero yayagala nnyo okulwanirira Yesu mu maanyi gw'omubiri, bwatyo kye yava atema okutu kw'omuserikale ate Yesu n'akussako. Nabwekityo, buli ekkanisa Iwegezaako okukola emirimu gy'obwakabaka mu mubiri ekyo kibeera kikyamu.

Okubeera abenkanya eri Petero, ensonga lwaki ekitala kye tekyajjavo bulamu bwa muntu mulala, lwakuba nti tewali muntu eyali afiride mu maaso ga Yesu omulamu. Yatabangula buli kuziika kweyetabangako, era ye musasaja ku basatu abakomererwa eyasooka okufa. Yesu asobola okujjavo ensobi zaffe, asobola okuleetawo obulamu okuva mu kufa, obuwanguzi okuva mu kuwangulwa. Bwoba nga oli mu biseera ebyakanyigo, toyanguyiriza kusalako matu g'abantu. Bwokola ekyo oyinza okuba nga wesimba mu nteekateka za Katonda. Yesu yalagira Petereo, "Teeka eri ekitala kyo! Sinywere ku kikompe Mukama Katonda kyeyampa? (John 18:11). Yesu teyetaaga buyambi bwaffe mu nsongza, yeetaga kumukiririzamu na nteekateka ze.

Mu kyeyagalire Mukama waffe yawaayo omubiri gwe mu Gesusemaani, n'akkiriza emikono gye okusibibwa emiguwa, era tumuwulira ku musaalaba mu kasirise ng'ayogera obugambo buno mu mutima nti: Nawaayo obulamu – okukulokola, nagumira obuswavu ggwe osobole okufuna ekitibwa, netikka omusaalaba – ggwe okukwate ddamula, nayambala engule ey'amaggwa – ggwe osobole okwambazibwa engule ey'ekitibwa, nawanikibwa mu bulumi – ggwe osobole okutuuzibwa mu buwanguzi, nakirira emagombe – ggwe osobole okulinnyisibwa waggulu ennyo!

Tetusaana na kukiteebereza oba okukityebeka nti abaserikale Abaruumi, Piraato, Yuda, Kayaafa oba omuntu omulala yenna nti ye yatta Yesu. Gano gaali mateeka agaamutta, omusango n'obwenkyanya byajja bimulondoola kubanga ye yali yeewaddeyo okusasula omutango gwange naawe. Ebyamutuukako byonna byali byaffe abajeemu. Kyali kitugwanira okukubibwa, okusibibwa n'okuttibwa naye byonna Yesu n'abyambala ffe tusobole okufuna obulamu obutaggwawo ffekka abatadde okukkiriza kwaffe mu Ye.

15

YESU MU KAGULI

Ana bwe yabuuza Yesu ebikwatagana ku njigiriza ye, Yesu yamuddamu nti, bulijo nayigirrizanga mu lwatu mu makungaaniro ne mu Yekaalu abantu bona gye baakungaaniranga era nti, abantu be bamujulira. Nabwe kityo Ana abuuze abo.

Buli kigambo kyonna ekyogerebwa mu kyama kiba kitankanibwa. Naye wano Yesu yeeraga ng'omusana ogwakira bona. Era abagoberezi be tulina okubeera abanjulukufu mu byonna bye tukola.

Omukulistayo tekegeza kubera kyakwesimulizako tossi; wabula kitegeza kuyimirira ng'olwazzi ku kituufu. Eky'ennaku, ekkooti y'abannaddini eno yatekawo enkola emamidde obukulistayo. Emysaka enkumi biri okuva olwo, amadini agagana enjiri gabera mu kuyiganya abo abakiiriza enjiri ey'amazima. Olwokuba nti Enjiri erwanyisa obuwangwa n'obulombolombo bw'amdaini enjiri yalinyirirwa olwo enkola y'abantu esobole okusigalawo nga nwyevu.

Bamutwala ewa Kayaafa eyali kabona asinga obukulu. Omusajja ono abantu bona gwe bassangamu ekitibwa. Omusajja ono yali nga yena atonya okwegulumiza. Bakabona emitwaalo ebiri bamuwerezanga, era abantu nga abantu bamuwa ekitibwa nga eddoboozi lya Katonda. Gwali mulimu gwe okunwyeza obuwangwa bw'edini mu ngeri yonna. Obuwangwa bw'abantu bwebukontana n'amateeka ga Katonda, abana ba Katonda batawanyizibwa era bakosebwa nnyo.

Mu Mat 23 Yesu alumba kayaafa n'enkola y'okusinza yonna. Yesu yagiraba omutaali mazima wabula okukuliriza obulombolombo bwabwe. Mu by'ensimbi baali banyazi era nga n'okusinza kwabwe kwalinga kwa ku mimwa. Kyali kitekwa nti ku bibiri waliwo ekirina okufa: eddiini ya basajja bano ey'obukuusa, oba Yesu okufa. Ye Kayaafa eky'okuddamu yali akirina. Yagamba nti, "Muli basiru oba temulaba nga kigwanidde omuntu omu okusadakibwa okusinga okusadaka ekiyudaya (Yok 11:49-50).

Naye Yesu tabaviirako awo era abagamba nti ekiseera kijja ye yennyini lwalibeera omulamuzi waabwe. Mu ngeri endala Yesu abagamba nti buli kyebakola teberabira awajja mu maaso.

Yesu baamuwozesu emirundi musanvu: yasookera wa Ana, wuuyo ewa Kayaafa, mu maaso g'olukiiko, akawungezi, ewa Piraato, ne bamuzzaayo nate mu lukiiko, mu maaso ga Kerode, ate ne bamuzzaayo ewa Piraato.

Baamujweteekako emisango musanvu: nti yagamba okumenya yekaalu, yali

akyamya eggwanga, nti yagaana abantu okuwa omusolo, yakuma mu bantu omuliro, nti y'agamba okuba Kabaka, yali takwata sabbiiti, era nti agamba ye mwana wa Katonda.

Naye okwo yongerako kino nti, abantu musanvu bakakasa nti Yesu teyalina musango. Yokana atulaga nti Pilato yabuza Yesu ebibuzo musanvu, era enjiri nnya zitulaga nti emirundi musanvu Pirato yagamba nti Yesu talina musango. Yesu yabonerezebwa emirundi musanvu: baamukuba empi, bamukuba ebikonde, bamukuba embooko, bamukuba ku mutwe, yakubwa emiggo, yawandirwa amalusu, baamutikkira engule y'amaggwa, bamukomerera. Omulokozi yatusibwako ebiwundu musanvu, era yamala esawa musanvu mu kukomererwa kwona: essawa mukaga nga ali ku musalaba, esawa ey'omusanvu nga awumudde era najibwa ku musalaba. Ku musalaba Yesu yayogera emirundi musanvu, era yagambibwa ebintu musanvu.

Emisanvu gyetulaba wano tejjagwaawo bugwi. Ekihambo ky'olw'ebulaniya 'Sheba'kiyinza okuvunulwa 'Musanvu' oba 'endagano' (Laba Olubereberye 21:27-31). Mukama yakola endagaano mwe yasobolera okutulokola era buli muntu yenna akkiiriza obulokozi obwo afuuka wa kikka kitukuvu. Yesu oyo yennyini, y'endiga eya saddaaka era n'omusaayi gwe gwegwo ogw'endagaano empya ogwayiibwa olw'okujawo ebibi by'ensi (Mat 26:28). Bwe tutyo twawona omusango olw'okuba Yesu yasalirwa omusango gwaffe era naaguwangula.

16

YESU NE KAYAAFA

Ensisinkano ya Yesu ne Kayaafa kaali kabonero kakulu nnyo mu byafaayo by'ensi mu byowoyo. Kristo omwana wa Katonda, ate ku ludda luli Kayaafa "ssaabalabirizi". Eddinni ya Katonda eno yali emaze mu nsi emyaka nga 1000, naye mu kaseera kano yali ekyuse nnyo, ng'efuse ya mikolo, ekiwowongole era ekifulukwa Katonda kye yavaamu edda (Mat 23:38).

Bakabona abandiyambye okusumba abantu baali banyiikira mu kubalyamu nsimbi. Oluvanyuma lwa Kayaafa okuwulira nti Yesu yabawalabula bwatyo, yeerayirira nti Yesu ono asaanidde kufa.

Naye olw'okuba nti bbo ng'abayudaaya tebaalina kkooti zisalira muntu gwa kufa kye baava beeyambisa Abaruumi abaali babafuga mu kiseera ekyo. Naye balina obuzibu olwokuba nti tebaalina bujulizi bw'amaanyi okutwala mu lukiko lwa Piraato, era nga batidde nti omusango guyinza okubakyukira. Kati olwo Kristo n'alyoka ayimirira mu maaso gaabwe ate nga yalinga abasalira omusango. Kabona asinga obukulu wano we yaviirako waya ngagamba nti, tubulire ! Ddala oli mwana wa Katonda ? Mu kuddamu, Yesu nabagamba nti, ku nkomerero agenda kujja abasalire omusango n'okutereeza byonna ebyasoba.

Totyanga kuyimirira n'abatono abawereza Mukama waffe. Abangi tebakuwaggulanga otuuke n'okulowooza nti ggwe mukyamu, buli lwoyimirira ne Yesu naye nayimirira naawe olwo osobola okwogera nti, ekiseera kijja kutuuka amazima lwe galibikkuka, era omubereberye w'alibeerera ow'oluvannyuma.

Waayitawo akaseera mpawe kaaga ekikolwa kya Kayaafa ono ne minywanyi gye kye baatuusa ku Yesu ne kitabangula ensi, enjazi zaayatika, entaana ne zibikkuka era abafu ne bazuukizibwa, enjuba yazikira n'eggigi ly'omu Yeekaalu ne liyulikamu ebitundu bibiri okuva wagulu okutuka wansi abantu ne balabira ddala munda mu kifo ekisinga obutukuvu. Bino byonna byali bisonga ku kudda kwa Yesu omulundi ogw'okubiri entaana lwe ziribikkuka (Yok 5:28-29).

Ku lunaku olwo enjuba teriyaka, (Kub 6:12) era Katonda alyebikkulira abantu be (Kub 6:16-17).

Yesu akomawo mu musango. Ajja okusalira omusango ssekinnoomu, amakampuni, ebitongole, amadiini, amawanga n'ensi yonna. Waliwo omukisa gumu gwokka okusimattuka omusango guno, ggwe kwe kuwaayo ebibi byo eri Yesu eyafa ku musaalaba ku lulwo, era oyo yenna amukkirizza ajja kubeera nga amulindirira n'essanyu (2Tim 4:8) (1Yok 2:28). Naye eri bonna abagaanyi saddaaka ye balindiridde n'okutya okw'amanyi (Kub 6:12-17). Ebibi byabwe byebiribazikirizza.

Kayaafa yasalawo nti bwaba wakulokola ekklesia Yesu yalina kuttibwa, nga ate Yesu yajja kulokola kkanisa. Ekibuuozo kijja gyoli nti wandiyimiridde ku ludda lwani

singa waliwo? Wandibadde ku lwa Yesu oba ku lwa Kayaafa? Wandiyimiridde ku ludda oluwanirira ekkanisa envundu n'obuwangwa bwayo ? Oba twandiyimiridde ku ludda lwa Kristo n'ekigambo kya Katonda?

Twandibadde wamu ne kabaka Kayafa okusobola okukuuma e Kanisa saako n'obulyake bwaayo n'ensomesa y'ebyafaayo? Oba twandibadde ne Kristo wamu n'ekigambo kya Mukama? Tuzzenga tulondawo wakati wa Yesu ne Kanisa, wakati w'ekiganzi n'ekituufu, wakati w'ekikyamu n'ekituufu. Dr. Arthur Beitz yagamba, "Tewali bwetavu okukomerera Yesu okusobola okutaasa eddini. Okujjako nga Kristo awangala mu Kanisa, Ekanisa ebeera yaffa dda".

Entuuko yaffe yesigamye ku ki kyetukola ne Yesu. Kiki kyetukola ne Yesu ayitibwa Kristo? Mu buli kusalawo, tulonda Kayafa oba Kristo; tulonda geyeena oba eggulu. Buli Yesu lwatwolekera n'amazima ge, tuba tulonda ntuuko yaffe.

Yuda yasalawo kwesiga Kayafa, naye oluvanyuma yejusa nti yali akoze kikyamu okwesamba Yesu. Ssente zeyali awereddwu yazizaayo eri abakulu b'ebika neyenanya nga bweyali alidde olukwe mu Yesu (Matthew 27:3–5).

Ba Yuda tulina bangi mu makanisa gaffe abasalawo okukuba Yesu amabega ne bagenda n'ebitongole byabwe mu madiini olwokuba be babawa emisaala emisava. Mu kifo kyo kuyimirira ne Yesu eyasuubiza okutugabirira (Mat 6:25-34), bwe batyo ne banywerera ku abo ababawa ensimbi ne beerabira nti zikoma ku nsi kuno. Okusalawo kuli eri ggwe, okubeera n'o kukkiriza mu Yesu oba okubeera n'ensimbi mu mikono gyo?

Buli muntu yenna asalawo okugenda n'omululu gw'ensimbi, ebitibwa n'abakulu b'enzikiriza mbu be bakama be mu kifo kyo kwesiga Yesu, ekiseera kijja lwe balyejjusa naye nga buyise nnyo. Ebibi byabwe si byebyokubasayawo wabula obutayimirira ku luda lwa Yesu.

Ekibi kirabika bulungi nnyo ku ngulu, kirina ebisuubizo eby'amaanyi era ebrisava, kikulaga nga bwe waliwo ekitiibwa ekikulindiridde, naye amangu ddala nga wa kakigwamu ebintu bikyuka. Olwo ennaku n'ekwetimba, n'ojjula okutya wamu nobuswavu n'okweraliikirira, kubanga bulijo ebisuubizo bya setani bya mpewo. Sitani atulimbalimba n'ebisuubizo omatali, ate oluvanyuma, netwejusa olwekibi kyetuba tukoze. Tosobola kufuna kikusubiziddwa mu kibi, kaba kanyeewba ku ddobo. Abantu okumanya bazibu, Yuda bwe yagenda okukaabirira bakabona nga yejjusa olw'ekibi kye yakola okulyamu olukwe omusayi ogutaliko kabi, baada mu kumukudaalira nti ogwo musango gwo ffe totunyumiza!(Mat 27:4).

Baafaananako ne Kayini eyatta muganda we ne yekaza nti, 'Nze mukuumi wa muganda wange?' Naawe leero osobolera ddala okwekebera oba oli wa Kristo oba Setaani okusinziira ku ngeri gyoyisaamu baganda bo, buli lwe tuyimirira ne tuwanirira ku baganda baffe mu bizibu tubeera ba Yesu ddala, ate buli lwe twefaako ffekka olwo tuba twekakasiza ffekka okubeera aba setani.

Waliwo omuntu omu yekka atufaako, atuyita nti mujje gyendi mwenna abakooye era abazitoowereddwu nange nnaabawummuza (Mat 11:28).

KRISTO NE PIRAATO

Emabegako awo twalabye Yesu nga bannaddini bamuwozes, naye ate kati ka tulabe nga bamutadde mu maaso ga bannabyabufuzi. Bannaddini bano mu Yisirayiri baasalawo Yesu okumutwala ewa Pontiyo Piraato gavana w'abaruumi eyali afuga Palestina mu biseera ebyo.

Mu kiseera kino Pirato yali azzeeko mu Yerusaalemi are nga yali nga olubiri lwe alukubywa wa Kerode era eyo Yesu gye baamutwala. Naye ate mu nnono z'abayudaaya nga tebakkirizibwa kuyingira mu nju za ba kaafiri oba bannaggwanga naddala nga banaabeera n'omukolo omukulu nga guno ogw'okuyitako olwokutya okwemalako kye twandiyise "wuzu" ku lunaku bwe lutyo.

Nga bajja bakazakaaza Yesu baamutuusa mu lubiri lwa Kerode era olwatuuka ku wankaaki ne bagamba omukuumi nti baali bazze kulaba Pirato era baali bamuletedde omusibe waabwe Yesu, naye bo tebaali ba kuyingira munda.

Abakulembeze b'abayudaaya bano tebaamanya nti okuwaayo Yesu mu baamawanga era abatakkiriza, bo ng'eggwanga lya Katonda baali beegaana Masiya waabwe era obulokozi babusindikira abaamawanga. Kale Piraato baamuzuukusa mu kikunta ku maliri, ekintu ekitaamusanyusa kubanga n'okuva emabega yonna nga takolagana bulungi na bayudaaya era nga nabo tebamwagala.

Pirato bwe yajja n'ababuuza omusango gwe bavunaana Yesu, baayagala okwewala ekibuzzo ne baddamu nti singa teyalina musango, tetwandimuleese mu mbuga. Kati Piraato n'atandika okusuubiriza nti bawaayiriza Yesu, n'abagamba nti mugenda mumusalire omusango. Ne bamugamba nti bo tebalina lukusa lubakiriza kusalira muntu musango gwa kufa.

Abayudaaya battanga abantu nga babakuba amayinja okutuusa okuffa. Yesu wabula yali yalagula dda nti wakuffa nga aliriddwamu olukwe (Luuka 24:6–8), ekibonerezo ekyali ekyokumuwa akaseera okulaba nga aggwamu omwoyo, nga kino kyakusasulira bibi byaffe.

Piraato n'asaba abaserikale bamuleetere omusibe, era olwatuusibwa Pirato n'amubuuza nti, "Ggwe Kabaka w'abayudaaya?" (Yok 18:33). Kino kyali bwe kityo kubanga yali amaanyi nti abayudaaya baali baagala nnyo okufuna Kabaka anaabanunula okuva mu bufuzi bwa Ruumi obwamatwale era nga ekyo muli naye kyamveralikirizaanga. Yesu obwakabaka yabukkiriza naye mu ngeri eraga nti ate talina musango, kubanga yayongerako na bino nti: singa obwakabaka bwange bubadde bwa mu nsi muno abasaja bange bandirwanye ne ssiweebwayo mu mikono gy'abalina ebibi.

Obwakabaka bwa Kristo bwa mwoyo mu mitima gy'abantu munda era obwakabaka obulina abantu okwetooloola amawanga gonna ag'okunsi, era nga Yesu

ye Kabaka wa bakabaka, era Mukama w'abaami. Piraato, amazima ddala n'akikakasa nti Kristo baali bamulanga bwemage era bwatyo n'asala amagezi gonna okusobola okumuta, (Luke 23:20) (Yok 19:12) Bik 3:13 naye n'alemesebwa.

Piraato n'abagamba nti, bo bamwesalirire bokka omusango. Naye buli kye yagezaako kyonna bwe kyamulema, n'amusindiika nate ewa Kerode, ne Kerode naye ate n'amukomyawo. Kerode bwamusindika nate ewa Piraato, Piraato yagezako awanyise Balaba ne Yesu naye byona byagwa butakka.

Piraato yalina obuyinza obw'okuta Yesu, naye omuwendo gwe yalina okusasula mu ekyo munene era muzito nnyo, era yali teyetegegese kugusasula, kubanga abayudaaya baamutegheeza Iwatu nti kaageza n'asumulula Yesu, baali bagenda ku muwaabira ewa Kayisaali e Ruumi, ate nga yali akimanyi nti bwe bituuka mu bakama be, omulimu gw'obwa Gavana gwali gwa ku muyita mu ntuuli za ngalo. Kati ekibuzo kyasigala nga kiri Piraato oba Yesu. Omu ku bbo yali wakugenda, naye Piraato yaali teyetegegese kugenda. Bwatyo nawayo Yesu akomererwa.

18

YESU OBA BALABA?

Engeri zonna ze baawozesaamu Yesu temwali ya mazima n'emu. Buli mulamuzi ate kumpi ye yalinga omuwaabi era tewaliwo na mujulizi yenna ku luda lwa Yesu eyayitibwa. Ebiseera byonna kumpi baamuwozesanga kiro ekintu ekimenya amateeka g'emisango mu ngeri ya bulijjo. Buli Piraato lwe yawozesanga omuntu, omuwawaabirwa yakkirizibwanga okugasimbagana n'omuwaabi, naye ku bya Yesu kino tekyakolebwa.

Piraato nga yaakava mu kikunta ku makya ago ng'azze okusisinkana abakungu b'abayudaaya, mukyala we yali yafunye ekirooto ekizibu. Piraato abeera y'akakkalira mu ntebe ye okusala omusango omukyala n'amuweereza akabaluwa ng'amutegeezza bwatalina kubeerako kyakola okusingisa Yesu atalina musango, kubanga yali atawaanyiziddwa nnyo mu kirooto olunaku olwo.

Sikyabuligyo omukyala okuwereza bba ku mulimu ekirooto kye nadala singa bba aba nga ye Gavana era omulamuzi. Ekirooto kino kyali kyanjawulo ku birala. Obutonde bwamutawanya era bwamuwaliriza okuziyiza bba aleme okutusa obulabe ku muntu atalina musango. Katonda yali akozessa engeri zona okuyamba Piraato aleme okukola ensobi eneene mu mulimu gwe.

Piraato bwe yabuuza Yesu nti, "Tomanyi nti nnina obuyinza obwokukusiba oba okukusumulula?" Kristo yamuddamu nti, "Tewandibaadde nabuyinza obwo singa tebwakuweebwa okuva waggulu" (Yok 19:11). Okuddamu kwa Yesu kuno kwa muwendo nnyo gye tuli. Kikulu okumunya nti ne bwe tubeera mu buzibu butya Katonda waffe abeerawo ku lwaffe era amanyi byonna (Mat 10:29-31).

Tuyige okuddamu obuzibu bwaffe n'okugezebwa kwona nti, tewandibadde na buyinza ku nze singa tebwakuweebwa kuva waggulu. Piraato bwatyo kye yava asowolayo abatemu basatu abaali basaliddwa okuwanikibwa ku kamusaalaba (Mak 15:7)(Luk 23:19) era omukulu w'abatemu bano yali Balaba. Yali nkola y'abaruumi okuteeranga omusibe omu ku lunaku lw'abayudaaya olukulu nga luno. Kati olwo nno Piraato nga alinawo abasibe (4) bana basobole okulondako ow'okusumulula. Yamanya nti abayudaaya baagala kukomerera Yesu kye yava ababuuza nti, "*Mwagala mbateere ono Kabaka w'abayudaaya?* Bakabona nebakumamu abantu omuliiro, ne bawoggana nnyo nti, "*Oyo mukomerere?* Yababuuza nti lwaki era musango ki gwakoze? Olwo bo ne bongera okusaakaanya nti akomererwe. Bwatyo naye olw'okwagala okubasanyusa yabawa Yesu bamukomerere (Mak 19:9-15)

Okusalawo kwonna okwakolebwa mu kiseera ne mu kifo ekyo, kwali kwa kusanyusa bantu so si mazima na butuukirivu bwa Katonda. Ogubiina gwayagala okugondera bakabona nga be basumba baabwe, ate ne Piraato n'ayagala okusanyusa abantu kubanga baayogera nnyo ate nga bangi. Tewali n'omu yawuliriza Katonda.

Naffe bwetutyo, Yesu tumuvaamu emirundi mingi buli lwe tubeera mu kunyigirizibwa abobuyinza. Ffe, ekyo kyetuli, kirabika buli lwetukakibwa okukola ekikyamu olw'okulokola obulamu bwaffe. Okusalawo kwetukola mu kisera ekyo kulaga bulungi enfanana y'emitima gyaffe.

Tewali wantu walala wetuyinza kulaba obulungi obunafu bw'obuzaliranwa bwaffe n'obwononefu obw'ebuziba okusinga mu kuwogana nti, "Si musajja ono wabula Balaba". Lowooza ku kigambo ekyo nti komerera Yesu otuteere Balaba! Lowooza ku kyekitegeeza. Lowooza ku kyekiraga ku mitima gyaffe. Mu kusalawo kwona, tulondako. Mu bintu by'okola, mu bigambo byetwogera, tuyimirira ku luyi lwa sitani oba ku lwa Yesu. Mu bikolwa, mu birubirirwa byaffe, tulondako Balaba oba Yesu. Tewali muntu n'omu atalondako. Atali ku ludda lwange, Yesu bwagamba, oyo ye mulabe wange.

Tunulira Balaba nga ali mu kasenge k'ekomera lye nga munyikaavu, era mweraliikirivu nti agenda kuwanikibwa. Aba alyawo awulira oluggi nga lwekaaka, era ekiggi ky'ekyuma ne kibandulwawo, naye mu kifo kyomusaja ayambadde akakookolo atasalikako na musale okumwesimba mu maaso, laba ono bwajja yenna ng'ajjudde obuseko, akamwenyumwenyu kko n'essanyu nti mwattu Balaba okuva kati oteereddwa era weddire ewaka. Tebeereza nti Balaba bino ayinza okubiyita eby'okubalaata, okutuusa lwe bakamutema nti Yesu omunnazaaleesi y'agenda okuttibwa mu kifo kyo ggwe weddire mu nnyumba yo. Wano we wali ekinyusi ky'enjiri nti, ggwe nange, ffe ba Balaba, twali twasalirwa ogw'okufa kubanga twajemera Kitaffe mu Adeni, naye ate omuntu atalina kibi wadde omusango Yesu Kristo ne yewaayo okutwala omusango gwaffe tusobole okufuka abaana ab'eddeme.

Watya singa Baraba yagana okikiriza amawulire amalungi nti kati wadembe? Watya singa yalemerako nattibwa? Tekyandibade kyabusiru nnyo? Obusirusiru nga buno buli awantu wonna. Obuwumbi bw'abantu munsi eno baagana okukiriza nti Yesu yafa ku lwabwe. Obuwumbi bw'abantu bagana eddembe lyabwe nebagugubira kukugenda bakomererwe, nga ekinava mu ekyo kwe kubula emirembe gyonna. Abantu bano balemedwa okukiriza enjiri: amawulire amalungi. Kyibazibuwalidde okwesiga Katonda asobola okwagala ekyenkanidde awo!

Oba singa Baraba yagambanti, "Bwenaba nga maze okukyuka, nga nfuse omuntu omulungi, olwo lwe ndikiriza okufuluma ekomera. Abakulu bekomera bandimugambye atawale eri eddalu. Otekwa kuba wadembe okusoka osobole okuba omuntu omulungi.

Okusoka okuba omuntu omulungi olyoke otabagen ne Yesu; eyo eba njiri nkyamu nnyo. Enjiri entuufu eyita Yesu mu bulamu bwo, olwo osobole okufuna ubulamu obwetanira obulamu obulungi.

Abaserikale nga batwala Yesu mu kifo webali bagenda okumukomerera, bakwata Simoni owe sirene ... nebamuttika omusalaba nagoberera Yesu (Luka 15:21). Omukono gwa Katonda gwali mu kikolwa kino. Simoni yali munamawanga okuva mu mambuka ga Afrika, yeyasoka okwettika omusalaba nagoberera Yesu. Batabani

be, Alexander ne Rufusi nabo bafuuka abagoberezi ba Yesu, era baali bamanyiddwa bulungi mu Kkanisa eyasoka (Makko 15:21; Abaluumi 16:13). Yesu teyafirira bayudaya bokka, naye ku lw'ebibi by'ensi yonna (1 Yok 2:2).

YESU KU MUSAALABA

Abatujju ababiri abaali baakwatibwa ne Balaba baatwalibwa wamu ne Yesu okwolekera e Gologoosa. Bwe baatuuka mu kifo ekiyitibwa eky'ekiwanga ne babakomerera awo awamu ne Yesu, omu ku mukono gwe ogwa ddyo omulala ku gwa kkono. Yesu yasabira abo abaamukomerera nti: "Kitange basonyiwe kubanga kye bakola tebakimanyi" (Luk 23:32-34).

Mu Yesu Kristo mwetuyita okutuuka mu kifo ekisinga obutukuvu (Beb 4:16). Omusaalaba gwe Kaluvaliyo kwekubikkulibwa okw'amazima okusinga obukulu okwa Katonda. Kubikula ekifananyi ekituufu ekya Katonda gwe tusinza – Katonda omutukirivu era omwetegefu okwewerayo ddala ku lwaffe. Tewali Katonda mulala yali yewadeyo nga sadaka olw'abantu. Bakatonda abalala basaba abantu baabwe zi saddaaka. Naye Katonda waffe yennyini ye yafuuka saddaaka ku lwaffe tusobole okuba ab'eddembe abataliiko kunenyezebw.

Omusaalaba kye kyali ekyoto eky'amazima omwana gw'endiga ogwa Katonda kwe yaweerwayo olw'ebibi by'ensi. Omusaayi gwe gwayika olw'ebibi byo osobole okuwona ekikolimo n'ekikoligo ky'amateeka (Yok 3:18, Bal 8:1).

Era omusaalaba kye kifo Katonda kwe yasalira ekibi omusango, era tulaba obubonero obukulu obwalangirira ekikolwa kino: ekizikiza, okubwatuka, musisi, n'okubikuka kw'entana z'abatukuvu (Mat 27:50-53).

Nga omusaalaba gwa Yesu bwegwayawula wakati w'abatujju ababiri (ow'okubula n'omwana w'eggulu), bwegutyo ngwawulamu wakati w'abalokole nabo ababula. Olunaku lumu ffe fena tulisimba enyiriri emabega w'omu ku basajja bano babiri, okusinzira ku ngeri gyetwadamu okuyita kwa Yesu. Nga abasajja bano, fena tusanidde okufa. Enjawuulo eri nti abamu kufe twenenya.

Wano ku musaalaba obukyayi n'okwagala we byasisinkanira. Omuronzi nga yewaddeyo okufiirira ebitonde byeyatonda, ate nga n'ebitonde bimaliridde okumutemula. Naye amangu ddala ng'omusaayi gwakatandiika okufukumuka mu bibatu by'engalo ze olw'emisumaali emikambwe, Yesu ayogera ebigambo bino: "Kitange, basonyiwe..." Mazima ddala twaliyo ku lunaku olwo nga tuggunda ennyondo mu bibatu bye, bwali bujeemu bwaffe obwateekesa Yesu ku musaalaba ffe tusobole okusonyiyibwa.

Gologoosa gaali magombe gennyini - Gyeena eyomubiri n'omwoyo. Kye kintu kyokka omuntu kyeyali atonzewo era Yesu yewerayo ddala eri obukambwe bwakyo asobole okukizikiriza ku lwabona abamwesiga. Tulinawo ebyokulondako bibiri byokka: okuwa Yesu ebibi byaffe n'abitwala mu Gyeena oba ffe ffennyini okubyetwalirayo.

Yesu ku musaalaba ye nsonga lwaki Katonda asobola okusonyiwa ekibi. E

kaluvaliyo we tuyigira ebigendererwa ky'eddini ey'amazima. We tulabira okwagala okutakiirizikka, okusonyiyibwa okutaliimu bukusa, we tufunira obutukuvu, era awo we tufuunira essuubi mu bisera ebyakazigizigi, essanyu wamu n'obuwanguzi okuva mu nnaku.

Omuntu yawandika nti, omusalaba gwa Yesu guyigiriza bingi ku bigambio bya Yesu bye yali yayigiriza ku lusozi olw'emizeyituni. Agamba nti omusalaba, gwali amateka ekuumi agabikulibwa, ne 1Abakolinso 13 mu bikolwa. Mazima tulabira ddala ekibala eky'Omwoyo mu bulungi bwakyo ubusingayo.

Ku musaalaba Yesu yatwala okulumu kw'ekibi n'okufa. Enjuki buli lweruma omuntu efiirwa ekimu ku bitundu byayo era nabwekityo ebeera y'esaddaseeyo kubanga teddamu kuluma muntu mulala. Bwekityo okufa bwekwaluma Yesu nakwo kwezikiriza. Ye nsonga lwaki Pawulo yawandika nti, "Ggwe okufa, okuwangula kwo kuli luuyi wa? Ggwe okufa okulumu kwo kuli luuyi wa?", (1 Abakokolinso 15:55). Yesu yatwala okulumu kw'okufa ffe abononyi tusobole okuba abalamu.

Tusoma nti emisaalaba esatu gyasimbibwa ddala ku kasozи awali ekkubo. Olwo buli eyayitangawo n'anyenya omutwe ngabweyeesooza n'okujerega Yesu. N'olwaleero bwe kiri, bangi mu ngendo zabwe bayita ku Kristo akomeredwa ne bamujerega.

Waliwo abatono abaayimiriranga nebalaba ekitibwa ekyekusisse mu musayi, mu ntuyo ne mu nsoweera. Abo nebaatula wamu n'omuserikale omuluumi nti, ddala ono abadde mwana wa Katonda. Era ne leero waliwo abalondemu abasobola okulaba okwagala n'ekisa kya Katonda mu bwereere, entuyo, omusaayi wamu n'ensowera ezisaakaatidde ku mubiri gwa Kristo ne beenenya era ne basima Mukama.

Kyali kiseera kya kuyitako Mukama waffe lwe yafa. Okumalira ddala ebyasa kkumi na bitaano(15), eggwanga lya Yisirayiri obunnabbi bwali bwabajjira dda nti, Masiya waabwe alifira ku lunaku lwe 14 olw'omwezi ogusooka. Oluvanyuma lw'okusala saddaaka mu buli nnyumba ku ssaawa (9) mwenda olw'eggulo. Era bwe kyali bwe kityo, ku lunaku lwennyini, mu mwezi ogwo era mu ssaawa ezo Kristo okuyitako kwaffe n'attibwa ku musaalaba (1Kol 5:7). Era ng'okuyitako okwasooka kwasumulula abayudaaya mu busibe e Misiri, n'okuttibwa kwa Yesu bwe kwatusumulula naffe mu kikoligo ky'ekibi ne twolekera olugendo olugenda mu ggulu.

Olkewawayo kwa Yesu ku musaalaba mu buwombefu obwekitalo, kituyigiriza nti, bwetuba mumbeera enzibu ate ngatetuyinza kugikyusa, twesige Katonda, ye yekka asobola era nga mu kiseera kye aijakukyusa engule ey'amaggwa agifule engule ey'kitiibwa.

Mukama waffe bamuleka bukunya nga tanakomererwa kumusaalaba. Teyasigaza kantu konna okubika ku bifо by'ekyama. Yali bwerere! Yawanikibwa mu banga, nga omuntu akyayidwa eggulu n'ensi. Bambi yafanana ngo omwavu lunkupe, atalina kantu kwonna. Laba nannyini ggulu ne ensi nga alekedwa bukunya! Yaleka byonna ku lwaffe aboononyi, era abavu lunkupe tusikire byonna bye yaleka. Kyino nga

kikulu nnyo!

Okukomerewa tekwali kufa— kwali kubonabonyezebwa okwekiseera ekyiwanvu ennyo mu bulumi obwekitalo okutusa nga eyakomereddwa afudde. Mazima, obulamu kunsi kukomerewa okumala ebanga ggwanvu okutusa nga tuvudde mu bulamu buno. Tutekeddwa okuyiga engeri ey'okutambula olugendo luno nga tutunulidde Omu yekka aya komererwa ku lwaffe.

Omusaalaba gwakolebwa mu mu ngeri etulaga ekifananyi ekikulu ngakitulaga obuwanvu, obugazi, obuziba, ubugulumivu n'obugevvu bw'okwagala kwa Katonda. Omusalaba gusongera ddala mu ggulu Mukama waffe gye yava, naye ate gusimbidwa ku nsi gye yajja okununula. Emikono gye eri ebuvanjuba ne ebugwa njuba, kwe kuyita Mukama waffe kwayita abantu bona, nga okwo kwotadde nabbo abamukomerera. Tekyewunyisa singa abantu bagana Katonda omunyivu era omukamwe, naye abaffe kiyinzika kitya okumugana oyo ali mukubonabona are nga mwetegefu okuffa luberera ku lwabwe?

Enkula y'omusaalaba eragira ddala obugazi, obuwanvu, obukiika wamu n'okugenda wansi ennyo bwe biri mu kwagala kwa Katonda okwamuleeta mu nsi asikeyo ffe abaali bawambiddwa. Emikono emigolole gisigala gikyayita bona wamu n'abo abaamukomerera nti mujje mbawummuze!

20

EBIGAMBO BYA YESU OMUSANVU KU MUSAALABA

Yesu bwe yali alengejera ku musaalaba yayogera ebiambo musanvu era bino bye binnyonnyola omukkiriza yenna omutuufu byalina okukola. Ebiambo byonna ebisembayo ng'omuntu alikundiri anatera okufa bibeera bya muwendo. Naye ate kisukkawo nnyo ebiambo ebyo bwe bibeera nga byali bya Yesu Kristo omwana wa Katonda omulamu.

1. Ekigambo ky'okusonyiwa eri abalabe be nti; Kitange basonyiwe kubanga kye bakola tebakimanyi (Luk 23:34).
2. Ekigambo ky'obulokozi eri omubbi eyeenena; "Nkusubiza nti leero onooba nange mu lusuuku lwa Katonda" (Luk 23:43).
3. Ekigambo ekigumya eri nnyina: "N'agamba nnyina nti ono ye omwana wo, ate n'agamba Yokaana nti laba nnyoko" (Yok 19:26-27).
4. Ekigambo ekyobolumi eri Katonda: "Katonda wange, Katonda wange kiki ekikuudesezza?" (Mat 27:46).
5. Ekigambo ekyennaku eri abayise: "Nagamba nti nnina ennyoota" (Yok 19:28).
6. Ekigambo ky'obuwanguzi eri abantu be: "Kiwedde" (Yok 19:30)
2. Ekigambo ky'okwewaayo eri kitaawe: "Kitange nteeka omwoyo gwange mu mikono gyo" (Luk 23:46).
 1. Ekigambo ekisookera ddala ku musaalaba kya makulu nnyo. Buli lwe tubeera mu buzibu tujukirenga nti tulina Kitaffe afaayo, tubeera ng'omwana omuto bwasobola okugumira eddagala erikaawa singa akitegeera nti maama oba taata y'alimuwa. Ebiambo bya Yesu bino omusantu yabiwa ffenna abamwagala ate n'abo abalabe be.

Nga bulijo, ebyawandikibwa omusantu, bigabanyizidwamu ibiwayi eby'ebisaatu n'ebina. Ekiwayi ikisoka, Yesu alowooza ku byetago by'abantu abalala. Oluvanyuma lwabino, waddako ekizikiza ekyewunyisa okumala esawa satu, era nga Yesu musirifu ddala. Kristo yali musirifu. Ku nkomerero y'ekizikiza, Kristo nayogerera waggulu n'eddabbozi ddene nti, "Katonda wange, Katonda wange, kiki ekikundesezza?" (Matayo 27:46). Amangu nga bidiringana ya yogera ebiambo bye bisatu ebyasembayo.

Abaserikale abaruumi n'abayise abaali awo mu kkubo baasuubira okuwulira agakolimo wamu n'okulaajana okuva ku misaalaba gino, era bwe kityo bwe kyali ku omu ku babbi eyavuma n'okuwandulira amalusu buli eyesazanga okumpi n'omusalaba gwe. Munne ye nga asirise, ate ye Yesu nga ali mu kusabira abo abamukomeredde. Tusaana okuyiga okusonyiwa kubanga bwe tutasonyiwa ne

Kitaffe ali mu ggulu talitusonyiwa (Mat 6:14-15).

Nga tetunagalawo olugyi kubyafayo byaffe ngatuyita mu kusonyiwa, tuba tetusobola kutandika kuba balamu. Teri muntu asobola okuberawo obulungi nga tanamanya obukulu bw'okusonyiyibwa. Eky'omukisa omulungi tekizibuwala kumanya nti tusonyiyidwa. Nga bwo toyinza kuwa muntu yena nsimbi ggwe zotonnafunfa, bwekityo bwekiri nti tosobla kusonyiwa muntu mulala nga ggwe tofunanga kusonyiyibwa. Bwoba nga tosobola kusonyiwa muntu muno, kitegeza nti nawe tofunanga kusonyiyibwa bibi byo. Bwekiba nti tosoniyiyibwanga bibi byo, kitegeza nti tonalokoka (Matayo6:14-15). Okusonyiwa lwe lutindo abantu bonna lwebatekedwa okuyitako okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.

Buli nkolagana mu bantu bano watekwa okuberamu okusonyiwa. Tewali bakyala batukirivu, tewali baami batukirivu yadde abaana abatukirivu. Tewali bakulembeze batukirivu era tewali bakozi batukirivu. Tewali barirwana batukirivu, tewali bamikwano batukirivu. Nolw'ensonga eno, okusonyiwa kitekwa butekwa kubera mu nkolagana zaffe ne abantu banaffe. Okusonyiwa kyandibade nga okussa omuka.

2. Ekigambo eky'okubiri, kyeky'okugaba obulokozi eri bonna. Ka twebuuze ekibuuzo nti, bwaba Yesu yasobola okugabira omutemu oli obulokozi, nga talina na kantu konna kalungi ke yali akoze, kiki ekissanidde okutveralikiriza nti Katonda tatusembeze? Naye, tolekanga kwedako okutusa kusaawa eye kuumi n'emu, kubanga oyinza okufa kusaawa kuumi ne ekitundu.

Ekintu ekyasingira ddala okuzzamu Yesu amanyi Ku musaalaba ye omu ku battemu. Emabegako yali yegase n'abantu abalala okuvvola Yesu, oluvanyuma yasirika mu kwewunya okwekitalo nga yetegereza engeri Yesu gyeyeyisamu ku musalaba. Engeri Yesu gyeyeyisamu kumusalaba yali yanjawulo nnyo okuva ku bane. Omusajja ono yajjukira ebyafayo byeyawuliranga ku Yesu, nakizura nti byali bituufu. Yatandika okwekyawa, neyejusa obulamu bweyalu yawangaliram. Kisoboka atekwa okuba nga yejjusa olw'abantu beyatta mukifo kyo kutasa obulamu bwawe. Olwo kwekuukyukira mune eyali mu kuvvola Yesu, namubuza, "N'okutya totya Katonda? Kubanga oli ku kibonerezo kye kimu naye? Twalangibwa nsong naye ono takolanga kigambo kitasaana" (Lukka 23:40-41). N'ebigambo bino, omutujju eyenensa yayolesa nti yalina amagezi okusinga Kabona Annas, Kayafa, n'olukiko olukulu, Piraato, ne Kerode. Nga asinnzira mu kooti ye enkulukumusaalaba yakyusa okulamula kwabwe bonna ku Yesu. Oluvanyuma yakyusa amaso gge natunulira omununzi we nasaba nti, "Yesu onjijukiranga bw'olijjira mu bwakabaka bwo".

Wetegereze enjawulo wakati w'omubbi eyenensa ne munne. Teyasaba byabulamu buno. Teyasaba kyamagero ave kumusalaba. Kumulundi guno, yategera ekintu ekikulu are ekyomugaso okusinga ebyobulamu bunno obwakasera.

Lwaki Abayudaaya batta Yesu? Abayudaaya batta Yesu kubanga bbo omulokozi gwe baali baagala y'oyo eyali ow'okubawa emmali n'obwakabaka obw'ensi. Wabula Yesu yabawa Katonda yekka! Kino tekyewunyisa nnyo nti okufanana nga bbo, naffe

tulibasiru olw'okwegomba? Tuwalulwa olw'ebi'ensi okutuka ukufuka abaddu babyo era Katonda nagobwa mu bulamu bwaffe.

Omutujju eyenenya kyakulabirako kyamanyi mu bulokozi bwaffe. Yalokolebwa lwa kukiriza, si lwabikolwa (laba Abaefeeso 2:8–9). Wetegereze engeri Yesu gyeyayanguwa okumudamu: "Nkusubiza nti ggwe leero onooba nange mulusuku Iwa Mukama". Olunaku olwo lwenyini omusajja ono bweyateka okukiriza kwe mu Yesu yawandikibwa nga omutuze mu bwakabaka bwa Kristo. Kristo yenyini yalangirira ku by'entuuko ze.

Omutujju ono wakitalo! Naye yadde nga yewunyisa, waliwo ate ow'ekywunyiso okusing ebyewunyisa byonna, ye Yesu. Kristo yasubiza ubulamu obutagwawo omussajja eyali amaze ebanga nga naye amuvvola! Wano nno wolabira ekisa kya Katonda ekitagambika: kyewunyisa, kyabuziba era kisingira ddala ibibi byaffe. Kino kitegeza nti teri n'omu asanidde okugwamu amanyi ova okuzirika, sinsonga ova nga ebyafayo byaffe bibi nnyo. Tulina omulokozi. Bwoba nga olimwonoonyi nakabala, olina omulokozi asinga byonna.

Jukkira nti, okugezesewba kwoyitamu kwona, Yesu yayita mubisingira ddala okuba ebibi. Omutujju eyenenya yali agenda mu kufa okusooka naye Yesu ye yafa okufa okwokubiri – okufa ukatalina ssubi.

3. Mu kigambo kya Yesu ekyokusatu tulaba nga alaga okunnyolwa n'okusaasira, no n'okwagala eri nnyina. Amulaba nga ayimiridde awo amatondo ag'omusaayi nga gamutonnyera wakati mu bulumi n'ennaku olw'omwana we okutugumbulwa ng'omubbii. Yadde Yesu yali ku musalaba teyalemwa kutukiriza buvunanyizibwa bwe eri nyina, kyava agamba Yokana alabirire nyina nga bwekisanira omutabani.

4. Mu kigambo kya Yesu eky'okuna, "Kitange kiki ekikuudesezza?" - tuzuula ensonga y'okuwa kwa Yesu. Tewali wantu woyinza kusanga bigambo byanaku ebisinga bino. Okufa si ye yandibadde ensonga eri Mukama waffe, naye okwawukanyizibwa ku Kitaawe ekyo kyali kizibu nnyo, era nga kitegeza nti asanguliddwa mu byafaayo by'eggulu n'ensi. Katonda waffe: ensulo y'obulamu, essubi, essanyu n'emirembe, bwaba nga akwabulidde, esanyu, essubi n'emirebe agenda nabyo. Eyo eba gyeena. Awatali Katonda, eby'omumaso, eba nzikiza na kufa.

Kristo eyetika ebibi by'ensi yayita mu kiseera eky'okwawukana ne Katonda luberera. Katoda yali agenderede okuzikirizibwa kwe n'okw'ebibi by'ensi yonna. Kristo bwaba nga teyazikirizibwa n'ebibi byaffe, tuli bakuzikirira. Tewali ngeri ndala yonna. Yesu yaganibwa olwo ffe tulyoke tukirizibwe. Katonda yayawukana ku Yesu asobole okubera wamu naffe. Yesu yalekebwa olwo no ffe tusobozesewba okubera abana mu maka ga Katonda. Yazikirizibwa ku lwaffe abonoonyi tuwebwe obulamu ubutagwawo! Eyo ye sadaka Mukama waffe gye yawayo ku lwaffe. Yawayo byonna tulyoke tubere abasika b'ebintu byonna.

5. Amangu ddala wajja ekigambo eky'obuluumi n'okunyolwa mu mutima gwe nti, "Nina ennyota"! Tewaliwo kwemulugunya kwona okwawulirwa okuva mu kamwa

ka Yesu. Teyafulumya kigambo kyonna nga yesasira. Yagamba bugambi nti, "Nina inyonta"! "Omuserikale yannyika ekyangwe mu mwenge omukaatuufu nakimuteeka ku mumwa. Omwenge guno gukikirira obukambwe bw'ekibi kyaffe" (Mat 26:39). Naye Yesu ne yewaayo okukimira, era bwatyo olutalo n'aluwangula.

6. Ekigambo kya Yesu eky'omukaaga kyajjira ddala mu ssaawa ey'omukaaga ku lunaku olwomukaaga, bwe yayogerera waggulu nti " Kiwedde" (Yok 19:30).

Mu lulimi oluyonani, yakozeza ikigambo kimu kyoka. Naye ekigambo ekyo kyimaze okuwandikibwako namungi w'ebitabo! Ekigambo ekyo kikozesebwa ku muntu alina ebanja nga kyitegeza nti, ebanja lyasasulibwa mu bujuvu. Oba nti, omusibe amaze okukangavulwa takyabanjjibwa. Bwekiri eri ffe, ebanja lyetwalina eri Katonda lyasasulibwa mu bujuvu. Ekibonerezo eky'okufa kyatukirizibwa. Nolw'ekyo, "Kakano tebaliko musango abali mu Kristo Yesu" (Romans 8:1).

Yesu nga yakamala okwatula ebigambo ebyo, "Eggiji lya yeekalu ne liyulika wabiri okuva waggulu okutuuka wansi", okulaga nti mu kufa kwe Yesu yajjavo ekiziyiza kyonna wakati w'omuntu ne Katonda we. Kakati tusobola okuyingira eri Kitaffe n'obuvuumu (Matayo 27:51; Abaebbulaniaya 10:19–22). Yesu yajjibwa mumaso ga Katonda ffe abononyi tusobole okuyingira.

7. Yesu yasembyayo ekigambo ekikulu eri Kitaawe nti, "Kitange nteeka omwoyo gwange mu mikono gyo" (Luk 23:46). Okufaanananako Yobu eyagaana okuva ku Katonda wadde yali mu bulumi, ne Yesu bwatyo yewaayo eri kitaawe yadde nga kirabika nti tewaliwo ngeri yonna mwe yari asabolera okuwona okuzikirira.

Ebigambo bya Mukama waffe ebisembayo, byegatira wamu n'emiranga egy'ebiwebwayo bya Pasika mu luggya lwa yeekalu ayali ku kasozzi akatebaganye ne kaliavliyo. Okukiriza kwaffe tekuli mu musayi gw'abana b'endingga, wabula mu musayi gwa Kristo, endingga y'okuyitako kwaffe (1 Abakkolinso 5:7) eyawebwayo nga saddaka etangirira ebibibi byaffe byonna.

Tumanyi bulungi ebigambo omusanvu Yesu byeyayogerera ku musalaba, naye waliwo ebigambo ebirala omusanvu ebyayogerwa nga bigambibwa Yesu nga ali kumusalaba. Ebigambo ebyo byayogerwa abantu abayitanga awo okumpi n'omusaalaba (Matayo 27:39–40); omutujju ayali kukono (Lukka 23:39); omutujju eyali kuddyo (Lukka 23:40–42); kabona omukulu, abanamateka n'abakadde (Matayo 27:41–43), abantu abaali okumpi n'omusalaba (Makko 15:35); abasserkale (Lukka 23:36–37); n'omukulu w'abasserkale (Makko 15:39).

Mu njogera zino ebiri ez'ebintu omusanvu tukizula nti omuti ogw'obulamu omugya gwali gutandise okubala ebibala byagwo: omutujju eyenenya, omukulu w'abasserkale — abasajja ababiri bano batulaga ekifanayi ekyabanunule abava mumbera z'obulamu ezenjawulo. Naye ku namungi w'abanutu abaali bayimiridde awo, omusalaba gwali kumala budde! Naguno gwaleero bwekiri.

Omuwandiisi atamanyikidwa amanya yawandiika nti, "Yesu yatandika obuwerezaabwe nga muyala, ate nga yemugaati ogw'obulamu. Yesu yakomenkereza obuwerezaabwe nga muyonta so nga ye ge mazzi ag'obulamu. Yesu yali mukoowu,

so nga y'ekiwumulo kyaffe. Yesu yasasula empooza/obusuulu so nga ye Kabaka. Yesu yanenyezebwa okuba ng'aliko zi dayimoni so nga yagoba zi dayimoni. Yesu yakaaba naye ate yasangula amaziga gaffe. Yesu yatundibwa kulw'ebitundu bya feeza 30 (asatu) naye ye yanunula ensi. Yesu yaletebwa nga omwana gw'endiga ew'omubaazi naye ate yemusumba omulungi. Yesu yaffa, nga ate mukuffa kwe yazzikiriza amaanyi gw'okuffa.

21

BAANI ABAALIWO?

Katutandiike n'abatujju bennyini ababiri abaakomererwa ne Mukama waffe. Yesu eyabali wakati yalina ekibi ku ye naye si mu ye. Omusajja eyali kuddyo yalina ekibi munda mu ye: naye teyalina kibi ku ye kubanga yari asonyiyiddwa. Omussajja eyali kuludda olwakkono yalina ekibi munda mu ye; era ne ku ye. Kubanga teyasaba kusonyibwa, ekibi n'omutima ogumulopa yabyesigaliza.

Kino kitegeeza ki eri ffe? Lowooza ku musajja ono eyalokokolebwa kuddyo. Omusajja ono eyali omutujju ye yali mukwano gwa Yesu eyasemberayo ddala. Yamanya era n'akkiriza ensobi ye, ekyo kyennyini naffe kye tulina okukola. Omusajja ono yakyusa okulamula kwa ba kabona abakulu nebanamateka bwneyagamba nti, "Omusajja ono takolanga kigambo ekitasaana". Omwononyi eyenanya ono, akikirira abononyi bona abenenya. Kituufu tukyalina ekibi munda muffle yadde nga tukikyawa, naye tekikyali kuffe kubanga twakiwa Yesu omulokozi waffe eyafuulibwa ekibi ku lwaffe nga ate tamanyi kibi (2 Abakkolinso 5:21). Twasoniyibwa are omusango gwatugyibwako.

Wetegereze omutujju oli omulala eyagana okuwa Yesu ebibi bye. Yalina omukisa gwegumu nga mune. Yali kumpi nnyo n'omulokozi, naye kyamuzibuwalira okwenenya; teyasobola kukiiriza nti yali mulwadde muyi mu by'omwoyo. Abo bokka abakiriza nti balwadde, bebasobola okunonya obuyambi bw'omusawo; abo bokka abakiriza nti bonoonyi bebayinza okunonya Omulokozi.

Abange obulokozi buzibu oba bwangu? Mazima sibuzibu kyokka, wabula tebutukikako okujjako nga wegomba okubera omuntu umulungi okusinga nga bwoli olwaleero. Abantu nkumu abanaddini na abatali banaddini abateka obwesige bwabwe mu bbo benyini, era nga tebetaga Yesu. Okufananako nga omutujju eyali ku kkono, bagenda kuzikirira mu bibi byabwe.

Kati tunulira abaserikale abaali bayimiridde okumpi n'omusaalaba. Matayo 27:35 agamba nti, 'Nga bamaze okumukomerera, baagabana engoye ze okuyita mu kukuba obululu. Betulidde awo wansi era bakuma nnyo nga kotadde n'okuzanya matatu. Baatunulanga, naye nga kye balaba tebakitegeera era nga balabika tebibakwatako. Kkapa eyinza okutunuulira Kabaka naye bambi tesobola kumwawuula ku bantu ababulijjo. Nabasserkale bano bwebatyo balaba Yesu nga omu ku batuju are nga assanidde okubonezebwa olwebibi bye.

Abaserikale abakomerera Yesu bakikirira olulyo lwo muntu. Mazima, Yesu teyafa lwa bibi bye kubanga teyalina kibi, yafa lwa bibi byaffe. Ekyenaku, ensi yonna ndagajjavu nnyo okufananako n'abaserikale bano, eremwa okulaba omwana wa Katonda ku musalaaba ng'afirira ebibi byaffe. Olw'okubera abazzibe mu mwoyo wamu n'obumagalavu obwewunyisa, balaba omuntu anyomebwa ennyo nga

awanikiddwa ku musaalaba. Nga kufirwa nnyo! Yesu yafa abafuule ab'edembe okuva mu bibi byabwe, naye bambi bagala nnyo ebibi byabwe okusinga okwagala Yesu.

Omuntu omulala ye mukulu w'abasirikale yennyini. Ono yeetegereza Yesu era n'awuliriza buli kigambo kyonna kye yayogera, yalaba ekizikiza, musisi eyanyenya ensi, era bwatyo n'akikakasa nti ono ddala abadde mwana wa Katonda, era nti ddala ono abadde mutuukirivu (Luk 23:47). Omusajja ono eyali akuleembedde ekibinja ekyakomerera Yesu, yayatula okukiriza kwe mu mulokozi. Eno enjiri yakyewunyo; esobola okukyusa emitima gyabo abakomerera Yesu era esobola okufuula abalabe okuba ab'emikwano.

Bakabona, abannyonnyozi b'amateeka, wamu n'abakadde bona baaliwo awo ku musaalaba, kyokka bano bo bada mu kuvuma, okungoola, wamu n'okulangira Yesu nti, "Yalokola balala; tayinza kwerokola yekka" (Matayo 27:41-42). Ebigambo bino byari bituufu. Singa Yesu yerokola teyandirokodde balala. Yali atekwa okufa ku lwaffe.

Bannaddini bano okufaananko na bano betulina ennaku zino, beesiga obulombolombo bwabwe, wamu n'ebitongole mwe bajja ensimbi mu kifo ky'okwesiga Yesu. Bayogerera waggulu nga bagala abantu bona bawulire nti, "Ye Kabaka wa Isiraeri! Ave kaakano ku musalaba, naffe tunaamukkiriza. Yeesiga Katonda; amulokole kaakano" (Matayo 27:42-43). Ebigambo byabwe bino, byabwemagge n'obulimba, Yesu bwe yazukira, basigala mu butakiriza n'obukyayi. Ani eyandiyagadde okuba mu tuuluba ly'abananfusi bano ku lunaku lw'omusango ku nkomerero ya byonna?

Mikwano gye omwali nyina amuzaala, nabo bali awo okumpi n'omusaalaba. Baali bayimiridde walako nga betegereza ebigena mumaso (Lukka 23:49). Mubiseera ebisbayo, basembera okumpi wansi w'omusalaaba bamubudebude (Yokaana 19:25-26). Tebasobola kutegera lwaki Yesu yakiriza okutusibwako bino byonna. Kyali kiseera kizibu nnyo. Yesu eyali amanyiddwa nga asobola byonna, lwaki yewayo ku kino? Lwaki teyayolesa amanyi ge nava kumusalaba?

Emirundi mingi mu bulamu buno twebuza ebibuzo nga bino: lwaki Katonda tabako kyakola kati? Lwaki aleka ebibi okweyongera? Waliwo ensonga. Tutekwa okwesiga Katonda okubako kyakola mukiseera kye. Bwasalawo okukola, tugenda kukizura nti ekiseera kye, kye kisinga byonna. Nolw'ekyo, teeka obwesige bwo mu Katonda, naddala mu lugendo oluyita mu kiwonvu ky'ekisikirize eky'okufa.

BYE TUYIGA OKUVA KU MUSAALABA

Akapande:

Waggulu w'omutwe gwa Yesu awo ku musaalaba, waaliwo akapande akawandikibwako ebigambo nti, "Kabaka w'abayudaaya" (Mak 15:26). Kaateekebwa mu nnimi ssatu: olulattini, oluyonaani n'olulamayika, olwo nno kasobole okusomebwa abantu bona kubanga ezo ze zaali ennimi ezakozesebwanga (Yok 19:20). Ekiwandiiko ekyo kyaali Bayibuli entono eri ensi yonna, kyayogera amazima ku Yesu.

Singa Yesu yali tatufiriride ku musaalaba, teyandibadde na bwakabaka ku nsi. Okufa kwe kwekwatasula omuwendo gw'ebibi byaffe tulyoke tuve mu bwakabaka bwa Sitani obw'ekaseera nate tuyingire obwakabaka bwe obw'oluberera (Abakolosayi: 1:13-14). Olw'okufa kwe ku musaalaba yatuggulirawo oluggi lw'obulamu ne tuwona okufa (Matayo 27:50-51); Abebulaaniya 10:19-22). Era abo bokka abaanaazibwa n'omusaayi gwe be baliyingira mu kibuga ekiggya (Okubikilirwa 7:14-15). Abo bokka abasonryiyibwa bebayinza okubera abatuzze bo muggulu (Okubikilirwa 5:9-10).

Oyo yekka eyasobola okutuula ku namulondo y'obulaamu obutagwawo yali oyo eyari asobola okugumikkiriza namulondo yo kufa okwemirembe gyonna—omusaalaba. Kubanga Yesu yagumira omusaalaba ku lwaffe, yawebwe obwakabaka. Yesu bwamala okuzuukira akakasa ensi yonna nti obuyinza bwonna bumuweereddwa mu ggulu ne ku nsi (Mat 28:18; laba Abafilippi 2:9-10). Tewali mulala yena alina buyinza okusinga obwo. Mazima ddala Yesu ye Kabaka wa buli mukkiriza.

Engule y'amaggwa

Abaserikale era baayambaza Yesu olugoye olwa ffulungu ne baluka n'engule ey'amaggwa ne bagimutikkira ku mutwe. Nebatandiika okumuduulira nti, "Mirembe ayi Kabaka w'abayudaaya nga bwe bamukuba agatolima g'emiggo ku mutwe n'okumuwandira amalusu. Nebatanula okulamusa nga bamuvvola" (Makko 15:16-19). Yesu yagumikiriza mu kunyomebwa okusembayo omuntu kweyali akoledde omuronzi we, nga mu kino ayagala ffe tutusibwe ku kitibwa ekyali kimugwanidde. Umuwendo ogwekitalo ogwatangibwa omuronzi ku lwaffe ababi ennyo!

Agwo amaggwa agatutawanya mu bulamu buno, tegakyayinza kututawanya emirembe gyonna kubanga Yesu yagajjamu "luberera". Go, ga kaseera kaatono wadde nga mu kkubo mwetuyita mu nsi eno mulimu amaggwa mangi. Tewali ngule awatali maggwa, tewali maka omutali bizibu, tewali mutima gwa muntu omutali nakku n'amaziga.

Omutume Paulo yameggana n'amaggwa. Emirundi esatu yasaba Katonda agagyewo, naye buli lweyasabanga, yafuna nekyokuddamu nti, "Ekisa kyange kikumala: kubanga amaanyi gange gatuukkirira mu bunafu" (2Abakkolinso 12:7-10). Sinsonga riggwa ki lyolina, beera nalyo nobugumikiriza ku lwa Yesu, ng'ojjukira nti olunaku lujja amagwa gwonna agaletebwा ekibi ku nsi (Genesis 3:18) gakukulibwamu wamu n'ekibi ekyagaleta era byakusanyizibwawo ubuttadda nate.

Ekizikiza

Okuva ku ssaawa mukaaga okutuuka ku mwenda ez'emisana ekizikiza ekikutte be ppo kyabuutikira ensi eno. Mu ddoboozi ery'ennaku Yesu n'akowoola Kitaawe nti, "Eli, Eli, lamasabakusaani", amakulu nti, Katonda wange, Katonda wange kiki ekikundesezza? (Mat 27:45-46). Mu makaati gw'olunaku, ng'enjuba eyaka bulungi ddala, ekizikiza ne kibutikira ensi. Katonda atuula mu butangavu obutasemberekeka (1 Timoseewo 6:16) yali ayabulidde Yesu.

Enkolagana y'Omwana ne Kitawe eyali emaze ekiseera ekitagwawo, mu kaseera kano yajjibwaho. Ubutangavu nebulira ekizikiza, nga emirembe tewakyali wabula okutya, essubi neribula newabawo okuzirika, obutebenkevu nebuliru ne wajja obutali butebenkevu, okufa nekkuda mu kyifo ky'obulamu. Amangu ddala nga enzikiza evudewo, Malayika w'okuyitako (Pasika) yajja najjamu ubulamu omwana wa Katonda omu yekka. Yawayo obulamu bwe tusobole okuwona, tubeere abalamu.

Waliwo ekizikiza ekyabutikira Misiri yonna nga abaana ababereberye tebanattibwa (Okuva 10-11), nga ate mu kiseera kyekimu waliwo obutangavu mubifo Abaisraeri gyebaberanga. Abaisraeri baali bakumidwa olwomusayi gw'endigga ya Katonda eya pasaka. Olwaleero buli awaali okukiriza mu Mwana wa Katonda, wabawo obutangavu.

Yesu bweyayita kitawe nti, "Katonda wange, Katonda wange, kiki ekikundessezza", ebigambo bye byaleeta obutangavu obutagwawo kubanga, Ye, omutukirivu yalekebwa, ffe abononyi abataturkirira, tukirizibwe ku lulwe. Okufa kwa Yesu kye kitangala ky'enjiri ekigobera ddala ekizikiza. Kitalo singa tetutwalira balala omusana gunno! Ekinadilira, abantu tebajjakuba na ssuubi, wabula okufafagana n'okufa (Matayo 5:14-16).

Ebyambalo bya Yesu

Bwe baamala okumussa ku musaalaba, abaserikale ne badda ku bbali ne batandiika okwegabanya engoye ze nga bagamba nti eno ekkanzu tuleme kugiyuza naye leka tugikubeko akalulu tulabe anaagitwala, awo ekyawandiikibwa kituukirire nti "Baagabana ebyambalo byange, era baakubira akalulu ekyambalo kyange" (Yok 19:23-24).

Yesu bamwambula engoye zze nasigala bukunya. Guno si gwe mulundi ogwali gusose okwambala obwerere ku Iwaffe. Yesu yenyini yeyambula ekiitibwa kye eky'obwakatonda bweyajja kunsi okuzalibwa ng'omwana omuwere. Nga ebula esaawa abirimunya(24) zokka akomererwe ku musaalaba, Yesu yalaga ekifananyi

kyebyo ibyali bimulindiridde. Kino yakikola ngayeyambula olugoye lwe olwokungulu nanaza ebigure by'abayigirizwa be.

Olugoye lwa Yesu olwomunda, olutalina lugatiro, lwali lwa bwakabona. Olugoye luno lwatwalibwa basserikale abakomerera Yesu. Nolwareero bwe kiri. Yadde nga abakomerezi ye ffe, tekimulobera kutubikkako omunagiro gwe ogwobutukirivu. Ekisa kino kyewunyisa nnyo! Ffe bwe tutetka okukiriza mu Yesu, abikka ku bibi byaffe n'obutukirive bwe. Isaaya yawandika nti, "Naasanyukiranga nnyo Mukama, emmeeme yange eneesanyukiranga Katonda wange, kubanga anyambazizza ebyambalo ebyobulokozi, ambisseeko omunagiro ogw'obutukirivu" (Isaaya 61:10).

Eggigi eryayulika

Musiisi owamanyi eyabawo mu kaseera ko kufa kwa Yesu yayuuza eggigi okuva wagulu okutuka wansi. Eggigi lino eryali erizito lyayawulangamu yekalu awatukuvu na awatukuvu ennyo, awatatukikanga (Matayo 27:51). Musiisi oyo ya letera entana zabatukuvu abaali beebase okubikkuka, nebazuukira, era Yesu bwe yazzuukira okuva mu bafu, ne bayingira mu kibuga ekitukuvu, bangi ne babalaba (Matayo 27:52–53).

Okufa kwa Yesu kwe kwatugulirawo ekkubo eridda ewa Katonda — ekkubo eryali teriyitikamu okuva Adaamu bwewagobwa mu okuva mu Adeni (Lub 3:22–24). Bayibuli etugamba, "Kale ab'oluganda, bwe tulina obugumu okuyingira mu kifo ekitukuvu olwomusayi gwa Yesu, mu kkubo lye yatukubira erigga eddamu eriyita mu ggigi, ... ka tusemberere Katonda" (Abaebbulaniaya 10:19–20).

Eggigi wakati wa Katonda na ffe lyali likikirira bibi byaffe ebyatwawukanya ne Kantonda, naye Yesu bwewatwala ebibi byaffe, olwo eggigi lyakikirira mubili gwe ye. Omubiri gwa Yesu bwewayuzibwa ku musaalaba, eggigi eryo nalyo lyayulika. Okufa kwe kwajjawo ebibi byaffe, ekyo ekyatuziyizanga okusemberera Katonda waffe kyajjibwawo.

Amazzi n'omusaayi

Omusibe bwewatolokanga kumusserikale omulumi, omusserikale oyo yattibwanga (laba Ebikolwa 12:18–19). Eryo lyali tteka. Nolw'ekyo, omuntu bwewabanga yakomereredwa ku musaalaba kyali kyabulijo omusserikale okulaba nti omuntu oyo ddala yafudde nga tanaggibwa ku musaalaba, okwewala omusibe okutoloka (Laba Ebikolwa 27:42). Nekumulundi guno okukakasa nti Yesu yali afudde, "Sserikale omu n'amufumita effumu mu mutima, ne muvaamu omusaayi n'amazzi" (Yokaana 19:34). Absserikale bano baali bamanyirivu mu kutta. Nga bategera bulungi ekiwuundu ekiyinza okuwona n'ekyo ekitayinza kuwona. Ekyo kyeyatusa ku Yesu kyali tekiwoneka.

Omusaayi ogwava mu Yesu gukikirira okubalibwa abatukirivu olw'okukiriza kwokka. Omusaayi gwa Yesu gutuletera ukubalibwa nga abatukiridde mu maaso ga Katonda (1 Yokaana 1:7). Ate ku ludda olula, amazzi, gakikirira okutukuzibwa

n'omwoyo wa Yesu atuula muffle; atutukuza nga atunaaza na amazzi ag'ekigambo kye (Abaafeeso 5:25).

Okubalibwa (justification) nga abatukirivu kutuwebwa amangu ago. Amangu ddala nga twakateka obwesige bwaffe mu Yesu olwa saddaka gyeyawayo ku musaalaba, tubalibwa ng'abatukirivu (Abaruumi 3:21–24, 28). Amangu ago tuwebwa ekirabo ky'obulamu obutagwawo (Yokaana 5:24). Era, amangu ago obutukirivu bwa Katonda butubalwako (2 Abakkolinso 5:21). Ng'omwana eyazawa nabera mu bulamu obw'ekibi, naye neyenanya nadda ewakka, ne Mukama atwaniriza eka ffe abonoonyi abenennyia natubikako omunagiro gwe ogutukiridde (Lukka 15:11–24). Tetusabwa kukolerera kifo kyaffe ewa Kitaffe, kirabo kyabwerere.

Bona abo abawebwa obutkirivu olw'okukiriza, obutukirivu obwo buba kikumi ku kikumi (100%) (2 Abakkolinso 5:21). Naye obutukirivu buno, tebuli munda muffle; buli mu Yesu yekka. Bwetuba nga tulina Yesu muffle, tubera tulina ekirabo kya Katonda eky'obuwa: obutukirivu obujuvu. Akkiriza omuntuukirivu mu linnya ly'omuntuukirivu mwalifunira empeera y'omuntu omuntuukirivu.

Okutukuzibwa (sanctification) — Omowyo wa Katonda kyakola muffle— kyo ate tekiyinza kujjula kikumi ku kikumi (100%). Era tekigenda kujjula okutusa ku lunaku luli nga tuweereddwa emibiri emija (1 Abakkolinso 15:42–44). Olwokuba nti okutukuzibwa kwaffe mu bulamu buno tekusobola kutuka kw'ebyo ebiganira obulamu obutagwawo, tetusanidde nakatono okuteka obwesige bwaffe mu bikolwa byaffe yadde nga biyinza okuba ngabirungi nnyo. Obwesige bwoka obututusa mu bulamu obutagwawo bwebwo bwetuteka mu Yesu yekka n'ekirabo kye eky'obuwa: obutukirivu bwe, kikumi ku kikumi (100%). Enjiri eyigiriza nti, Yesu yabalibwa ng'omwonoonyi, nga ate teyali mwonoonyi, kati nafe tubalibwa ng'abatukirivu yadde nga tetuli batukirivu. Yabonerezebwu olw'ebibi ye byaatakola, ffe ate tufulibwa abatukiridde mu maaso ga Katonda kulw'obutukirivu bwetutakolerera.

Tewali kintu kirala kituwa ssubi n'amanyi nga okuwebwa obutukirivu. Ekitegeza nti namala dda okutukuzibwa ne Katonda. Enjiri eno egamba nti, omusaayi gwa Yesu gubbikako ku bibi byange byona—**ebayaita, ebya leero, n'ebyenky**. Kimala singa nkwatera omukono gwa Yesu mu kukiriza, mba nina obulamu obutagwawo. Ne bwe mba nga nemereddwa, nengwa kyabugazzi, bwenzukuka ne nekwata ku musajja owe Galilaya, nsonyibwa era nemba mirembe ne Katonda.

Yesu bwayingira mu bulamu bwange nga mazze okumukiriza, andetera ekirabo eky'obulokozi. Nina obulamu obutagwawo singa mba nina Yesu (1 Yokaana 5:11–12). Ukuberawo kwe mu bulamu bwange nga mazze okulokoka kuyitibwa : okutukuzibwa (Abafiripi 2:13). Naye yadde nga biri bityo, nze nalokolebwa olw'ekyo kyokka Yesu kyeyankolera ku musaalaba enyakka enkumi bili egyayita. Silokolebwa olw'ekyo Yesu kyakola mu nze olwaleero. Kyeyankolera kumusalaba kiri 100%; kyakolera mu nze olwaleero tekigenda kuwera 100% mu bulamu buno, kubanga ekibi kyayononera ddala endowooza zaffe. Saddaka ya Yesu yokka yetangirira ebibi byaffe byonna: ebayita, ebyaleero n'ebyenky.

EKIWUMMULO KYA YESU

Oluvannyuma lwa Yesu okufa n'okuzuukira abakulistaayo abaasooka baatandika okukuza amazuukira ge. Okubeera kwa Yesu mu ntaana kyatulaga nti waliwo ekiwummulo ky'atukoledde ate okwawukana n'ekyo ekyali kimanyiddwa eky'omubiri.

Wano tusaana tujukire nnyo bwe yatugamba nti mujje gyendi mwenna abakooye era abazitoowereddwa nange n'abawummuza; olwo ffenna abakkiriza tuyingira mu kiwummulo (Beb 4:3).

Abayudaaya abaasimattuka obuddu mu Misiri baali basuubira okuyingira mu kiwummulo nga batuuse mu Kanani. Naye Kanani teyabawa kiwummulo namaddala kyebali basuubira. Singa Yoswa yali yabawa ekiwummulo (Yos 23:1) Mukama teyandyogedde nti, wakyaliyo ekiwummulo eriabantu ba Katonda. Kubanga ayingidde mu kiwummulo kye era naye aba ng'awummudde mu mirimu gye (Beb 4:8-10). Kale wasigadeddeyo ekiwummulo kya ssabbiiti eriabantu ba Katonda; kubanga ayingidde mu kiwummulo kye era naye ng'awummudde mu mirimu gye nga Katonda bwe yawummula mu gigye" (Abaebbulaniya 4:8-10).

Ekiwummulo eky'amazima mu mitawaana gyaffe gyonna kiri mu Yesu yekka. Bwe tukkiriza nti Yesu yafa ku musaalaba olw'ebibi byaffe, omugugu gw'ekibi gutikkulwa ne guva ku kibegabega ky'omwonoonyi ne guserengeta okuva ku lusozi gologosa ne gukkirira wansi mu ntaana ya Yesu gye gwaziikirwa okutuusa emirembe gyona olwo ne tufuna ekiwummulo ekyaa nnamaddala.

Mukama bwe yamaliriza omulimu gw'obutonzi yagamba nti, kirungi era kiwedde era bwatyo n'awummula ku lunaku olw'omusanvu (Lub 2:1-3), bwe batyo Adamu ne Kaawa ne bayingira mu kiwummulo kye. Tebaalina kya kongera ku mirimu ejjali jiweedde okukolebwa, bbo ogwabwe gwaali kugulumiza Katonda. Ne Mukama waffe Yesu yamaliriza omulimu gw'obulokozi ku musaalaba era nalangirira nti, kirungi ; kiwedde nawummula ku Sabbiti (Lukka 23:50-56). Era abo bonna abalokolebwa bayingira mu kiwummulo wamu naye. Tewali kintu kyona kyoyinza okukola mbu otereza oba oyongereko ku bulokozi obwaggwa edda okukolebwa. Kyetulina okukola kwe kugulumiza, okutendereza n'okwebaza Mukama olwa saddaaka ye ennamu.

Nga Sabbiiti bwe Iwalinga olunaku olw'okuwummula nga teri kukuluusana na kukola wadde akalimu, na bwekityo naffe bwe tuteeka obwesige bwaffe n'okukkiriza mu Yesu, tuwumulira mu mulimu gwe ogwaggwa. Tetulina kye tuyinza kwekolera mbu tufune obulokozi kubanga Yesu yakola byonna ku Iwaffe. Ogwaffe kwe kuwumulira mu mulimu gwe ogwaggwa okukola. Ekyo kye kiwummulo eky'amazima. Era tuyaguza ekiwummulo kyaffe buli lwetusa wabali emirimu gyaffe mu wiki netubeera ne Katonda waffe mu kusinza.

ENTAANA YA YESU ENJEREERE

Ensi eno yonna gutaana bwaguuga omwaziikibwa obukadde n'obukadde bw'abantu. Ffenna boolaba ku nsi, era ensi eno yonna mazima ddala bijja byennyini omujjudde engumbagumba zabafu abakulu, n'abato, abanafu era n'abo abalina amaanyi. Tugubeerako kaseera n'essanyu lyamu lya kiyita mu luggyga. Omuntu awangudde ebintu bingi mu nsi eno wabula okufa kwo kwamulema.

Waliwo abantu bangi ab'amaanyi ababadde ku nsi eno nga bannabyabufuzi mu ddini, naye era bona okufa kw'abawangula. Okujjako omuntu omu yekka eyawangula okufa era n'ava mu ntaana nga ye YESU KRISTO.

Paulo agamba nti, "Kyennaweebwa era nange ekyo kye mbawa nti, Kristo yafa olw'ebibi byaffe nga ebyawandiikibwa bwe bigamba n'aziikibwa era n'azuukira ku lunaku olw'okusatu ng'ebyawandiikibwa bwe bigamba, n'alabikira Petero, oluvanyuma ekkumi n'ababiri. Oluvannyuma n'alabikira abantu nga enkumi ttaano (5000) omulundi gumu era abamu ku bo bakyali balamu leero, naye abalala baawummula, ate n'alabikira Yakobo n'abatume abalala era n'asembyayo okulabikira nze" (1Kol 15:3-8).

Pawulo bwe yawandiika ebbaluwa eno eri ab'ekkolinso emyaka 25 Yesu ng'amaze okugenda mu ggulu, abantu bangi abaali baamulabako baali bakyali balamu. Tewali muntu yali abaddewo oluvanyuma lwo kufa kwe nayogerwako ebigambo nga bino okkujjako Yesu yekka. Omuntu nebwaba nga atamidde nasoma ebyafayo bye, tayinza butakwatibwako, Yesu ssi muntu wabulijo!

Okufa kwawangulwa! Yesu oyo eyazuukira ku lunaku olw'okusatu atugamba nti, "Abo bona abamukkiriza olw'okuba ye mulamu nabo baliba balamu" (Yok 14:19). Era nate yagamba nti, era ndi mulamu, nali nfudde naye kati ndi mulamu emirembe n'emirembe era nnina ebisumuluzo by'okufa n'amagombe (Kub 1:18). Yesu bwanaaba akommyewo agenda kuggulawo entaana zonna ezaaboabeebaka era ajja kubasumulula obutaddayo kulega ku kufa nate emirembe n'emirembe (1Bases 4:16-18).

Okuyita mu byawandiikibwa byonna tulagibwa engeri z'okuzuukira kwa Yesu naye mu bifaananyi. Mu lubereberye tulaba Yusufu nti yavunaanibwa mu bukyamu era n'asibwa wamu n'abalala babiri, omu ku bo n'ateebwa ate omulala n'attibwa. Ye Yusufu yayimusibwa okutuula awamu ne Kabaka era mu bukulu obwo, n'annunula abantu be. Ne Yona bwatyo yayita mu kifaananyi ky'okuzuukira oluvannyuma lwennaku 3 mu lubuto lw'ekyennyanya.

Danieri naye bwatyo yayita mu ngeri y'okuzuukira bwe yasuulibwa mu mpuku y'empologoma naye n'avaamu nga mulamu. Ddala gano gaali magombe (Dan 6). Entaana Yesu mwe yaziikibwa yateekebwako abakuumi ab'enjawulo okufaanananako

n'olusuku Aden bwe Iwateekebwako abakuumi okulemesa Adamu okuddayo mu lusuku (Mat 27:62-66). Naye ku lunaku olw'okusatu okukankana okw'amaanyi kwajjula ekifo kyonna era malayika wa Mukama yava mu ggulu n'ajjawo ejjinja, abakuumi bona baasannyalala ne babeera ng'abafudde era bwetyo entaana n'esigala nga njereere (Mat 28:2-4)

Okufa kwa Yesu n'okuzuukira byatuggulirawo ekkubo okutuuka eri Katonda era kyova olaba nti bwe yazuukira waliwo abafu abalala abaazuukizibwa ne bayitako mu kibuga (Mat 27:33). Okufa n'okuzuukira kwa Yesu bye bitukolera amaka gaffe amalungi eri Katonda mu kwesiima. Okuzuukira kwa Yesu bwe buwanguzi bwaffe. Ddala singa teyazuukira obwaffe bwali bukomye!

Ikibuga Roma bwekyali kizimbibwa, basima wansi wakyo nga banonya amayinja amanene era ekyava m'ebyo z'empuku gaggadde (Catacombs) eziweza 1000 Km (lukuumi) obuwanvu era nga zikka wansi 15 mita. Mu mpuku zino, Abakristayo mu bisera ebyokuyiganyizibwa omwo gyebazikanga abafu babwe. Bo Abaluumi bayokyanga abafu babwe, naye bo Abakristayo bazikanga abafu babwe ng'akabonero kokukiriza kwabwe mu kuzukira ku nkomerero.

Walingamu ebifo ebizikibwamu abantu amakuumi anna mu bibiri. Era nga mu buli kifo ekyo walingawo ekifo ekisinzinzirwamu. Abakristayo basisinkananga mu kyama nebatendereza Katonda. Mukufindikira okutendereza omutonzi bayimusanga amalobozi gabwe wamu nebagamba nti, "Yazukira".

YESU MU GGALIRAAAYA

Amangu ddala nga Yesu y'akazuukira, yasisinkana abayigirizwa be mu kisenge ekya waggulu mu Yerusaalemi era n'abasindiika okugenda okubuulira enjiri mu nsi yonna. Naye nga tebannaba kutwala bulokozi eri abalala bo bennyini kyabeetaagisa okusooka okubutegeera. Yesu kye yava ajja gye bali n'abagamba nti, "Emirembe gibe gye muli", era bwe yamala kino n'abalaga enkovu mu bibatu by'engalo ze ne mu mbiriizi ze (Yok 20:20).

Emirembe gyaffe egisookera ddala kwe kulaba ku nkova z'ebiwundu bya Mukama waffe olwo netukkiriza era ne tukakasa nti yattibwa era n'azuukira olw'ebibi byaffe "... bwe twali nga tukyalina ebibi Kristo n'atufiirira" (Bal 5:8). Emirembe gyabo bokka abakakasa nti Kristo yafa lwa kusasula mutango olwensobi ezaali ezaabwe era ne bakakasa nti tebakyalina bbanja wadde omusango mu maaso ga Katonda. Nate era Yesu yaddamu n'abagamba nti "emirembe gibeere namwe" nga kitange bwe yantuma nange mbatuma mmwe (Yok 20:21). Emirembe gya Yesu egisooka gya maanyi naye ate era emirembe egy'okubiri gya muggundu era gya buziba kubanga wesanga nga kizibu nnyo ggwe okudda mu kweyagalira mu bulokozi bwa Mukama ate nga mikwano gyo bo bazikirira n'ekibi.

Kubanga ggwe otuulidde amazima, emirembe egisooka gireeta bulokozi gyoli ate egy'okubiri ne gikutuma obuulire baliraanwa bo obulokozi bwe wafuna. Ebiseera ebimu weewolerezza nti nze simanyi na bya kwogera, naye Yesu atugumya nti Omwoyo we waali naffe okutuyigirizanga n'okutuwa byonna bye twetaaga olw'omulimu gw'enjiri. Abantu abo buli Iwolemwa okubabuulira enjiri obeera ozibikidde obulamu bwabwe era obeera obawaddeyo mu Geyeena kubanga balimanya batya nga tewali abuulira?

Yesu yamalira ddala Sabbiiti mukaaga ng'ali n'abayigirizwa be oluvannyuma Iw'okuzuukira, era ebiseera ebisinga mu budde obwo yabimalira Galiraaya gye yamala ebbanga eddene mu buweereza bwe. Ekiseera kino yakimala akakasize ddala nti obubaka bw'okuzuukira kwe butegeereddwa abantu bona. Mu kiseera kino yafuna akadde basajja be bali ekkumi n'omu okumwekkaanya n'okumwetegereza era naye abagumye n'okubazzamu essuubi. Petero omusajja Yesu gwe yali yeesize era ng'amulowooza okuba omukulu wa banne yali amwegaanyi bubi nnyo naye bambi bwe yeneya Yesu yamusonyiwa era naddamu amaanyi.

Petero ng'amaze okuddamu oluyingo yagamba banne Yokaana, Yakobo Tomasi ne Nasanayiri nti bagende bavube, kyokka kyabeewunyisa bwe bataakwasaayo wadde akakolongo akamu (Yok 21).

Kumaliri enkeera omuntu omu yabakoowoola ng'ababuuza oba baakwasizzaayo ku kantu. Nebamudamu nti, "Needda". Awo omuntu ono n'abagamba, "Musuule

emigoonjo ku ludda a olwa ddyo olw'eryato". Yadde nga ekiragiro ekyo kyali tekisikiriza, bamala gasura emigoonjo, naye beewuunya okulaba enkumuliiyu y'ebennyanya gye yava ne byagala n'okuyuza obutimba bwabwe. Yokaana bwe yeetegereza kwe kugamba banne nti abange! Oyo ye Mukama waffe ddala, Petero olwakimanya nti ye Yesu, amazzi yagwamu magwe n'adduka okumusisinkana era olwamutuukako Yesu n'amuyita okulya eky'enkyo.

Awo oluvanyuma nga bamaze okulya, era nga ne bali bona bamaze okukungaana Yesu yabuuza Petero emirundi esatu oba amwagala. Jjukira nti Petero yali yeganye Yesu emirundi esatu, kati gwuno gwali mukisa gyali okukassa okwagala kwe eri Yeus emirundi esatu. Petero bweyakakasa nga bwamwagala omulundi ogwasoka, Yesu yamulagira nit, "Lissa abaana b'endiga zange". Oluvanyuma lw'omulundi ogw'okubiri, yamulagira nti, "Labirira endigga zange", omulundi ogw'okusatu yamugamba nti" Lissa endiga zange". Petero awebwa okuyitibwa n'obuvunanyizibwa nate.

Nga bamaze okutusa emigonjo ku lubalam, baabala eby'ennya gye bye baali bakutte nga biri 153. Ebyafaayo biraga nti mu kiseera ekyo waaliwo ebika by'ebyenya 153 era bino byali bikikiridde abantu eb'ebika byonna mu nsi ekkanisa beyali egenda okukwata mu migonjo gy'obwakabaka (Mat 13:47).

Waliwo ekiseera mu bulamu lwojja okutuka ku lubalama lw'obulamu buno nga uviiridemu awo mu mirimu gyo wadde ng'obadde okoze nnyo era n'okoowa. Naye emitala eri, waliwo omuntu gwotannaba kumanya, kyokka nga alina kyakugamba okoole. Bwonomuwuliriza, ebibaala n'amakungula go bijja kubeera bya maanyi era amangu ddala ojja kukitegeera nti ye Mukama waffe Yesu. Ajjakukuyita mulire wamu naye, kubanga akimaanyi nti okoze nnyo, era okooye nnyo. Naye oluvanyuma lwokulya awamu naye, ajakukweyanjulire era ayagala omugoberere, kyolina okukola kati si kubuuza bibuozo nti nfunniramu wa; kyolina okukola kwekumugoberera.

Ekyama kyobuwanguzi ,kwe kugoberera Yesu Kristo. Kiyinza ukukufiirizza ennyo nga bwe kyali eri Petero (Yok 21:18-19) (2Pet 1:13-18), naye omuwendo gwonoosasulayo mutono nnyo, bwogeraageranya n'empeera ey'obulamu obutaggawo.

YESU YEKKA

"Ne batalaba muntu wabula Yesu Yekka - Matayo 17:8

Ekitabo kino kyesigamiziddwa ku Kristo, kyesigamiziddwa ku musaalaba era ne kunjiri. Kisongedde ddala ku kutuukiriza ekisuubizo Katonda kye yakola emyaka egisoba mu nkumi ssatu egiyise. Katonda yasuubiza nti luliba lumu n'abeera naffe era n'atambula naffe, nti era anaabeera Katonda waffe, naffe tunaabeera bantu be. Ekisuubizo ekyo kyatuukirizibwa mu Yesu nga ye, ye Katonda ali naffe. Yesu yajja okutulaga Katonda bw'afaanana. Y'etikka ebibi byaffe, era ku Musaalaba yasalirwa omusango n'asingisibwa ogwali ogwaffe. Olwo nno ffe ne tuba nga tetulina kyakunenyezebwa ne twejeeerezebwa. Katonda bwatyo bwafanana.

Wano mu **Yesu Yekka** mulimu ebirungo byotojja kusanga wantu walala wonna. Eky'omuwendo omungi ekijja okukulungamya okuyimba amatendo ga Katonda olw'okwagala kwe okungi era n'amagezi ge.

Desmond Ford awandiise ebitabo bingi kumawulire amalungi aga Kristo. Ekitongole kye ekya Good News Unlimited kikuba ebitabo, emiko mu mawulire era n'obutabo. Era ku mutimbagano gw'ebiyuma bikali magezi ojja kusangako bingi ebijja okukuyamba mu kusinza.

www.goodnewsunlimited.org

Yesu yekka

“Ne bayimusa amaaso gaabwe ne batalaba muntu mulala wabula Yesu yekka.” Mat 17:8

Ekitabo kino kyesigamiziddwa ku Kristo, kyesigamiziddwa ku musaalaba era ne kunjiri. Kisongedde ddala ku kutuukiriza ekisuubizo Katonda kye yakola emyaka egisoba mu nkumi ssatu egiyise. Katonda yasuubiza nti luliba lumu n'abeera naffe era n'atambula naffe, nti era anaabeera Katonda waffe, naffe tunaabeera bantu be. Ekisuubizo ekyo kyatuukirizibwa mu Yesu nga ye, ye Katonda ali naffe. Yesu yajja okutulaga Katonda bw'afaanana. Y'etikka ebibi byaffe, era ku Musaalaba yasalirwa omusango n'asingisibwa ogwali ogwaffe. Olwo nno ffe ne tuba nga tetulina kyakunenyezebwa ne twejeezezebwa. Katonda bwatyo bwafanana.

Wano mu **Yesu Yekka** mulimu ebitabo byotoja kusanga wantu walala wonna. Eky'omuwendo omungi ekijja okukulungamya okuyimba amatendo ga Katonda olw'okwagala kwe okungi era n'amagezi ge.

Desmond Ford awandiise ebitabo bingi kumawulire amalungi aga Kristo. Ekitongole kye ekya Good News Unlimited kikuba ebitabo, emiko mu mawulire era n'obutabo. Era ku mutimbagano gw'ebiyuma bikali magezi oija kusangako bingi ebijja okukuyamba mu kusinza.



www.goodnewsunlimited.com

